# *OBUWANIKA BW'EBIGENDERERWA.*

**HARVESTIME INTERNATIONAL INSTITUTE.**

Olusoma luno luli kitundu ku "Harvestime International Institute, ng'enteekateeka egenderera okuyamba abakkiriza okufuna amakungula g'omwoyo agatuukiridde.

Omulamwa omukulu mu kutendekebwa kuno kwe kusomesa ekyo Yesu kyeyasomesa, ekyaleetera abavubi, abawooza n'abalala okufuuka abakristaayo ab'omugaso, abaatambula amawanga n'enjiri nga boolesa amaanyi.

Ekitabo kino ssomo ery'etongodde ku ago agasomesebwa, okuseeseetula abakkiriza okuviira ddala ku kwetaba nga bayita mu busigire, okw'ekubisaamu, okwetegeka n'okwekuŋŋaanya okutuuka ku kiruubirirwa eky'okubuulira enjiri.

© Harvestime international institute

http://www.harvestime.org

## EBIRI MU KITABO KINO:


Enkozesa y'ekitabo kino : …………………………………………………………………………………………………………… 3

Ebyandikoleddwa abasomera mu bibinja: ……………………………………………………………………………. 4

Ennyanjula: ………………………………………………………………………………………………………………………… 5

Ebigendererwa by'olusoma: ………………………………………………………………………………………………… 6

1. Ennyanjula y'obuwanika obw'ebigendererwa: …………………………………………………………………… 7
2. Katonda ow'ekiruubirirwa: ……………………………………………………………………………………………… 17
3. Ekiruubirirwa: ……………………………………………………………………………………………………………… 27
4. Enteekateeka: ………………………………………………………………………………………………………………39
5. Abantu n'ebigobererwa: Okuteeka mu nkola: ……………………………………………………………………52
6. Okutuukiriza: okukebera enteekateeka: ……………………………………………………………………………65

Ebyokujuliza:

Ennyanjula. ……………………………………………………………………………………………………………… 74

Okujuliza okusooka: Enjogera ey'enjigiriza: ………………………………………………………… 76

Okujuliza okwokubiri: Enjogera ey'ekiruubirirwa: ………………………………………………… 80

Okujuliza okwokusatu: Okutegeka okw'awamu: ……………………………………………………. 82

Okujuliza okwokuna: Okuteekateeka abantu eri obuweereza: ……………………………. 88

Okujuliza okwokutaano: Okuteekateeka: ………………………………………………………………. 95

Ebiddibwamu eri ebibuuzo by'okwegezaamu: …………………………………………………………………………. 100

**ENKOZESA Y'EKITABO KINO.**

**(Ensengeka y'ekitabo)**

Buli ssomo lirimu bino:

**Ebigendererwa:** Bino by'oba osuubira okutuukako oluvannyuma lw'okusoma essuula. Bisomeemu nga tonnatandika ssomo.

**Olunnyiriri olukulu**: Luno olunnyiriri luba luteeka essira ku kintu ekikulu ekiri mu ssuula, osaana olukwate.

**Ebiri mu ssuula:** Soma ekitundu weeyambise Bayibuli ojulize ebyo ebitateereddwa mu kitabo kino.

**Okwegezaamu:** Funa omulimu gw'okwegezaamu oluvannyuma lw'okusoma essuula. Gezaako okuddamu ebibuuzo nga teweeyambisa Bayibuli yo yadde ekitabo kino. Bw'omaliriza okwegezaamu, genda ozuule ebiddibwamu ku ebyo ebikuwereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.

**Okweyongerayo okusoma:** Ekitundu kino kijja kukuyamba okweyongera okusoma ekigambo kya Katonda, okulongoosa engeri gy'osoma n'okugiisa ebyo by'osomye mu bulamu bwo ne mubuweereza.

**Ebigezo ebyakamalirizo:** Bwoba nga weetabye mu lusoma luno, waweebwayo ebigezo eby'akamalirizo, era ku nkomerero y'olusoma luno oteekeddwa okubikola byonna bw'omala obikomyewo ku mutendera omulala okusuumuusibwa ku ddaala nga bwe kirina okuba.

**EBINTU EBIRALA EBYETAAGIBWA.**

Weetaaga Bayibuli eya King James version.

## EBYANDIKOLEDDWA ABASOMERA MU BIBINJA.

## OLUTUULA OLUSOOKA.

**Okuggulawo:** Mugguleewo na kusaba olwo mweyanjule. Funa ebyetagisa era owandiike abayizi.

**Tegeka ebinaagoberewanga mu kibinja**: Funayo anaakubiriza entuula ezo, obudde, ekifo, n'ennaku zokutuulirangako.

**Okutendereza n'okusinza:** Mwanirize okubeerawo kw'omwoyo omutukuvu mu musomo gwammwe.

**Gabira abayizi ebitabo:** Banjulire omutwe gw'ekitabo, ensengeka yaakyo n'ebigenderewa by'olusoma nga bwe kiba kirambikiddwa mu miko egisooka mu kitabo.

**Tegeka omulimu ogusooka:**Abayizi bajja kusoma essuula eziba zibaweereddwa era batwale ebyokwegezaamu nga tebanaddamu kutuula mulundi guddako. Obungi bw'essuula ez'okusoma mu buli lutuula bujja kusinziira ku buwanvu bwazo, ebirmu, n'obusobozi bw'ekibinja kyo.

### OLUTUULA OLWOKUBIRI N'EZIDDIRIRA.

**Okuggulawo:** Musabe, yaniriza era owandiise abayizi abapya bonna era obagabire n'ebitabo. Abaliwo beewandiise. Mweweeyo akaseera k'okutendereza n'okusinza.

**Okwejjukanya:** Mubufunze bajjukize ku bye mwayigako mu lutuula olwayita.

**Essomo:** Nnyonyola buli kitundu ekiri mu ssuula, nga weyambisa emitwe egiri mu nnukuta z'ekyapa enkwafu nga bw'olambika. Buuza abalina ebibuuzo oba ensonga yonna ku bisomeseddwa. Giisa ebisomeseddwa mu bulamu bwabwe n'obuwereeza.

**Okwegezaamu:** Yita mu byokwegezaamu ebyaggwa. (**Weetegereze;** Bw'oba nga toyagala bayizi kulaba biddibwamu biri mu kitabo, empapula kwe biri osobola okuzijjamu mu kitabo).

**Okweyongera okusoma:** Bino bisobola okukolebwa omuntu kinoomu oba ng'ekibinja.

**Ebibuuzo ebyakamalirizo:** Bwe kiba ng'ekibinja kyo kiri kitundu ku lusoma luno, era ofuna ebigezo ebyakamalirizo ku lusoma luno lwenyini. Fulumiza buli muyizi omulimu ogugwe era otwale obuvunanyizibwaku bigezo ebyo okutuuka ku nkomerero y'olusoma.

Ekisomesebwa: Okutegeka.

Olusoma: Obuwanika obw'ebigendererwa.

## ENNYANJULA.

"Obuwanika obw'ebigendererwa y'enkola ey'okukola obuwereeza bw'obukristaayo mu ngeri ennuŋŋamu, era entuufu obulungi. Tekimala okumanya obumanya okwagala kwa Katonda eri obulamu bwo n'obuweereza bwo. Oteekeddwa okukola enteekateeka okutuukiriza okuyitibwa kwo okw'omwoyo. Oteekeddwa okukola ne Katonda okutuukiriza ekigendererwa n'enteekateeka ze.

Ekizibu eky'amaanyi ekiri mu bakulembeze b'abakristaayo abasinga obungi ky'ekyokutegeka n'okukwata ebikozesebwa Katonda by'abawadde. Abakungula mu mwoyo bwe baba nga batono, nga Baibuli bw'eraga, awo balina okuba nga bakwatibwa bulungi era n'okutegekebwa.

Empisa ey'okutegeka enteekateeka y'obuweereza mu ngeri yonna teyingirira ddembe lya Mwoyo Mutukuvu. Ekuleetera okuba nga weeyongera na kuwulira nnyo kubanga weewaayo okusalawo okunoonya ekigendererwa kya Katonda n'enteekateeka ze. Okukkiriza kwo kukuyamba okutuukiriza enteekateeka ya Katonda, nga Katonda bulijjo bw'addamu eri okukkiriza okuli mu bikolwa.

Olusoma lujja kukuyamba okutuukiriza obuweereza Katonda bw'akuyitidde. Ojja kuteekawo ekigendererwa ky'obuweereza nga bukwatagana bulungi n'ekigendererwa wamu n'enteekateeka ya Katonda. Ojja kuyiga okuba n'ebigendererwa, okuteeka mu nkola enteekateeka, n'okwekenneenya ebivaamu.

Okujuliza okuli mu ssomo lino kukuwa eby'okulabirako okukuyamba mu kutegeka obuweereza mu kkanisa mw'okuŋŋaanira.

Olusoma luno lwe lw'okusatu ku bitundu ebisatu ebiri mu "kutegeka ebisomesebwa," okutuweebwa "Harvestime International Network. "Ennono z'okukwatamu ebya Baibuli" ne "Okwekenneenya ebitwetooloodde" byonna bigobererwa olusoma luno.

Tuluŋŋamizibwa okusoma ebitabo nga bwe biddiringana by'onsatule okusobola okutegeera obulungi obukulembeze, okuteekateeka, n'okutegeka okwetaagibwa olw'obuweereza obutuukiridde.

Nga tonnateekateeka, oteekeddwa okumanya ennono ez'okukola eziri mu Baibuli. Era olina okuba nga weekenneenyazza ekifo ekikwetooloodde mwogenda okuweereza. Mu lusoma luno osuubirwa okuba nga omanyi, "Ennono z'okukwatamu ebya Baibuli" "n'okwekkenneenya ebikwetooloodde"

**EBIGENDERERWA BY'OLUSOMA.**

Ng'omaliriza olusoma luno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola "obuwanika obw'ebigendererwa."
- Okufunza emisingi gy'okuteekateeka egya Baibuli.
- Okuzuula ekigendererwa kya Katonda.
- Okuteekawo enjogera ey'ekiruubirirwa ey'obuweereza bwo.
- Okutegeka ebikozesebwa eby'omwoyo okutuukiriza ebigendererwa byo.
- Okwekenneenya emirimu gyo okusobola okunyweza obuweereza bwo.
- Okuteeka mu nkola "obuwanika bw'ebigendererwa" mu kkanisa ey'okukitundu.
- Okuteeka mu nkola "obuwanika bw'ebigendererwa" mu bulamu bwo obw'obuweereza.

# ESSUULA ESOOKA.

## ENNYANJULA KU BUWANIKA BW'EBIGENDERERWA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunyonyola obuwanika bw'ebigendererwa.
- Okunnyonnyola omugaso oguli mu obuwanika bw'ebigendererwa.
- Okuggyawo ebirwanyisa obuwanika bw'ebigendererwa.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Naye byonna bikolebwenga nga bwe kisaana era mu ntegeka entuufu. (1 Abakolinso 14:40)**

**ENNYANJULA.**

"Obuwanika obw'ebigendererwa" mw'oyita okutuukiriza enteekateeka okuyita mu muntu, ebintu, n'ebikozesebwa eby'omwoyo.

"Obuwanika obw'ebigendererwa" gwe mutendera gw'okuteekateeka n'okuteeka mu nkola obuweereza mu ngeri ennuŋŋamu etuukiridde obulungi. Baibuli egamba:

**Naye byonna bikolebwenga nga bwe kisaana era mu ntegeka entuufu. (1 Abakolinso 14:40)**

Okuva ku ntandikwa y'ebyawandiikibwa mu Baibuli, Katonda yakola enteekateeka era n'azibuulira abasajja n'abakazi abazikwata n'obwegendereza wamu n'okuzigondera.

Katonda yalina Musa olw'okutegeka enteekateeka ye my buwandiike olw'okuzimba ensiisira. Yawa Daudi enteekateeka ya Yeekaalu. Yalina Keezeekiya eyawandiika okwolesebwa kwe mu ngeri ennambulukufu era etegekeddwa obulungi.

Essomo lino litwanjulira "obuwanika obw'ebigendererwa." Ojja kuyiga ebikibeeramu, omugaso gwakyo, n'engeri y'okukwatamu abakulwanyisa b'oyinza okusisinkana.

**OBUWANIKA OBW'EBIGENDERERWA.**

Obuwanika obw'ebigendererwa ky'ekyo omutwe kye gulaga. Kwe kukola obuweereza n'ebigendererwa. Obuwanika ky'ekigambo ekirala ekitegeeza "okuddukanya," "okukola" obuvunaanyizibwa ku kintu ekiba ky'esigiddwa omuntu omulala. Ng'omukkiriza, oli muwanika w'ebikola eby'omwoyo Katonda by'akuwadde omuli:

- **Enjiri:** Buli mukkiriza muwanika wa njiri. Tuli ba kugabanako obubaka bwa Katonda n'abalala.
- **Ensimbi:** Buli mukkiriza muwanika wa ssente Katonda z'amuwa. Abo abakwata ssente z'obuweereza obw'ekkanisa n'ebitongole by'obukristaayo nabo bawanika ba ssente zino.

- **Ebintu ebikalu ebikozesebwa mu buweereza:** ng'ebizimbe by'ekkanisa, ebintu byayo n'ebikola ebirala.
- **Ebirabo by'omwoyo:** Buli mukkirizi waakiri alinayo ekirabo eky'omwoyo kimu. Oli muwanika wa kirabo kyo n'ekifo ky'obuweereza bwo mu mubiri gwa Kristo.
- **Abakkiriza abalala:** Katonda akozesa bantu, so si ntegeka, okuzimba obwakabaka bwe. Okudukanya oba obuwanika bubaamu bantu. Bw'oba mukulembeze oba ovunaanyizibwa ku bantu b'okola nabo mu buweereza obwo. Olina okubayamba okukula mu mwoyo n'okukulakulanya ebirabo byabwe eby'omwoyo olw'omulimu gw'obuweereza.

Olina okuba omuwanika omulungi ow'ebikozesebwa bino. Ekyetaago ekisinga obukulu eky'abawanika kwe kubeera nga beesigwa.

**Ate era omuwanika kimugwanira okuba omuntu omwesigwa. (1 Abakolinso 4:2)**

Okubeera omukozi oba omuwanika omulungi, oteekeddwa okukola enteekateeka. Ekigambo "ebigendererwa" kigambo ekirala ekitegeeza "enteekateeka" oba "ebiruubirirwa." N'olwekyo, obuwanika obw'ekigendererwa kitegeeza okukola enteekateeka, okuba omuwanika omulungi ow'ebikozesebwa eby'omwoyo Katonda by'akuwa.

Yesu yanyumya olugero mu Matayo 25:14-30, olukwata ku baddu omusajja be yawa ebikozesebwa ebiyitibwa "talanta." Baagambibwa okuba abawanika abalungi n'okukozesa ensimbi n'amagezi. Buli omu, naye omu yekka ye yalina enteekateeka era n'agigoberera bulungi. Oli ataalina nteekateeka ku bikozesebwa bye n'atakozesa talanta ye yalamulwa ng'omuddu ataali mwesigwa.

Yesu yawagira eky'okuteekateeka:

**Singa omu ku mmwe ayagala okuzimba omulungooti, tamala kutuula n'abalirira omuwendo omulimu ogwo gwe gunaatwala, n'alaba obanga ensimbi ezeetaagibwa azirina okugumaliriza? (Lukka 14:28)**

Bwe twogera ku kuteekateeka mu lusoma luno, tetwogera ku kuteekateeka nga bw'ekikolwa mu nsi y'ebyobusuubuzi. Tuba twogera ku nteekateeka nga tuluŋŋamizibwa Omwoyo Omutukuvu olw'ekigendererwa eky'okutuukiriza obuweereza. Kubanga Katonda amanyi eby'omu maaso, asobola okukuwa amagezi mu kukola enteekateeka okukola n'ebigendererwa kijja ku kuyamba okuba omuwanika w'enjiri omulungi era n'obuweereza Katonda bw'akuwadde. Kijja kukuyamba okukolera awamu ne Katonda okutuukiriza ebigendererwa bye. Baibuli ekakasa nti abantu bwe batandika okuvaayo ne bakola enteekateeka mu kukkiriza, Katonda akolera wamu nabo.

Obuwanika obw'ebigendererwa mulimu:

- Okutegeka ekiruubirirwa ky'obuweereza ekikwatagana ne ya Katonda.
- Okukola entegeka okutuukikiriza ekiruubirirwa.
- Okutegeka abantu n'okuteeka mu nkola ebigobererwa kulw'enteekateeka (okuteeka mu nkola kitegeeza okukola ekyo ekikuweereddwa).
- Okutuukiriza enteekateeka ng'oyita mu kukebera.

Obuwanika obulungi n'enteekateeka mulimu munene. Gutwala obudde n'amaanyi. Emirimu egy'emiti, n'essubi oba ebisasiro myangu gy'akufuna naye gy'onooneka mangu. Zzaabu ne ffeeza bitwala amaanyi mangi naye by'alubeerera.

**Naye Omuntu bw'aguzimbisaako ezaabu, effeeza, n'amayinja ag'omuwendo n'emiti, n'essubi, oba ebisasiro;**

**Omulimu gwa buli omu gulirabibwa, kubanga omuliro guligwolesa ku lunaku olwo, era omuliro ogwo gwe gulyoreka omulimu gwa buli omu nga bwe guli. (1 Abakolinso 3:12-13)**

## EKY'OKULABIRAKO EKYA BAIBULI.

Obuweereza bwa Yesu obwo ku nsi bw'agobereranga biruubirirwa:

**EKIGENDERERWA:**

Yesu yamanya ekigendererwa kye mu nteekateeka ya Katonda. Yayogeranga ebintu bingi nnyo mu buweereza bwe ebyalaganga ekigendererwa kye. Okugeza mu Lukka 4:18-19

**ENTEGEKA:**

Yesu yalina entegeka ey'obuweereza bwe. Yateekateekanga okubuulira n'okusomesa enjiri, okuwonya abalwadde, okugoba emizimu, n'okukolanga eby'amagero ng'akakasa ekigambo kya Katonda. Yatuukiriza ekigenderewa kya Katonda ng'afiirira ebibi by'abantu byonna, okuzikiriza ebikolwa bya Sitaani, n'okuzuukira mu bafu mu maanyi n'ekitiibwa.

**ABANTU:**

Yesu yakozesa bantu mu buweereza bwe. Yayita abasajja kumi na babiri okuweereza naye. Oluvannyuma n'asindika ensavu okugenda okubuulira enjiri. Era yatuma abakkiriza bonna okutwala enjiri eri amawanga gonna.

**EBIGOBERERWA:**

Yesu yalina kyeyagobereranga okutuukiriza enteekateeka za Katonda. Ekogobererwa y'engeri oba enkola gy'okolamu ebintu. Yalaga ekigobererwa eky'okubunyisa enjiri mu Matayo 10 ne Lukka 10.

**OKUTUUKIRIZA:**

Yesu y'ekebejanga obuweereza bw'abayigirizwa be okusobola okutuukiriza enteekateeka (Lukka 10:17-24). Enteekateeka bwe yatuukirizibwa, y'agamba abakkiriza bonna okujenyigiramu. (Matayo 28:19-20, Ebikolwa 1:8).

## OMUGASO GW'OKUWANIKA OBULUNGI.

Okuwanika obulungi olw'obuweereza Katonda bw'akuwadde kyetaagisa kubanga…

**KIKUWA OKULUŊŊAMIZIBWA N'EKIRUUBIRIRWA:**

Ng'oyagala okukola obulungi mu buweereza, ekiruubirirwa kyo n'enteekateeka birina okuba by'ebimu nga ebya Katonda.

W'ommanya ekiruubirirwa kyo ekikulu kulw'obuweereza, nosobola okukola enteekateeka z'okukituukiriza, awo oba osobola okukulembera abalala. Abakulembeze abalungi balina okumanya wa gyebalaga okusobola okuluŋŋamya abo ababagoberera. Okuluŋŋamizibwa n'obumu kyetagiisa ekiruubirirwa ky'ekimu.

Wewaba nga waliwo okuluŋŋamizibwa okusaanidde, n'oluyogaano lukendeezebwa:

**Kubanga Katonda si wa luyoogaano, wabula wa mirembe. (1 Abakolinso 14:33)**

**Mufubenga okufaanana Katonda kubanga muli baana ba Katonda abaagalwa. (Abaefeso 5:1)**

Ojja kuyiga mu lusoma luno engeri Katonda bwe yalina ekiruubirirwa n'enteekateeka okuva ng'ensi tenabaawo. Bwejjiba ng'emirimu gya Katonda temuli buyogaano, n'obuweereza bw'abantu be obuyogaano tebusaanidde kubeeramu.

**BUKUSOBOZESA OKUKOLA OKUSALAWO OKUTUUFU.**

Okusalawo kikulu nnyo eri amagenda go, kino ky'ekimu ne mu bulokozi. Olina okukola okusalawo okukkiriza oba okugaana enjiri. Amagenda go ag'olubeerera gasinziira kwekyo ky'osazeewo.

Ekyo ky'oli kati n'obuweereza bisinziira ku bye wasalawo edda. Osalawo okukola eby'okusalawo nga weefumitiriza nnyo ku bigendererwa oba kw'ebyo byoyitamu mu kaseera ako. Okuteekateeka n'obuwanika obuluŋŋamiziddwa Mukama bukusobozesa okukola okusalawo okutuufu.

**BUSIMBA EBY'ENKIZO KU LW'OBUWEEREZA:**

Okumanya ebiruubirirwa n'enteekateeka ya Katonda bikusobozesa okukuyamba okusimba eby'enkizo mu bulamu bwo ne mu buweereza. Eby'enkizo by'ebyo ebintu ebikulu ennyo ebisinga ku birala by'osalawo okukola.

Olina eby'enkizo mu bulamu, oyinza okuba obimanyi oba nedda. Ojja kusimba eby'enkizo bino olw'eneyisa z'obulamu nga bisinziira ku embeera oba abantu abakwetooloodde oba eky'okusalawo okusinziira ku kigambo kya Katonda.

Lukka 12:16-20, ennyonnyola emboozi y'omusajja eyalina eby'enkizo ebikyamu. Ojja kusoma olugero luno mu bulambulukufu mu maaso. Emboozi eraga nti okusalawo okukyamu kugobererwa okubonerezebwa.

**BUKULEETERA OKUKOLERA DDALA N'OTOMALA GAKOLA:**

Abantu bangi balina enkola ey'okumala gakola okusinziira ku bwetaavu n'embeera eriwo mu kiseera ekyo, mu kifo ky'okwetegekera eby'omumsaaso. Kino kibaleetera okukola olw'embeera so si okukolera ddala n'amagezi wamu n'ebiruubirirwa.

Awatali nteekateeka, oba tomanyi ky'okola, lwaki okikola oba wandikikoze otya? Kubanga tolina ntekateeka, tobaako kye weewaayo kukola, toba na ngeri ya kuvvuunuka buzibu. Okuteekateeka

kukuggya okuva ku kwagala obwagazi okukola nekuleeta okwolesebwa okulabikako mu buliwo. Kikuleetera okusalawo ekyo ky'olina okukola n'engeri gy'olina okukikolamu okusobola okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda.

**EKULEETERA OKUWA EMBALIRIRA:**

Bw'oba n'enteekateeka, abantu bamanya obuvunaanyizibwa bwabwe. Kino kibaleeteera okuwa Katonda embalirira, abalala. Okuba ng'ovunaanyizibwa okuwa omulala embalirira kitegeeza olina okuddamu gyebali olw'ekyo kye bakukwasiza okole.

Mu lugero lwa ttalanta oluli mu Matayo 25:14-30, abaddu baalina okuwa embalirira ku ttalanta mukama waabwe ze yabawa. Mukama waabwe yalina enteekateeka, era yagigamba abaddu be, baalina okugituukiriza nga basiga ensimbi nga bwe baaluŋŋamizibwa.

Olina okuwa embalirira si lwa kumanya kwagala kwa Katonda eri obulamu bwo n'obuweereza bwo, naye n'okukola.

**Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene. (Lukka 12:47)**

**EKULEETERA OKWEKEBERA:**

Okuteekateeka kuleetera okwekebera oba okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda n'enteekateeka ye. Bw'oba tolina nteekateeka, omanya otya nti weeyongera mu maaso oba olemereddwa? Bw'oba tolina kiruubirirwa, onoomanya otya nti oli kituukiriza?

**BUKULEETERA OKUKOZESA EBIKOZESEBWA EBY'OMWOYO N'AMAGEZI:**

Okuteekateeka kukuleetera okukwata obulungi ebikozesebwa eby'omwoyo n'okozesa ensimbi n'amagezi, ebintu ebikalu, abantu, ebirabo by'omwoyo n'okuyitibwa eri omulimu gw'obwakabaka bwa Katonda.

**BUKUTEEKATEEKA ERI ENZIGI ENZIGULE:**

Katonda aggulira abantu be enzigi:

**Mmanyi ebikolwa byo. Laba nkugguliddewo oluggi, omuntu yenna lw'atayinza kuggala. (Okubikkulirwa 3:8)**

Katonda bw'aggula enzigi, weetaaga okuba omwetegefu okuzitambuliramu. Kino tekisoboka awatali kukulakulanya mu kweteekateeka. Soma olugero lw'abawala abagezigezi n'abasirusiru mu Matayo 25:1-13. Katonda aggula enzigi, naye tezisigala nga nzigule lubeerera. Zeggula ne zirinda oyingire, olwo ne zeggala oluusi ne ziteggula nate.

**EKULEETERA OKWAGALA KWO OKUKKAANYA N'OKWA KATONDA:**

Ekibuuzo omutume Paulo kyeyasooka okubuuza oluvannyuma lw'okukyusibwa "Oyagala nkole ki." Yali abuuza Katonda, "Olina nteekateeka ki eri obulamu bwange n'obuweereza bwange?" bw'oleeta okwagala kwo mu kukkaanya n'enteekateeka ya Katonda, awo oba muwanguzi. (Laba Makko 14:36 ne Lukka 5:11)

**OKUWAKANYA ENTEEKATEEKA.**

Nga bw'oteeka mu nkola ennono z'obuwanika obw'ebigendererwa z'ogenda okusoma mu lusoma luno, oyinza okufuna okuwakanyizibwa okuva mu balala. Zino z'ezimu ku nsonga lwaki abantu bawakanya obuweereza bw'okuteekateeka n'obuwanika:

**OKUBULWA OKUMANYA:**

Abantu abamu tebateekateeka saako n'okuwanika mu magezi kubanga tebamanyi ngeri y'akukikolamu. Ojja kuyiga ku buwanika mu lusoma luno. Tekijja kuyamba buweereza bwo bwokka naye n'okukuyamba engeri gy'oyambamu abalala mu ngeri ez'enjawulo.

**OBUTABA NA KIRUUBIRIRWA:**

Abantu bwe batategeera kiruubirirwa kya Katonda n'obukulu bwabwe obwetongodde mu nteekateeka ya Katonda, kiba kizibu okuteekateeka. Oteekeddwa okusooka okumanya ekiruubirirwa kyo bw'oba wa kukola nteekateeka okukituukiriza.

Mu kusoma luno ojja kuyigga ekiruubirirwa kya Katonda ekikulu n'obukulu bwo mu nteekateeka ye. Bw'oyiga bino ojja kusobola okubigamba abalala n'okubagamba okumanya ekitundu kyabwe mu nteekateeka ya Katonda.

**ENZIKIRIZA ETALI YA MWOYO.**

Abantu abamu bamanyi nti okuteekateeka si kwa Baibuli, naye ebyawandiikibwa bingi biraga abasajja n'abakazi abaakola enteekateeka oluvannyuma lw'ebiragiro bya Katonda.

Osobola okwongera okusoma ku kino mu kanyomero "k'okweyongera okusoma" akali mu kitabo kino.

Era ojja kuyiga mu ssuula eyookubiri nti Katonda ye Katonda w'ekiruubirirwa n'okuteekateeka. Akozesa abantu, amawanga, Yisirayiri, Yesu, Omwoyo Omutukuvu, n'ekkanisa mu nteekateeka ye. Ekiruubirirwa kye kyaliwo okuva ku ntandikwa, era akyakola okutuukiriza enteekateeka ye mu nsi olwaleero.

**ENZIKIRIZA NTI KIZIYIZA OMWOYO OMUTUKUVU:**

Abantu abamu bakkiriza nti okuteekateeka n'okutegeka biziyiza eddembe ly'omwoyo Omutukuvu. Kino si kituufu. Oluvannyuma lw'okuyiika kw'omwoyo Omutukuvu okw'amaanyi okulagibwa mu Ebikolwa by'abatume 2, waaliwo akaseera katono ddala okuteekateeka n'okutegeka olwo okuluŋŋamizibwa kw'omwoyo ne kutandika (Ebikolwa 6).

Empisa y'okuteekateeka obulungi mu buweereza terina ngeri yonna gy'eziyizaamu Mwoyo Mutukuvu. Ekwongera na kubeera bulindaala eri okuluŋŋamya kwa Mukama kubanga okola okusalawo kw'okunoonya ebiruubirirwa bye wamu n'enteekateeka ze. Okuteekateeka kusobola okuba engeri y'okusinza, akaseera mw'olowooleza ku biruubirirwa n'enteekateeka za Katonda n'oggulawo omwoyo

gwo eri okuluŋŋamizibwa kw'omwoyo Omutukuvu. Omwoyo Omutukuvu anoonya omutima gwo, n'olwokuba nti alina endowooza ya Katonda, akubikkulira enteekateeka n'ebiruubirirwa bya Katonda. Bwo'sinza, n'osoma ekigambo kya Katonda, n'oteekateeka okuyita mu kusikirizibwa kw'omwoyo Omutukuvu, okuteekateeka kiba kikolwa kya Mwoyo. Tekiziyiza mulimu gwa Mwoyo mutukuvu.

Eky'okulabirako ekirungi eky'enteekateeka eno, ye Yoswa ng'ali mu Ai ekiri mu Yoswa 8. Yoswa yalina enteekateeka (Olunyiriri 4), naye tekyaziyiza mulimu gwa Katonda ogw'ebyamagero (Olunyiriri 18). Okuteekateeka okw'omubiri n'ebikolwa ebitali by'abulijjo byakolera nga wamu mu mirembe.

**OBUWANGWA:**

Ekiseera kyonna w'osalirawo okukola ekintu eky'enjawulo, ojja kusisinkana okuwakanyizibwa eri abo abaasibibwa mu buwangwa. Tebaagala kukyuka, baba bakoze ebintu mu ngeri emu okumala emyaka mingi ne biba nga bifuuse obuwangwa. Yesu yalina ekizibu kyennyini n'abawandiisi b'amateeka wamu n'abafalisaayo.

Ebiseera ebimu oyinza okukulembera abantu bano bannabyabuwangwa eri enkyukakyuka ennungi. Oluusi oyinza obutasobola kuteeka "mwenge musu mu maliba amakadde," nga Yesu bwe ya kinnyonnyola. Olwo kiba kyetaagisa okusitulayo abakkiriza abapya abaagala okuyingira mu nteekateeka ya Katonda.

Tekitegeeza nti abantu abaasibwa mu buwangwa si balokole oba tebali kitundu ku mubiri gwa Kristo, nabo baaluganda lwaffe mu Mukama, era tulina okubaagalan'okubayamba kasita bakikkiriza. Naye basazeewo okwesiba ku buwangwa bw'abantu nebatagenda mu maaso kumaliriza ebyo ebipya ebiri mu kuluŋŋamizibwa kw'omwoyo omutukuvu.

Yesu ne Paulo bombi baaweereza mu Yeekaalu kasita baabakkiriza. Zino zezaali ennyumba z'okusinzizaamu mu biseera ebyo. Naye olw'okugaanibwa olw'obuwangwa, baakakibwa okutwala obubaka bwabwe eri abakkiriza abapya abaali beggudde okufuna enjiri.

**OKUTYA KW'EBYOMU MAASO.**

Okuteekateeka kukolagana n'ebyomu maaso. Abantu abamu batya eby'omu maaso era tebaagala na kubirowozaako wadde okubiteekerateekera. Naye tolina kutya kubanga Katonda yafuga ebyomumaaso. Amanyi buli nteekateeka zalina gy'oli. Buli ky'okola mu kuteekateeka kubeera kusaba Katonda akubikkulire enteekateeka ze.

**Kubanga mmanyi enteekateeka ze nnina gye muli, enteekateeka ez'okubakulaakulanya so si okubakolako akabi, enteekateeka ez'okubawa essuubi era n'obulamu obw'omu maaso," bw'ayogera Mukama. (Yeremiya 29:11)**

**OBUGAYAAVU.**

Abantu abamu tebateekateeka yadde okwetegeka kubanga kitwala obudde era mulimu gw'amaanyi. Bagayaavu, obugayaavu buba butafaayo oba obunafu. Omulimu gw'abagayaavu gunnyonnyolwa mu Engero 24:30-34. Tekuleetawo makungula ga mwoyo.

**OKUTYA OKULEMERERWA.**

Omuwanika atali mwesigwa mu Matayo 25:14-30, yatya okulemererwa, era teyageza nako kukozesa ebyo ebyamuweebwa Mukama we. (Laba olunyiriri 25).

Ekiseera w'olemererwa bulijjo we wo w'olekera awo okugezaako. Musiga nsimbi ow'amaanyi mu America ayitibwa Thomasi Edison, yagezaako engeri kikumi ng'alemererwa nga tannakola bbalubu y'amasanyalaze. Naye Mwami Edison yeeyongerayo era n'afuuka omuwanguzi kubanga teyalekera awo kugezaako. Oluvannyuma yazuula n'amasanyalaze.

Ne Baibuli eraga emboozi nnyingi ku basajja n'abakazi ba Katonda ab'amaanyi abaalemererwa, naye ne beeyongerayo okufuuka abawanguzi mu Katonda kubanga tebaalekera awo kugezaako.

Ekituufu kiri nti, bw'olemererwa okuteekateeka, oba oteekateeka kulemererwa.

**OKWEGEZAAMU.**

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………..
2. Nnyonnyola "obuwanika obw'ebigendererwa"
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………….
3. Wandiika yo ensonga eziraga omugaso gw'obuwanika obw'ebigendererwa.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………….
4. Funza ebirwanyisa okuteekateeka by'oyinza okusisinkana era onnyonnyole engeri gy'oyinza okubikwatamu.
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA.**

1. Wano by'ebimu ku by'okulabirako by'okuteekateeka mu Baibuli:
    - Mu luberyeberye 1-3, Katonda yateekateeka ebitonde bye, yateekerateekera omuntu, yalaga enteekateeka ye ey'obulokozi.
    - Nuuwa, yakola enteekateeka z'okuzimba eryato (Oluberyeberye 6)
    - Ibulayimu yateekawo ebigendererwa eri omuddu we Eliyazaali (Oluberyeberye 24)
    - Yusuufu yateekerateekera emyaka gy'enjala (Oluberyeberye 41)
    - Musa yaweebwa enteekateeka y'okununula Yisirayiri okuva mu buddu. (Okuva 3-6)
    - Enteekateeka y'ensisiira yali nnambulukufu. Okuva 24:12-40, 38
    - Mu kitabo ky'Okubala tulaba enteekateeka z'okubala abantu. (1:1-54), n'okutegeka ensiisira. (2:1-34)
    - Yoswa yakola enteekateeka ennambulukufu okukulembera Yisirayiri okuwamba ensi ensuubize. Mu kitabo kya Yoswa.
    - Mu kitabo ky'Abalamuzi, tulaba enteekateeka za Katonda ez'okusumulula zaatukiriza.
    - Luusi yagoberera enteekateeka ya Naume ku bya Boazi. Ekitabo kya Luusi.
    - Daudi yateekateeka okutta ow'amaanyi. (1 Samwiri 17)
    - Kabaka Kezekiya yateekateeka okugatta Yisirayiri. Yakola n'enteekateeka y'okuzzaawo Yeekaalu n'okuteeka amazzi mu Yerusalemi. (2 Ebyomumirembe 28-31, 2 Basekabaka 16-20)
    - Nekemiya yakola enteekateeka y'okuzimba ekisenge. Ekitabo kya Nekemiya.
    - Bannabbi b'endagaano enkadde baalaga enteekateeka ya Katonda eri amawanga.
    - Yesu: Enjiri esinga eraga enteekateeka n'ebiruubibirirwa eby'okutuukiriza okwagala kwa Katonda mu buweereza bwe nga mulamu. Yesu era yayogera obukulu n'enteekateeka eri abagoberezi be n'abakkiriza bonna okutwalira awamu.
    - Omutume Paulo yakola enteekateeka. Singa teyalina nteekateeka awo omwoyo omutukuvu teyanndibakyusiza nga bwe kiragibwa mu Bikolwa 16:6-10.
    - Ekitabo ky'okubikkulirwa kiraga enteekateeka za Katonda ez'omumaaso.

2. Soma ku nteekateeka mu kitabo kye Engero: laba 13:16, 14:8, 15:22, 16:3, 9:24, 3-4, 29:18.

3. Ng'essuula eno bweraze, enteekateeka gyee tuyizeeko y'eyo ekolebwa ng'osikkirizibwa omwoyo omutukuvu. Si nteekateeka nga ey'ensi. Totunuulira ntegeka za nsi kukuluŋŋamya.
   Okulabulwa ku nteekateeka y'ensi kwe:
   (Isaaya 30:1-2)

4. Soma emboozi ya Elisa n'ekyamagero ky'okukubisa mu mafuta ekiragibwa mu 2 Bassekabaka 4:1-7. Katonda yakubisa mu mafuta okujjuza ebibya omukazi bye yategeka. Singa yali tategese bibya, ensulo y'amafuta yandigisubiddwa oba olyawo ne Katonda yandikubisizzaamu kubanga yasangibwa yeetegese okugafuna.

   Kisoboka Katonda okwongera okuyiwa omukisa gwe mu bulamu n'eri obuweereza bwe twetegekedde okufuna?

# ESSUULA EYOOKUBIRI.

## KATONDA OW'EKIRUUBIRIRWA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omala essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola ekiruubirirwa kya Katonda.
- Okunnyonnyola lwaki kyamugaso okutegeera ekiruubirirwa n'enteekateeka za Katonda.
- Okuzuula ebikozesebwa Katonda bye yeeyambisa okumaliriza ekiruubirirwa n'enteekateeka ye.
- Okunnyonnyola engeri obuweereza bwa Yesu gye bukwatagana n'ebiruubirirwa wamu n'enteekateeka za Katonda.
- Okunnyonnyola obuweereza bw'ekkanisa nga bwe bukwatagana n'ekiruubirirwa wamu n'enteekateeka za Katonda.

**ENNYIRIRI ENKULU.**

**Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**

**Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi.(Abaefeso 1:9-10)**

**ENNYANJULA.**

Katonda ye Katonda w'ekiruubirirwa wamu n'enteekateeka. Ye Katonda w'okutegeka. Okuva ku luberyeberye nga bwe tukimanyi, Katonda ategese era afubye okumaliriza ekiruubirirwa kye ku nsi. Ebikozesebwa Katonda by'akozesa okumaliriza ekiruubirirwa kye be bantu. Akola okuyita mu bantu, amawanga, ne mu mubiri gwe ogw'omwoyo ye Kkanisa ya Mukama waffe Yesu Kristo. Katonda asinga kufuka mafuta n'okukozesa abo abaleeta ebiruubirirwa n'enteekateeka nga zikkaanya n'ezize.

Bw'ototegeera kiruubirirwa kya Katonda, toba na kukkaanya na nteekateeka ye. Eno y'ensonga lwaki obuweereza bungi bulemererwa. Mu ssomo lino ogenda kuyiga ekiruubirirwa kya Katonda ekikulu nga bw'ozuula emisingi gya Baibuli ku kuteekateeka. Awo ojja kuba ng'osobola okuzuula ekiruubirirwa kyo n'okukola enteekateeka ekkaanya n'ezo eza Katonda.

**KATONDA OW'OKWETEGEKA.**

Katonda ye Katonda ow'okwetegeka. Kino kisomeeko mu bino wammanga:

- Katonda yategeka eggulu, wabeera, Nnamulondo ye n'obwakabaka bwe. Zabuli 103:19, Engero 8:27
- Yategeka ensi eno ku lw'omuntu. Oluberyeberye 1-3
- Katonda ayinza okutegeka n'akozesa ekintu kyonna olw'ebiruubirirwa bye. Mu kitabo kya Yona, Katonda yategeka n'akozesa ekyennyanja. Yona 1-4
- Katonda yategeka Yesu okuba ssaddaaka eri ekibi ky'omuntu. Abaebbulaniya 5:10, Zefaniya 1:7.

- Nga Yesu tannajja mu buweereza, omusajja eyayitibwanga Yokaana yatumibwa okutegeka ekkubo eryamuli mu maaso. Lukka 1:76, 3:4
- Katonda ategese ekibuga ekirungi eky'olubeerera. Abaebbulaniya 11:16
- Atutegekedde obwakabaka, omwo ffenna mwe tunaaberanga. Matayo 25:34
- Yesu yagamba nti yagenda okututegekera ebifo. Yokaana 14:2-3
- Tugambibwa nti ebyo amaaso bye gatannalaba, n'amatu bye gatawulirangako, Katonda yabitegeka eri abo abamumanyi era abamwagala. 1 Abakolinso 2:9
- Katonda ategese okulamulwa eri abo abatakkiriza. Engero 19:29
- Geyeena yategekebwa kuba ya Sitaani ne malayika ze. Matayo 24:41
- Katonda anoonya abantu abategekeddwa ng'omugole bw'ategekebwa eri omwami we. Okubikkulirwa 21:2

Mu bijulira bino wammanga, ojja kulaba nti mu Baibuli yonna kiragibwa nti Katonda yakozesa abantu abaali beetegese okukola omulimu gwe:

- Okuyita mu kukkiriza, Nuuwa yategeka eryaato. Abaebbulaniya 11:7
- Yusuufu okutegekebwa okugezesebwa n'ebibonyoobonyo, kyataasa amawanga enjala. Oluberyeberye 41.
- Musa okutegekebwa Katonda ku luuyi olw'eddungu, yakulembera eggwanga lyonna okuyita mu ddungu. Ekitabo ky'Okuva.
- Eseza yategeka bbafuta n'ataasa oluse lw'abantu be. Esseza 7
- Gidiyoni yategeka eggye. Daudi yategeka eky'okuzimba Yeekaalu, ne mu biro bye ebizibu n'okunyigirizibwa. Sulemaani yategeka Yeekaalu, ne Nekemiya yategeka ekisenge.
- Yokaana omubatiza yategeka abantu okwetegekera Mukama. Lukka 1:17
- Mu ky'abalamuzi n'ebyomumirembe waliwo ebyawandiikibwa eby'abakulembeze bangi abaalemererwa era ne bakola ebibi kubanga tebaategeka mitima gyabwe bulungi eri Mukama. 2 Ebyomumirembe 12:14 ky'ekimu kuby'okulabirako.

Katonda akozesa bantu beetegese. N'olwekyo tulagirwa okwetegeka:

- Weetegeke okusisinkana Katonda wo. Amosi 4:12
- Mutegeke emitima gyammwe eri Mukama. 1 Samwiri 7:3
- Beera n'omutima omwetegefu. 2 Ebyomumirembe 19:3
- Tegeka omutima gwo okunoonya Katonda. Ebyomumirembe 27:6
- Weetegeke gwe kennyini era otegeke n'abalala. Ezeekyeri 38:7
- Weetegekere buli mulimu omulungi, weetegekere okukozesebwa omukulu. 2 Timoseewo 2:21
- Beera ekibya ekitegekeddwa olw'ekitiibwa kye. Abaruumi 9:23

Katonda ye Katonda ow'okuteekateeka. Akola okuyita mu bantu abeetegese. Tanoonya abo abateetegese, abamaliddwamu amaanyi, abatakungiddwa, n'abakkiriza abawanguddwa. Anoonya

abasajja n'abakazi abeetegefu. Yesu yabuulira olugero lw'omuddu eyamanya okwagala kwa Mukama naye teyeetegeka kusobola kukutuukiriza.

**Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene. (Lukka 12:47)**

Lwaki Katonda afaayo nnyo ku ky'okwetegeka? Lwaki akozesa era n'awa amafuta abantu ababa beetegese? Kiki kye twetegekera?

**KATONDA OW'EKIRUUBIRIRWA.**

Okwetegeka kwonna okwa Katonda kutunuulidde kiruubirirwa kye. Si kiruubirirwa ekitaliimu nsa oba ekiruubirirwa ekisuubirwa. Alina ky'akolerera era ekiruubirirwa ekiteredde. Ekiruubirirwa kya Katonda kiragibwa bulungi mu kigambo kye. Ekimu ku kiruubirirwa kye mu bufunze kituweebwa mu kitabo ekya Abaefeso. Kino Katonda "ky'agamba ku kiruubirirwa."

**Katonda yakola bw'atyo ng'enteekateeka ye ey'emirembe n'emirembe bw'eri, gye yatuukiriza mu ebyo byonna Kristo Yesu Mukama waffe bye yakola.**

**Yatubikkulira ekyama eky'okwagala kwe, ng'okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**

**Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n'ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n'ebiri ku nsi.(Abaefeeso 3:11, 1:9:10)**

Katonda ayagala okuleeta abantu bonna mu nkolagana ey'omwoyo ennungi naye.

**Mukama waffe taludde kutuukiriza ekyo kye yasuubiza ng'abamu bwe balowooza. Wabula ye akyabagumiikiriza, nga tayagala muntu yenna kubula, naye bonna beenenye. (2 Peetero 3:9)**

Katonda ky'aluubirira eri abantu kwe kufuna okusonyiyibwa ebibi okuyita mu Yesu Kristo, okuleetebwa mu nkolagana ennungi naye, n'okufuuka ekitundu ku bwakabaka bwe. (Yokaana 3)

Katonda ategeka abasajja n'abakazi n'abakozesa okutuukiriza ekigendererwa kino. Katonda afuka amafuta n'akozesa abo abaleeta obulamu, ebiruubirirwa n'enteekateeka z'obuweereza bwabwe mu biruubirirwa n'enteekateeka ze. Bw'oba toteegera kigendererewa kya Katonda, obulamu bwo n'obuweereza bwo tebijja kwatagana n'anteekateeka ze.

Eky'okulabirako, Yesu weyabikulira abayigirizwa be nti agenda kubonyabonyezebwa era affe, Peetero yamunenya. Awo Peetero yali tanategeera kigendererwa kya Katonda era nga tannasa kimu na nteekateeka za Katonda. Yesu yamunenya, n'agamba:

**Yesu n'akyuka n'atunuulira abayigirizwa be, n'alyoka anenya Peetero nti, "Setaani dda ennyuma wange, kubanga tolowooza ku bya Katonda wabula olowooza ku by'abantu."(Makko 8:33)**

Kabaka Daudi yali musajja eyali assa ekimu n'ekigendererwa kya Katonda:

**Kino kyali tekyogera ku Dawudi, kubanga Dawudi bwe yamala okuweereza omulembe gwe nga Katonda bwe yayagala, n'afa, n'aziikibwa, era omubiri gwe ne guvunda.(Ebikolwa 13:36)**

Baibuli etukakasa nti ebiruubirirwa bya Katonda bijja kutuukirira:

**Mukama Katonda ow'Eggye alayidde n'ayogera nti,"Ddala nga bwe nalowooza, bwe kirituukirira bwe kityoera nga bwe nateesa,bwe kirinywera bwe kityo. (Isaaya 14:24)**

**Eno y'entegeka eyategekerwa ensi yonna:era guno gwe mukono ogwagololwa ku mawanga gonna.**

**Kubanga Mukama Katonda ow'Eggye ye yateesa, kale ani ayinza okukijjulula?**

**Omukono gwe gugoloddwa, kale ani ayinza okuguzzaayo? (Isaaya 14:26-27)**

## KATONDA OW'ENTEEKATEEKA.

Katonda talaze kigendererwa kyokka. Akola n'enteekateeka okusobola okutuukiriza ekigendererwa ekyo. Katonda akozesa abantu ssekinoomu, amawanga, Yesu, Omwoyo Omutukuvu, n'ekkanisa ng'ekitundu ku nteekateeka ye.

**ABANTU SSEKINOOMU:**

Okuva ku ntandikwa nga wetukimanyi kati, Katonda akozeseza abantu ssekinoomu okutuukiriza ebigendererewa bye. Baibuli ejjudde engeri Katonda gye yakozesa abasajja n'abakazi.

Mu biseera eby'endagaano enkadde, Katonda yayimusa abakulembeze bannaggwano, okugeza; Nuuwa, Ibulayimu, Yusuufu, ne Musa. Yafuka amafuta ku bakaba n'abalamuzi okusobola okutuukiriza ebigendererwa bye. Mu biseera eby'endagaano empya, Katonda yakozesa abantu ssekinoomu nga Yokaana omubatiza, abayigirizwa ba Yesu, Paulo, Timoseewo, Balunabba, n'abalala bangi.

Katonda era yakozesa abo abaali bayitibwa aboononyi okutuukiriza enteekateeka zaabwe, bwe yakyuusa enteekateeka zaabwe embi. Katonda siyeyaletera ebikolwa byabwe ebibi, naye yakolera mu bbo okutuukiriza enteekateeka ze.

Eky'okulabirako, Katonda yayogera ku Faraawo mu Misiri:

**Naye olw'ensonga eno kyennava nkuleka n'obeera mulamu, ndyoke njolese amaanyi gange, era n'erinnya lyange liryoke litegeezebwe mu nsi yonna. (Okuva 9:16)**

Obulamu bukwataganira ddala ku buweereza ku kigendererwa kya Katonda, ekigendererwa bwe kiba kimalirizibwa, obulamu ku nsi nga bukoma:

**Kino kyali tekyogera ku Dawudi, kubanga Dawudi bwe yamala okuweereza omulembe gwe nga Katonda bwe yayagala, n'afa, n'aziikibwa, era omubiri gwe ne guvunda. (Ebikolwa 13:36)**

**AMAWANGA:**

Mu biseera by'endagaano enkadde, Katonda yayimusa eggwanga lya Yisirayiri okutuukiriza enteekateeka n'ebigendererwa bye ku nsi. Nga eggwanga, ekigendererwa kya Yisirayiri kyali kya kubikkula kigendererwa kya Katonda eri ensi z'abannamawanga. Naye kino Yisirayiri kyagyilema enfunda n'enfunda.

N’olw’ensonga eyo, okulamulwa kwajja eri eggwanga lya Yisirayiri okuyita mu mawanga amagwira agaali gabetooloodde. Katonda yali mumalirivu okutuukiriza enteekateeka ze, n’asobola n’okukozesa omwagaanya ng’ayita mu nsi zinno ezaali ennyonoonyi. Yali tasanyukira bikolwa byabwe bibi naye yabakoleramu okusobola okutuukiriza ebigendererwa bye.

**YESU KRISTO:**

Emyaka mingi nnyo, enteekateeka za Katonda zisigadde nga z’akyama. Katonda yasuubiza omunnunnuzi edda ennyo mu byafaayo, era mw’oyo okusonyiyibwa kw’ebibi mwekuliba eri buli muntu.

Ekisuubizo kino kyasooka kuweebwa Adamu ne Kaawa oluvannyuma lw’ekibi kyabwe mu Lusuku Edeni. Katonda yagamba:

**Nteeka obulabewakati wo n’omukazi,ne wakati w’ezzadde lyo n’ezzadde ly’omukazi;ezzadde lye linaakubetentanga omutwe,naawe onoolibojjanga ekisinziiro. (Oluberyeberye 3:15)**

Eno yeyali entandikwa ya buli bisuubizo eby’omunnunnuzi. Ekiseera kiwanvu nnyo nga Katonda talaga ngeri kyekinatuukirizibwamu. Kyaali kyaama.

Mu biseera bya bannabi eb’endagaano enkadde ng’awayise akaseera, Katonda yatandika okulaga engeri z’enteekateeka ze. Mu biseera by’endagaano empya, engeri zinno z’atuukirizibwa Katonda weyasindika omwana we yekka, Yesu Kristo okufiiririra ebibi bya buli muntu.

Enteekateeka za Katonda kati zaali tezikyaali kyaama, kuba z’abikkula mu Yesu Kristo:

**Yatubikkulira ekyama eky’okwagala kwe, ng’okusiima kwe bwe kuli kwe yateekerateekera mu Kristo.**

**Olwo ekiseera ekituufu bwe kirituuka, Katonda alikola byonna bye yateekateeka, n’ateeka ebintu byonna awamu wansi wa Kristo, ebiri mu ggulu n’ebiri ku nsi. (Abaefeso 1:9-10)**

Ng’akyaali muto, Yesu yamanya nti enteekateeka za Katonda kwe kuleeta obulokozi eri buli muntu, n’okuza emmeeme zaabwe mu nkolagana n’okussa ekimu naye.

Yesu yamala obulamu bwe bwonna ku nsi okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda. Era ng’akyaali muto, teyafaayo ku nteekateeka ze nga ye, wabula eza Katonda kitaawe:

**Yesu n’abaddamu nti, “Mubadde munnoonyeza ki? Temwategedde nga kiŋŋwanidde okukola ebintu bya Kitange? (Lukka 2:49)**

Obulamu n’obuweereza bwa Yesu bwesigama nnyo ku bigendererwa bya Katonda. Buli nteekateeka, buli kyakusalawo, nabuli kikolwa eky’obuweereza ky’esigama nnyo ku kiruubirirwa ekyo:

**Omwoyo wa Mukama ali ku nze.Anfuseeko amafuta okubuulira abaavu Enjiri.Antumye okubuulira abasibe okuteebwa,n’abazibe b’amaaso okuzibulwa amaaso balabe,n’abanyigirizibwa okufuna eddembe,n’okulangirira ekiseera kya Mukama eky’okulagiramu ekisa kye. (Lukka 4:18-19)**

Kino ky’ekimu ku bigambo ebyayogerwa Yesu olw’ekiruubirirwa ekyo. Mu kanyomero “ak’okweyongera okusoma” mu ssuula eno, kalaga ebyayogerwa ebirala Yesu byeyagogera ku buweereza bwe olw’ekiruubirirwa. Yesu yalagira abagoberezi be, beebo abakkiriza abatuufu okutuukiriza ebigendererwa bya Katonda:

**Kale mugende mufuule abantu bonna mu nsi zonna, abayigirizwa nga mubabatiza mu linnya lya Kitaffe, Omwana era Mwoyo Mutukuvu.**

**Era mubayigirize okugonderanga byonna bye nabalagira mmwe, era Ndi nammwe bulijjo n’okutuukira ddala ensi lw’eriggwaawo. (Matayo 28:19-20)**

Genda mu kanyomero “ak’okwongera okusoma” mu lusoma luno osome eby’ayogerwa ebirala Yesu byeyayogera eri abo bonna abamugoberera. Bino bikulu nnyo kubanga wooba omukkiriza, oba mugoberezi wa Yesu.

**OMWOYO OMUTUKUVU:**

Omwoyo omutukuvu naye kitundu ku nteekateeka za Katonda. Nga Yesu yakamala okuddayo mu ggulu, amaanyi ag’enjawulo gaweebwa, ag’Omwoyo Omutukuvu nga wekiragibwa mu Bikolwa byabatume 4. Kino kiyitibwa okubatizibwa kw’Omwoyo Omutukuvu.

Amaanyi ag’omwoyo omutukuvu gaweebwa okutuukiriza ekigendererwa kya Katonda mu nsi.

**Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw’alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z’ensi.” (Ebikolwa 1:8)**

Obuweereza bw’Omwoyo Omutukukuvu bwa mugaso nnyo mu kutuukiriza ebigendererwa bya Katonda era y’ensonga lwaki “Harvestime International Institute,” ekuwa essomo ddamba eriyitibwa, “Obuweereza bw’Omwoyo Omutukuvu.”

Essomo eddala “Harvestime International Institute,” ly’ekuwa liyitibwa, “Ennono z’amaanyi.” Lino linnyonnyola omugaso g’amaanyi g’omwoyo mu kutuukiriza enteekateeka za Katonda ez’okwekubisaamu mu mwoyo n’okusaasanya enjiri.

Ng’ovudde ku maanyi, Omwoyo Omutukuvu aluŋŋamya abakkiriza okusabobozesa okutuukiriza ebigendererwa n’enteekateeka za Katonda. Kubanga Mwoyo Mutukuvu amanyi ekyo Katonda ky’ayagala, era anonyereza n’ategeera omwoyo w’omuntu. Y’akola ng’omukutu wakati wo ne Katonda okukusobozesa okutuukiriza enteekateeka n’ebiruubirirwa bya Katonda.

**Oyo akebera emitima, amanyi Omwoyo ky’alowooza, kubanga yeegayiririra abatukuvu ng’okusiima kwa Katonda bwe kuli. (Abaruumi 8:27)**

Omwoyo Omutukuvu akola naawe mu kutuukiriza ebigendererwa n'enteekateeka za Katonda. Woyogera ekigambo kya Katonda, akufukako amafuta, era n'alumiriza abatali bakkiriza ekibi, okubasobozesa okukkiriza enjiri. (Laba Yokaana 16:7-11)

**EKKANISA:**

Amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu gaweebwa eri abo abazaaliddwa omulundi ogw'okubiri. Abo bonna abakkiriza abatuufu bali kitundu ku kkanisa, era Katonda b'ayitamu okutuukiriza ebigendererwa n'enteekateeka ze:

**Newaakubadde nga nze nsembayo wansi mu batukuvu bonna, naweebwa ekisa ekyo, okubuulira Abaamawanga emikisa egiri mu Kristo egitageraageraganyizika.**

**Katonda eyatonda ebintu byonna yayagala nnyambe buli muntu okutegeera ebyekyama ebyali bikwekeddwa mu Katonda. (Abaefeso 3:9-10)**

Katonda akolera mu bulamu bw'abakkiriza okusobola okutuukiriza ebiruubirirwa bye:

**Kubanga Katonda yakolera mu mmwe, era yabaagazisa n'abasobozesa okukola by'ayagala, olw'okumusanyusa. (Abafiripi 2:13)**

Okubasobozesa "okukola ebyo byayagala olw'okumusanyusa" kitegeeza nti Katonda akolera mu mmwe okutuukiriza ebiruubirirwa n'ebigendererwa bye mu bulamu bwo. Muno mulimu; obulokozi, okujjuzibwa Omwoyo Mutukuvu, okuweereza eri abalala, n'okufaananira ddala ekifanaanyi ky'omwana we Yesu Kristo. Era akolera mu bulamu bwo okutuukiriza ebigendererwa bye.

**Temuwangayo bitundu byammwe eby'omubiri okukozesebwa ebitali bya butuukirivu eri ekibi, naye mweweereyo ddala eri Katonda, ng'abantu abalamu abaava mu bafu. Ebitundu byammwe eby'omubiri gwammwe bikozesebwe eby'obutuukirivu eri Katonda. (Abaruumi 6:13)**

Wewewaayo ggweokusobola okufuuka ekikozesebwa eky'obutuukirivu, kitegeeza okuwaayo obulamu bwo n'obuweereza bwo mu bigendererwa n'enteekateeka za Katonda. Wookola kino ofuuka ofuuka ekikozesebwa mw'asobola okukolera:

**Noolwekyo ku bwa Kristo tuli babaka, era Katonda atuma ffe okwogera nammwe… (2 Abakolinso 5:20)**

**Kale nga bwe tukolera awamu ne Katonda... (2 Abakolinso 6:1)**

Katonda waba tasobola kukolera mu ggwe n'okuyita mu ggwe, emirimu gyo gyiba butaliimu:

**Mukama bw'aba nga si yazimba ennyumba, abagizimba bateganira bwereere, Mukama bw'aba nga si yakuuma ekibuga, abakuumi okutunula batawaanira bwerere. (Zabuli 127:1)**

Obuweereza bwo tebusobola kukulaakulana, okujjako nga buzimbiddwa ku bigendererwa bya Katonda ebitaggwaawo, so si muntu:

**Noolwekyo kye ŋŋamba kye kino nti, Abasajja bano mubaleke bagende! Kubanga, obanga enteekateeka eno y'abantu ejja kukoma.**

**Naye obanga biva eri Katonda, temuyinza kubaziyiza, kubanga mujja kuba nga mulwanyisa Katonda." Ne bamuwulira. (Ebikolwa 5:38-39)**

## EKIRUUBIRIRWA N'ENTEEKATEEKA.

Okuva ku ntandikwa, ekiruubirirwa kya Katonda tebikyuuse. Abadde n'enteekateeka ezirabibibwako eziri awamu n'ebiruubirirwa bye, era ebiruubirirwa bisagala nga by'ebimu.

Nga wewasomye mu lusoma luno, Katonda abikkudde ebiruubirirwa bye mu Kigambo kye. Era atulaze enteekateeka ze ez'awamu, nti ekkanisa ky'akozesa okutuukiriza ebigendererwa bye.

Naye ng'omukkiriza, olina okukola enteekateeka ez'omuggundu wooba wakutuukiriza ekyo kyayagala. Kati awo okuteekateeka n'obuwanika obw'ebigendererwa we biyingirirawo. Olina okuvumbula ekigendererwa kyo mu kigendererwa kya Katonda. Awo osobole okuteekateeka obuweereza bwo ng'osinziira ku kiruubirirwa kino.

Mu lusoma oluddako, ojja kutandika okukola kino nga wonaaba oyize okukola enjogera y'ekigendererwa.

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
2. Ekigendererwa ky’obwakatanda kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
3. Lwaki ky’amugaso okutegeera ekiruubirirwa n’enteekateeka ya Katonda?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
4. Kikozesebwa ki Katonda ky’akozesa okutuukiriza ekiruubirirwa n’enteekateeka ye?
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
5. Funza obuweereza bwa Yesu ng’osinziira ku biruubirirwa n’enteekateeka za Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
6. Funza obuweereza bw’Omwoyo Omutukuvu ng’osinziira ku biruubirirwa n’enteekateeka za Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
7. Nnyonnyola obuweereza bwe kkanisa ng’osinziira ku biruubirirwa n’enteekateeka za Katonda.
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………

(Ebyokuddamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino.)

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

1. Yesu yalina okutegeera ekifo kye mu biruubirirwa n'enteekateeka za Katonda okutuufu. Weyongera okusoma ku kino ng'oyita bu bijulirwa bino wammanga:

Matayo: 5:17, 8:3, 7, 9:13, 10:34-35, 13:41-42, 15:24, 18:11, 20, 19:28-29, 20:18-19, 28, 21:13, 24:35, 25:31, 26:24, 29, 32, 39, 64.

Makko: 1:38, 21:17, 10:33-34, 45, 14:21

Lukka: 2:49, 4:18-19, 43, 5:32, 9:22, 56, 11:49, 12:51, 13:32-33, 19:5, 10, 22:37, 69, 24:44, 46-47

Yokaana: 3:16-17, 4:34, 5:30, 43, 6:37-40, 51, 7:16, 33, 8:26, 29, 49-50, 9:4, 38-39, 10:10, 16-18, 12:24-27, 32, 46, 49-50, 13:5, 14:2, 16-18, 18:36, 16:12, 22, 25, 18:37, 12:24-27. Soma essuula 17 yonna kubanga eraga obukulu bungi obw'ekiruubirirwa kye.

2. Weyongere okusoma ku kiruubirirwa eri abagoberezi ba Yesu:
   Matayo: 7:33, 9:37-38, 10:7-8, 38-39, 16:24-25, 28:18-20.

   Makko: 1:17, 16:15-18, 8:34-35

   Lukka: 5:10, 9:2, 10:2-9, 12:29, 14:26-27, 33, 22:29, 24:46-49.

   Yokaana: 4:35, 6:27, 15:16, 20:21.

   Ebikolwa: 1:4-5, 8

3. Weyongere okusoma ku bigendererwa mu bijuliddwa mu bino wammanga:
   Ezera 4:5, Zabuli 17:3, Engero 15:22, Omubuulizi 3:1, 17, 8:6, Isaaya 14:24-27, 23:9, 46:11, Yeremiya 4:28, Danyeri 1:8, Ebikolwa 11:23, 19:21, 20:3, 26:13, Abaruumi 8:28, 9:11, 17, 2 Abakolinso 9:7, Abaefeso 1:4-11, 3:11, Abakolosaayi 4:8, 2 Timoseewo 1:9, 3:10, 1 Yokaana 3:8

4. Daudi yaweereza Katonda eri ekiruubirirwa kya Katonda mu mulembe gwe (Ebikolwa 13:36). Kiruubirirwa kya Katonda ki gy'oli mu mulembe gwo?

# ESSUULA EYOOKUSATU.

## EKIRUUBIRIRWA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola "enjogera y'ekiruubirirwa "
- Okunnyonnyola omugaso gw'ekiruubirirwa.
- Okunnyonnyola enjawulo eri wakati w'ekiruubirirwa n'ebigendererwa.
- Okunnyonnyola enjawulo wakati enjogera y'ekiruubirirwa ne enjogera y'enjigiriza.
- Okuwandiika ekiruubirirwa ekiwandiikiddwa.
- Okulaga engeri ekiruubirirwa gye kiteegezebwamu abalala.

**ENNYIRIRI ENKULU.**

**Mutunule nga mutambula n'obwegendereza, si ng'abatalina magezi wabula ng'abalina amagezi.**

**Nga temwonoona biseera kubanga ennaku zino mbi. (Abaefeso 5:15-16)**

**ENYANJULA.**

Mu ssomo eriyise, oyize nti Katonda ye Katonda w'ekiruubirirwa, akola enteekateeka olutatadde olw'okutuukiriza ekiruubirirwa kye.

Katonda afuka amafuta n'akozesa abo abategeera ekiruubirirwa kye era nga bewaddeyo okuba ekitundu ku nteekateeka ze. Okufuuka ekitundu ku nteekateeka za Katonda, obulamu bwo n'obuweereza bulina okusa ekimu n'ekiruubirirwa kye. Olina okuba ng'oweereza mu ndowooza y'ekiruubirirwa ky'ekimu ng'ekyo Yesu mwe ya weererezanga.

Essomo lino lijja kukuyamba okukola ekiruubirirwa ekiwandiike nga kisa kimu n'ekiruubirirwa era n'enteekateeka ya Katonda.

**ENJOGERA Y'EKIRUUBIRIRWA.**

Enjogera y'ekiruubirirwa y'eyo eraga ensonga ey'okubeera. Kiraga entegeera yo ey'omulimu gwa Katonda gw'akuwadde okukola ngaggwe. Kye kiwandiiko ekiraga okwolesebwa n'okukkiriza. Eri obuweereza, ebitongole, ekkanisa, enjogera y'ekiruubirirwa eraga lwaki okola, oba oweereza. Ennyonnyola ensonga y'obuweereza bwo ng'ekibinja. Eri omuntu ssekinoomu, "enjogera y'ekiruubirirwa" eiraga ekitundu kyo ngaggwe mu nteekateeka ya Katonda.

Enjogera y'ekiruubirirwa si njogera ey'enjigiriza. Enjogera ey'enjigiriza yo eba eraga obuweereza bwo ki kye bukkiririzaamu. Ky'amakulu nnyo okubeera n'enjogera ey'enjigiriza, naye ate si ky'ekimu enjogera y'ekiruubirirwa. (eky'okulabirako enjogera y'enjigiriza, laba ebijuliza eby'akatabo kano.)

Ekiruubirirwa ky'anjawulo era n'ebigendererwa. Ekiruubirirwa ky'ekiwandiiko lwaki obuweereza bwo weebuli. Ebigendererwa by'ebyo ebiraga enteekateeka obuweereza ze bugoberera okutuukiriza ekiruubirirwa.

Ebigendererwa by'ebyo byokola. Ekiruubirirwa, kyekyo kyoli. Ojja kuyiga ku bigendererwa okusingawo mu lusoma oluddako olwa "okwetegeka."

Ekiruubirirwa si ky'ekimu n'ebitegekeddwa mu kkanisa. Ebitegekeddwa z'enkola ekkanisa z'ekola okukola enteekateeka ez'ekuusa ku kiruubirirwa. Enjogera y'ekiruubirirwa eraga ensonga enkulu eziraga lwaki obuweereza weebuli. Kifunza ekifo ky'obuweereza mu mubiri gwa Kristo.

Baibuli ejjudde eby'okulabirako by'abasajja n'abakazi ba Katonda abaamanya ebiruubirirwa byabwe mu nteekateeka ya Katonda. Tujja kutunuulira omu ku bantu banno nga ye Omutume Paulo.

Paulo yalina ekiruubirirwa ekya namaddala kye yamanya era n'akimanyisa abalala. Yawandiikira Timoseewo:

**Naye ggwe wagoberera nnyo okuyigiriza kwange, n'empisa zange, ne kye nduubirira, n'okukkiriza kwange n'okubonaabona kwange n'okwagala kwange, n'okugumiikiriza kwange. (2 Timoseewo 3:10)**

Ekiruubirirwa ky'obulamu bwe kyali kutuukiriza kigendererwa ekyo:

**Sigamba nti mmaze okufuna oba nti mmaze okutuukirira, wabula nfuba okufuna ekyo Kristo Yesu kye yagenderera nfune. (Abafiripi 3:12)**

Ekiruubirirwa kya Paulo ky'amutegezebwa Katonda:

**Naye Mukama n'amugamba nti, "Ggwe genda okole kye ŋŋambye. Kubanga Sawulo mmulonze okutwala erinnya lyange eri Abaamawanga ne bakabaka, era n'eri abaana ba Isirayiri. (Ebikolwa 9:15)**

Wasomye mu lusoma olwakaggwa nti ekiruubirirwa kya Katonda kuleetera abantu bonna eri okumanya n'okujjula Mukama waffe Yesu Kristo. Ekiruubirirwa kya Paulo eky'obuweereza kyali kisa kimu n'enteekateeka n'ebigendererwa bya Katonda. Singa Paulo yali awandiise ekiruubirirwa kye, kyandibadde:

"Ekiruubirirwa kyange eky'obuweereza kwe kuba n'erinnya lya Yesu Kristo oku:

…Eri bannamawanga (ensi ezitali Yisirayiri)

… Ba kabaka (abakulembeze)

… Amawanga ga Yisirayiri (Abayudaaya)

**OMUGASO GW'EKIRUUBIRIRWA.**

Enjogera y'ekiruubirirwa yamugaso kubanga…

**EKUWA OKULUŊŊAMIZIBWA:**

Okwolesebwa ky'ekifaanyi ekikuli mu bwongo bwo obulaga ekyo kyoyagala okutuukako. Baibuli eraga:

**Awatali kwolesebwa abantu tebaba beegendereza,naye wa mukisa oyo akuuma amateeka ga Mukama. (Engero 29:18)**

Katonda atuwadde okwolesebwa okwa wamu mu kigambo kye, naye era naawe otekeeddwa okubeera n'okwolesebwa. Olina okubeera n'okumanya obuweereza bwo Katonda kya buyita. Oteekeddwa okuweereza n'okwolesebwa okunnyonnyoddwa obulungi.

Katonda waaleta okwolesebwa. Takyusa ndowooza ye nga bantu bwe bakola. Abantu n'ebitongole webaseesetuka okuva ku kwolesebwa Katonda kwe yabawa, ekiddirira buba buyogaano, bizibu n'akulemererwa.

**KIREETAWO OKULABISIBWA BAIBULI MU MAASO G'ENSI YONNA.**

Ekiruubirirwa kireetera Baibuli okulabibwa mu nsi yonna kubanga olina okwekkenneenya mw'owelereza okusobola okuzuula ekiruubirirwa kyo. Wookola kino, otandika okuteegera ebyetaago by'omwoyo mu kitundu, eggwanga, n'ensi mw'owelereza.

Eky'okulabirako, Paulo yeekenneenya embeera y'omwoyo ey'ekibuga kya Ateene. Omutima gwe gwayimusibwa kubanga yamanya era n'ategeera ekiruubirirwa ky'obuweereza. Yagabana enjiri eno n'abatuuze b'ekibuga kino banammawanga. (Ebikolwa 17:16-34)

Ekiruubirirwa ky'ekuusa ku kyetaago. Okuzuula ekyetaago kiretawo okuleetwao okulabibwa Baibuli eri ensi yonna. Otandika okulaba ensi nga Katonda bwagiraba.

**KIREETAWO ENTEGEKA:**

Ekiruubirirwa kireetawo entegeka. Womanya ekiruubirirwa kyo, osobola okukola enteekateeka okutuukiriza okwolesebwa okwo. Ekiruubirirwa ekitali kigenderere kireetera okuteekateeka okutali kugenderere.

Otuukiriza omulimu gwa Katonda si lwa kwagala bwagazi oba okwefuula akola ennyo. Okukola kusobola okukuletera okusubwa ekigendererwa bw'oba tolina kwolesebwa.

Waliyo emirimu emirungi gy'osobola okukola. Osobola okwefuula akola ennyo ku lwa Katonda, naye buwereza ki bwakuwadde okukola? Kino ky'ajja okuweerako empeera. Kyetaagisa nnyo okukola ekyo Katonda ky'akuyitidde, n'okikola bulungi okusinga okukola ebintu ebingi.

Yesu y'akatiriza obukulu bw'ekiruubirirwa eri Marita bwe yagamba:

**Naye Mukama waffe n'amuddamu nti, "Maliza, Maliza, ebintu ebikutawaanya bingi. (Lukka 10:41)**

Ekiruubirirwa gwe mugongo gw'okufuna eby'enkizo. Eby'enkizo byo we biba bisa kimu ne by'enkizo by'obwakabaka bwa Katonda, buli kintu kyoyagala okutuukiriza obuweereza kijja kukuweebwa.

**Naye musooke munoonye obwakabaka bwa Katonda n'obutuukirivu bwe, ebyo byonna mulibyongerwako. (Matayo 6:33)**

Eby'ensimbi, abantu, n'ebintu ebirala… buli kimu kyoyagala olw'obuweereza obutuukiridde, bikuweebwa singa obwakabaka bwa Katonda kye ky'enkizo mu bulamu bwo.

Buli buweereza bulina eby’enkizo. W’otaba na by’ankizo bikwatagana na Kigambo kya Katonda, biba bisobola okumeruka nebifuuka emize, oba obuzito abantu bwe bakuteekako, eby’etaago oba ebiseera ebizibu. Ojja kuleetera ensi okuwa eby’enkizo so si ebyo Katonda by’akuwa.

Ekiruubirirwa kikuwa entegeka kulw’obuweereza obutuukiridde. Gwe mugongo ogw’okusalawo n’okuteeka mu nkola enteekateeka n’okubalirira eby’ensimbi. Okumiira amaaso go ku buweereza Katonda bwakuyitidde n’olema kusagaasagana.

Kubanga akaseera kasigadde katono, Yesu akomewo, kubanga ebyetaago bingi, kubanga ennaku mbi, otekeddwa okuba n’ekiruubiririrwa:

**Mutunule nga mutambula n’obwegendereza, si ng’abatalina magezi wabula ng’abalina amagezi.**

**Nga temwonoona biseera kubanga ennaku zino mbi. (Abaefeso 5:15-16)**

Enteekateeka za Paulo, entambula ze n’obuweereza, byaali bya buweereza Katonda bweyali amuyitidde. Teyamala budde bwe ng’akola emirimi egyiyitibwa emirungi, wabula okukola ekyo Katonda kye yali amuyitidde.

**KIJJAWO OLUYOGAANO:**

Awatali kiruubirirwa kinnyonnyoddwa bulungi, oluyogaano terubula wo. Tewali bumu mu birowoozo na mu bikolwa. Awo obutategeeragana n’ennyombo nebimeruka wo.

Mu biseera eby’endagaano enkadde, baateranga okukozesa omulele okuyita abantu mu lutalo. Omulele gulina kuvugira waggulu ng’era guwulikika bulungi, awatali ekyo amaggye g’akatonda gaba mu luyogaano. (Okubala 10:9 ne 1 Abakolinso 14:8)

Ekiruubirirwa ekitegerekeka kiringa eddoboozi ly’omulere eriyita abantu eri olutalo. Kireetera abantu ba Katonda okukola. Naye omukulembeze ayita abantu eri olutalo lw’omwoyo alina okuba n’ekiruubirirwa ekitegerekeka obulungi.

**KIREETERA OKW’EKEBERA:**

Bw’oba omanyi ekiruubirirwa ky’obuweereza bwo, osobola okwekebera okulaba oba okyali mu nteekateeka ya Katonda. Kubanga Paulo yamanya era n’ategeera ekiruubirirwa kye, y’ekebera mu buweereza era n’agamba:

**Bwe ntyo, Ayi Kabaka Agulipa, ne sinyooma kwolesebwa okwo okwava mu ggulu. (Ebikolwa 26:19)**

Ojja kumanya okusinga wo ku kw’ekebera mu ssuula eno oluvannyuma ko.

**EREETERA OBUWEEREZA OBW’OBUYINZA N’AMAFUTA:**

Kubanga omanyi ekiruubirirwa kyo nga ggwe, era nga kisa kimu n’ekiruubirirwa kya Katonda, ajja kufuka amafuta ku buweereza bwo. Osobola okuweereza mu maanyi n’obuyinza kubanga omanyidde ddala ekyo Katonda kyakuyitidde okukola.

**OKUKOLA ENJOGERA Y’EKIRUUBIRIRWA.**

Ojja kukola Enjogera y’ekiruubirirwa eky’obuweereza nga kisa kimu n’ekiruubirirwa n’enteekateeka ya Katonda. Weetaaga enjogera y’ekiruubirirwa ekikyo ekisobola okuddamu ekibuuzo kino:

“Obuweereza bwange bujja butya mu biruubirirwa n’enteekateeka za Katonda?”

Era weetaaga enjogera y’ekiruubirirwa eky’awamu ekisobola okuddamu ekibuuzo kino: “ekitongole, ekkanisa gy’endimu ejja etya mu nteekateeka za Katonda?”

(Ekitongole kyo oba ekkanisa bw’eba nga erina enjogera y’ekiruubirirwa, kyekaanye ng’okozesa akannyomero k’okwongera okusoma mu ssuula eno)

Oteekeddwa okuwandiika, “Enjogera y’ekiruubirirwa:”

**Awo Mukama n’anziramu n’ayogera nti,Wandiika okwolesebwa okwo ku bipande.Kuwandiike bulungiate omubaka gwe banaatuma, akutwale bunnambiro. (Kabakuuku 2:2)**

Ensonga lwaki olina okukiwandiika eri…

1. Kuwandiike bulungi: Bw’oba ng’okwolesebwa kw’olina mu mutwe gwo si kkuluŋŋamu, tekuvaayo bulungi. Okuwandiika ekiruubirirwa kikuyamba okwekkenneenya Katonda ky’akuyitidde okukola.
2. Kisobole okutegeezebwa abalala. Abantu basobola okukakibwa bakitwale bunnambiro, abantu bakituukiriza bwe bakisoma n’okukitegeera.

Gino gy’emitendera egyigobererwa okukola enjogera y’ekiruubirirwa eky’obuweereza:

**OKUSABA:**

Oteekeddwa okwogera ne Katonda, okusobola okuzuula ekigendererwa kyo mu buweereza. Musabe akuluŋŋamye nga wewekenneenya ebyo ebikwetooloodde woba osoma ekigambo kye.

**WEEKENNEENYE EBIKWETOOLOODDE:**

Okusobola okutuukirira, ekiruubirirwa kyo tekiyina kukwatagana n’ekya Katonda kyokka wabula nebyo ebikwetooloodde. Ekiruubirirwa kyo kirina okukwatagana n’abantu Mukama baakuyitidde okuweereza mu.

Okwekenneenya ebikwetooloodde kwe kusoma oba okutegeera abantu n’obutonde bw’ekitundu mw’oweerereza. Ky’amakulu nnyo y’ensonga lwaki lwaki ‘Harvestime International Institute’ ekuwa essomo ddamba ku nsonga eyo.

W’oba nga osoma amasomo gano mu mitendera gy’ago amatuufu, omaliriza okusoma, “Okwekenneenya Ebikwetooloodde.” Ddamu weekenneenye ebyo bye wasoma obikozese okusobola okuwandiika “Enjogera y’ekiruubirirwa” kyo.

W’oba tonnasoma ssomo erya, “Okwekenneenya Ebikwetooloodde.” Kikakatako okusooka okulisoma nga tonnaba kuwandiika “Enjogera y’ekiruubirirwa” ky’obuweereza.

“Okwekenneenya Ebikwetooloodde” okufunze kukuyamba ko okutegeera abantu b’oweererezamu, embeera yaabwe ey’omwoyo, ebyetaago byabwe, engeri gy’ebakolaganamu n’abantu, eby’obuwangwa by’abwe mwe babeera. Olw’okumanya kuno, kikusobozesa bulungi okubabuulira enjiri.

Ekiruubirirwa n’enteekateeka tebirina kukolebwa okusinziira ku kirowooza oba okutegeka okulungi. Birina kukolebwa okusinziira ku by’etaago by’omwoyo ng’era ebiruubirirwa bya Katonda bwe bisinziira

ku byetaago by’ekibi ky’ensi. Obuweereza obusinga bulemererwa kubanga tebuweereza kusinziira kw’ebyo by’etooloodde bantu be baweerererezaamu.

Kiba ky’amugaso nnyo okwekenneenya ebyo ebyetooloode abantu kubanga ensi gy’etulimu ekyuka buli kaseera. Era okusobola okuweereza eri eby’etaago by’abantu eby’omwoyo, oteekeddwa okumanya ebyo ebibetooloodde.

Ekisinga mu byonna kiri nti, okwekenneenya ebikwetooloodde kiraga amaanyi agalemesa abantu mu kifo ekimu oba ekirala. Osobola okusaba, okusiba era n’olemesa amaanyi gano.

Okwekenneenya ebikwetooloodde mulimu era okwekenneenya amaanyi go n’obunafu bwo. Buli muntu era buli buweereza buli amaanyi n’ebirabo ebibaawula ku buweereza obulala bwonna. Era buli muntu n’obuweereza bulimu obunafu obusobola okukosa obusobozi okutuukiriza obuweereza bwabwe.

Teba ndowooza mbi okulowooza ku bunafu bwo. Okwekebera kutaasa okulemererwa. Singa Yisirayiri yali yasaba n’eyekebera embeera gy’eyalimu ey’omwoyo mu Ai, tebandiwanguddwa. Katonda yandibalaze ekizibu era bandisobodde okukigonjoora nga tebanagenda mu lutalo n’omulabe. (Yoswa 7)

Naye tosobola kuwangula nga buli kiseera w’efumiitiriza ku bunafu bwo. Owangulwa ng’aweefumitiriza ku maanyi g’olina n’ogakozesa olw’ekitiibwa kya Katonda. Mu kaseera k’ekamu olina okumanya nti obunafu bwo buwa enkizo amaanyi ga Katonda okusobola okulabisibwa.

Bw’oba nga weekebera obunafu bwo, olina okumanya kino:

**Buli mulundi ng’aŋŋamba nti, “Ekisa kyange kikumala, kubanga amaanyi gange gatuukirira mu bunafu.” Noolwekyo kyennaavanga nneegulumiza n’essanyu lingi olw’obunafu bwange, amaanyi ga Kristo galyoke galabisibwe. (2 Abakolinso 12:9)**

Bw’oba nga weebekera obusobozi bwo, olina okumanya kino:

**Kubanga njogera olw’ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekyo ky’asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky’okukkiriza. (Abaruumi 12:3)**

**SOMA EBY’AWANDIIKIBWA KU NJOGERA Y’EKIRUUBIRIRWA:**

Enjogera yo ey’ekiruubirirwa erina kusinziira ku Baibuli. Kino kitegeeza nti erina okukwatagana n’ekiruubirirwa eky’awamu ekya Katonda kye twasomyeko mu ssuula eyookubiri.

Zino wansi z’ezimu kunnyiriri endala ezisobola okukuyamba okutegeera ekiruubirirwa ekya Baibuli. Ng’osoma ennyiriri zino, wandiika okwefumiitiriza n’ebigambo by’ofuna mu zzo ebinaasobola okukuyamba okuwandiika “Enjogera y’ekiruubirirwa” kyo.

- Isaaya 1:1-20
- Matayo 7:33, 9:37-38, 10:7-8, 38-39, 16:24-25, 28:18-20
- Makko 1:17, 8:34-35, 11:25-26, 16:15-18
- Lukka 4:16-19, 5:10, 9:2, 10:2-9, 12:29, 14:26-27, 22:29, 24:46-49
- Yokaana 2:21, 4:35, 6:27, 15:16, 20:21-22
- Ebikolwa 1:1-14, 2:42-47, 12:5, 12, 14:27
- Abaruumi 10:13-15

- 1 Abakolinso 13
- 2 Abakolinso 4:3-4
- Abaefeso 1:21, 2:1-9, 19-22, 4:14-16, 5:25
- Abakolosayi 1:2, 18, 4:5-6, 3:12-16
- 1 Abassessalonika 2:12
- 1 Timoseewo 6:17-19
- Tito 2:14, 3:1, 8, 14
- Abaebbulaniya 9:12, 10:25
- Yakobo 1:17-27
- 1 Peetero 2:1-12.

**WANDIIKA ENJOGERA Y'EKIRUUBIRIRWA:**

W'oba ng'ogoberedde emitendeera gy'essaala, okwekenneenya ebikwetooloodde, n'ebiruubirirwa bya Katonda nga webiragiddwa mu kigambo kye, oli mwetegefu okuwandiika enjogera y'ekiruubirirwa kyo.

Maliriza kino:

"Ekiruubirirwa ky'obuweereza bwange kye…"

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

Kyawandiikibwa ki kye wasomye ekikaanya enjogera y'ekiruubirirwa kyo? Wandiika ebijulira wammanga:

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________
____________________________________________________________________________

Kati wandiika enjogera y'ekiruubirirwa eky'obuweereza obwa wamu mw'oli (ekkanisa yo, ebitongole, enzikiriza n'ebirala)

"Ekiruubirirwa ky'obuweereza buno kye…"

______________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________

Byawandiikibwa ki bye wasomye ekikaanya n'enjogera y'ekiruubirirwa eky'ekitongole kino?

Wandiika ebijulira wammanga:

______________________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________________
______________________________________________________________________________________

**WEKAANYE ENJOGERA Y'EKIRUUBIRIRWA:**

Wekaanye enjogera y'ekiruubirirwa ky'owandiise:

1. Kikwatagana n'ekiruubirirwa kya Katonda ekya wamu nga wekiragibwa mu Baibuli? Kya Baibuli? Wanokoddeyo eby'awandiikibwa ebikaanya ekiruubirirwa kyo?
2. Enjogera y'ekiruubirirwa ewandiikiddwa bulungi okusobola okutegeerekeka?
3. Enjogera y'ekiruubirirwa ekwatagana n'ebyetooloodde ekitundu mwoweelereza? Ekituukiriza ebyetaago by'omwoyo mu kitundu?
4. Eraga ensonga lwaki obuweereza weebuli okusinga okunnyonnyola entegeka, n'empereeza?
5. Eraga obusobozi obusukkulumu ku buweereza obugya? Oba nedda. Kino wansi ky'ekiraga obutali busukkulumu:
   "Ekigendererwa kya Harvestime International Network kwe kutendeka abantu 100, ng'abakulembeze b'obukristaayo."
   Wetuba tumaze okutendeka abakulembeze 100, ekiruubirirwa kyaffe kijja kuba kituukiridde. Tetulina kwolesebwa kwa buweereza bwa mu maaso. Awo ekiruubirirwa kyaffe kiba kinafu nnyo.
6. Kikwata ku nsonga emu? W'ekiba nga kya wamu, tojja kumanya oba ng'okituukiriza bulungi. Kino wansi ky'ekiraga nti ekiruubirirwa kya wamu:
   "Ekiruubirirwa kya Harvestime International Network ku kutendeka abakristaayo."

   Ekyo kiraga nti tekirina mulamwa mulambulukufu okusobola okw'ekebera okumanya oba obuweereza butuukriza ekiruubirirwa kyabwo oba nedda. Okubatendeka mu ki? Lwaki? Okutendeka essira kulisa ku ki?

   Genda mu kanyomero k'okwongera okusoma ak'essuula eno osome "Enjogera y'ekiruubirirwa ekya Harvestime International Network. Enjogera ekwata ku nsonga emu era nsukkulumu. Tusobola okwekebera okulaba oba tutukiiriza ekiruubirirwa kyaffe. "Enjogera y'ekiruubirirwa" kyo bweba nga tesinziira ku byawandiikibwa, tetegeerekeka, tesinziira ku byetaago, y'awamu nnyo, awo ddamu ojiwandiike.

**OBUMU MU KIRUUBIRIRWA.**

Olw'okuluŋŋamizibwa kwa Katonda, abakulembeze balina okuteekawo ekiruubirirwa ekya wamu eky'obuweereza bwonna, ekkanisa oba ekitongole. Ekiruubirirwa kino kirina okutegeezebwa buli mutendera gw'obukulembeze bw'ekkanisa oba ekitongole. Buli muntu ssekinoomu alina okutegeera ekiruubirirwa ekyo.

Ekiruubirirwa kirina okumanyisibwa eri buli omu mu mubiri gwa bakkiriza, okusobola okukolaganira awamu mu buweereza okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa. Buli muntu w'ammanya ekiruubirirwa, kimusobozesa okukola ententeekateeka okusobola okutuuka ku kiruubirirwa. Kino kiyamba okukolera awamu ng'ekitole okusobola okutuukiriza okutuukiriza ekitundu kyabwe mu kiruubirirwa n'enteekateeka za Katonda.

Okwolesebwa okusobola okutegeezebwa obulungi ky'ekinnyusi ekiyamba okwasaganya abantu ne sente okutuukiriza omulimu gwa Mukama. Zino z'ezimu ku ngeri mwosobolera okutegeeza ekiruubirirwa kyo eri buli mukkiriza.

1. Wandiika enjogera y'ekiruubirirwa buli muntu ojimuweeko mu kyapa.
2. Somesa era ojibuulireko waakiri omulundi gumu mu mwaka.
3. Osobola okujinnyonnyola ko mu nkugaana entegeke n'ezitali ntegeke.
4. Kakasa nti abakulembeze mu buweereza bagyekenneenya buli kadde. Kino kijja okuyamba okukuuma okwolesebwa okwo mu ndowooza zaabwe.

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika ennyiriri enkulu ngoziggya mu mutwe gwo?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Enjogera y'ekiruubirirwa kye ki?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Lwaki enjogera y'ekiruubirirwa ya mugaso?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Njawulo ki eri wakati w'ekiruubirirwa n'ekigendererwa?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Njawulo ki eri wakati w'enjogera ey'ekiruubirirwa n'enjogera ey'okuyigiriza?
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Leetayo engeri nnya (4) mwe tuyinza okuyita okumanyisa ekiruubirirwa eri ekibiina ky'abakkiriza kyonna.
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Ng'ekitundu ky'okusoma essomo lino, wawandiika enjogera ey'ekiruubirirwa ky'obuweereza bwo? Wawandiika enjogera y'ekiruubirirwa ky'ekkanisa yo oba ekitongole ky'obukristaayo ky'olimu?

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

1. Obuweereza bwo bwe buba bulina enjogera ey'ekiruubirirwa, ddamu ogyetegereze nga bw'oddamu ebibuuzo bino:
    - Enjogera y'ekiruubirirwa ewandiikibwa bulungi okusobola okutegeerebwa amangu?
    - Yawandiikibwa ddi?
    - Enjogera eno ey'ekiruubirirwa eyoleka bulungi ebikolebwa mu buweereza obwa kati?
    - Ya mu Baibuli?
    - Obuweereza busobodde butya okutuukiriza ekiruubirirwa kyabwo?
    - Obuweereza bulemeddwa butya okutuukiriza ekiruubirirwa kya bwo?
    - Lwaki bulemeddwa? Kiki ekiyinza okukolebwa okusobola okutereeza okulemererwa kuno?
    - Ekiruubirirwa kitegeezeddwa bulungi mu kkanisa yo?

Okumanya kuno, weeyambise ebibuuzo bino:

- Abakulembeze bo baakisomako mu myaka ebiri egiyise?
- Waali wabaddewo okubuulira ku yo mu myaka ebiri egiyise?
- Enjogera ey'ekiruubirirwa yakubibwa mu kyapa era n'eweebwa abantu abali ekitundu ku kkuɧɧaniro?
- Buuza abantu ab'enjawulo bakubuulire ekiruubirirwa ky'obuweereza. Basobola okukikola?
- Obuweereza bwo bwe buba n'enteekateeka, entegeka, embalirira n'ebigendererwa birina okukwatagana n'enjogera y'ekiruubirirwa kyo? Enjogera ey'ekiruubirirwa ekwatagana n'ebyetaago ebyetooloodde obuweereza bwo? Bituukiriza ebyetaago by'omumaaso?
- Kiraga lwaki obuweereza weebuli so si okunnyonnyola entegeka, empereeza n'okulumya enjiri mu bitundu ebirala?
- Kiraga obuweereza obwetadde obulungi oba obukuggiddwa?
- Kikwata ku bintu ebimu? Bw'eba ng'enjogera ekwata ku bintu bingi, tojja kumanya oba etuukiriziddwa bulungi.
- Ekiruubirirwa kyetaaga okuwandiikibwa? Bwe kiba bwe kityo, goberera ebikuweereddwa mu ssomo lino mu kitundu ekituumiddwa, "Okukola enjogera ey'ekiruubirirwa."

2. Ebikolwa 13:35, era nti kabaka Daudi yakola ekiruubirirwa kya Katonda mu bulamu bwe n'obuweereza. Soma ku bulamu bwa Daudi mu 1 Samwiri ne 2 Samwiri oddemu ebibuuzo bino:
    - Daudi yazuula atya ekiruubirirwa kye?
    - Yakola ki okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda?
    - Bw'aba nga Daudi yawandiika enjogera y'ekiruubirirwa, kyandibadde kitya?
    - Daudi bw'aba nga yawandiika ebigendererwa bye okutuukiriza ekiruubirirwa kye, kyandibadde kitya?

3. Eno y'enjogera ey'ekiruubirirwa eya "Harvestime International Network:"

## HARVESTIME INTERNATIONAL NETWORK

## Enjogera ey'ekiruubirirwa.

Kyasinziira ku nnimiro z'amakungula ag'omwoyo ezaali mu nsi ezaaletera Yesu Kristo okunyikira okwekaliriza abayigirizwa be:

> *Mmwe temugamba nti, 'Ekyasigaddeyo emyezi ena amakungula gatuuke?' Kale muyimuse amaaso gammwe, mutunuulire ennimiro! Amakungula gatuuse. (Yokaana 4:35)*

Okusoomozebwa Mukama waffe kweyatuwa kwe kw'abakozi, abasajja n'abakazi abamanyi okukungula mu nnimiro z'amakungula ag'omwoyo eziri mu nsi ku lw'obwa kabaka bwa Katonda. Kino ky'ekiruubirirwa Harvestime International Network kye yeeweereddeyo, okuyingiza, okutendeka, okwagazisa n'okukunga mu ngeri y'omuyungirano ogw'abakunguzi ab'amawanga gonna abasobola oku:

1. **Okwegayirira kulw'abakunguzi b'omwoyo abali mu mawanga gonna.**

   *N'agamba abayigirizwa be nti, "Eby'okukungula bingi nnyo, naye abakozi abakungula batono. Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro ye. (Matayo 9:37-38)*

2. **Okwatula ennono z'okukungula mu mwoyo.**

   *Ebyo bye wawulira nga njogera mu maaso g'abajulirwa abangi biyigirizenga abantu abeesigwa, abalisobola okubiyigiriza abalala. (2 Timoseewo 2:2)*

3. **Okwolesa ennono z'okukungula mu mwoyo.**

   *Era okubuulira kwange n'okuyigiriza tebyali mu bigambo bya magezi ebisendasenda, naye byali mu maanyi ne Mwoyo Mutukuvu, okukkiriza kwammwe kuleme kuba kw'amagezi ga bantu wabula kwesigame ku maanyi ga Katonda. (1 Abakolinso 2:4-5)*

4. **Okutambuza obubaka bw'obwetavu obuli mu mulimu gw'okukungula mu mwoyo mu nsi yonna.**
   *Amakungula gayise,n'ekyeya kiyise,tetulokolebbwa. (Yeremiya 8:20)*

5. **Okukunga abantu abali mu mubiri gwa Kristo okukungulira mu nnimiro ezaabaweebwa mu nsi yonna, n'amakungula ag'enkomerero.**

   *Abateekuba mu kifuba kugamba nti, 'Tutye Mukama Katonda waffe agaba enkuba,eya ddumbi n'eya ttoggo,mu ntuuko zaayo; atugerekera ssabbiiti ez'okukunguliramu.' (Yeremiya 5:24)*

# ESSUULA EYOOKUNA.

## ENTEEKATEEKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola ekigambo "ekigendererwa."
- Okunnyonnyola enjawulo eri wakati w'ekiruubirirwa n'ebigendererwa.
- Okuzuulayo ebika ebikulu bibiri eby'ebigendererwa.
- Okunnyonnyola omugaso gw'ebigendererwa.
- Okunnyonnyola enjawulo eri wakati wa w'ebigendererwa by'ebbanga eggwanvu n'ebyo eby'ebbanga ettono.
- Okunnyonnyola engeri y'okulondako ebigendererwa.
- Okuwandiika ebigendererwa by'obuweereza bw'olimu.
- Okukubera ebigendererwa by'owandiise.

**OLUNYIRIRI OLUKULU:**

**Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene. (Lukka 12:47)**

**ENNYANJULA.**

Amasomo getumaze abiri gafuddeyo nnyo ku mugaso gw'ekiruubirirwa mu buweereza. Naye osobola okwogera ku kiruubirirwa n'okwolesebwa ebiro byonna n'otatuukiriza kwolesebwa. Tekimala kumanya kiruubirirwa kya Katonda eri obuweereza bwo, oteekeddwa okwetegeka okukutuukiriza.

**Omuweereza oyo eyamanya mukama we by'ayagala akole, kyokka ye n'atabikola agenda kuweebwa ekibonerezo kinene. (Lukka 12:47)**

Weeteeketeekere okumaliriza ekiruubirirwa kya Katonda eky'obuweereza bwo nga weetegeka n'amagezi. Okwetegeka y'ensonga enkulu mu ssomo lino awamu n'agaddako abiri.

Mu ssuula eno, ojja kuyiga engeri y'okwetegeka mu. Essuula eyokutaano ennyonnyola engeri y'okuteeka mu nkola entegeka zo ate eyomukaaga ennyonnyola engeri y'okuzeekenneenyamu.

**EBIGENDERERWA.**

Ekigendererwa ky'ekyo ekiba kisuubirwa okukolebwa ku nkomerero. Ky'ekyo ky'oluubirira okutuukako. Eba ntegeka. Bw'oteekawo ebigendererwa by'obuweereza, oteekawo entegeka ennuŋŋamu ey'okutuukiriza ebiruubirirwa bya Katonda. Osalawo oba nedda. Buli lunaku lw'okolerako omulimu ogumu, bw'oba oba ne bw'otoba nga mundaayo okirowozezzaako.

Okutegeka ng'otaddewo ebigendererwa oba enkola ennuŋŋamu ey'okukola ekyo ky'oba okola kiyamba okubaako ky'otunuulira n'okuluŋŋamizibwa okwa buli lunaku. Kireetawo enkola y'emirimu ekwatagana

n’ekiruubirirwa ky’obuweereza bwo. Okutegeka y’engeri y’okugondera Mukama n’okumaliriza ebiruubirirwa bye eri obulamu bwo n’obuweereza bwe.

Ebigendererwa si biragiro bya kyama. Biba ebyo by’osalawo eri ebiseera eby’omumaaso. Tebikusalirawo biseera bya mumaaso, naye engeri yakutegekamu bantu ba Katonda okukola omulimu gwa Katonda. Waliwo enjawulo wakati w’ekiruubirirwa n’ekigendererwa. Oyize nti ekiruubirirwa kuba kw’olesebwa kwa mwoyo. Kuba kumanya nsonga y’abuweereza bwo enkulu. Ekitundu kyo mu ntegeka ya Katonda.

Ebigendererwa gy’emitendera mw’oyita okutuukiriza ekiruubirirwa Katonda ky’aba akuwadde. Entegeka ziba za kukukyamba kumaliriza ekiruubirirwa ekyo. Ebiruubirirwa n’okwolesebwa tebituukirizibwa lwakuba weebiri. Olina okubaako ky’okola okubisobozesa okubaawo. Ekiruubirirwa kikusendasenda, naye ebigendererwa bikusindika mu maaso okumaliriza okwolesebwa. Ekiruubirirwa kiba nga kukkiriza. Ebigendererwa biba nga bikolwa. Ekiruubirirwa okutali ntegeka ya Katonda y’amaanyi ekimala nti ojja kutwala obulamu bwo bwonna okutuukirira. Entegeka giba mitendera emitonotono egiba mu kkubo okusobola okutuukiriza okwolesebwa Katonda kw’akuwadde. Kino ky’ekifaananyi ekiyinza okukuyambako okutegeera kino:

Ebigendererwa → Ekiruubirirwa kyaffe → Ekiruubirirwa kya Katonda eky’awamu → Okutuukirira ensi.

Weetegekereze ekifaananyi kino. Kikulaga engeri ebigendererwa gye bikuyamba okumaliriza ebigendererwa byo ebiba ekitundu ku kiruubirirwa kya Katonda. Singa buli kitundu ku mubiri gwa Kristo kimaliriza ekiruubirirwa kyakyo, awo nno n’ekiruubirirwa kya Katonda eky’amaanyi eky’okutuukirira ensi n’enjiri kiba kijja kutuukirizibwa.

## EBIGENDERERWA BYA PAULO.

Katwejjukanye enjogera ey’ekiruubirirwa kya Paulo gye wasomye mu ssuula eyookusatu, yagambye:

“Ekiruubirirwa kyange eky’obuweereza kwe kumanyisa erinnya lya Yesu Kristo eri:

… Bannamawanga (Ensi ezitali Yisirayiri)

… Bakabaka (Abakulembeze)

… Eggwanga lya Isirayiri.” (Ebikolwa 9:15)

Bino by’ebigenderwa bya Paulo, entegeka Katonda gye yamuwa okumaliriza ekiruubirirwa kye.

“Nja kuwereeza era okujulira okusobola:

… Okubazibula amaaso.

… Okubakyusa okuva mu kizikkiza badde eri ekitangaala.

… Okubakyuusa okuva mu maanyi ga Sitaani badde eri Katonda.

… Okubakulembera eri okusonyiyibwa kw’ebibi.

… Okubakulembera eri obusika bwabwe obw’omwoyo.” (Laba Ebikolwa 26:15-18)

## EBIKA BY’EBIGENDERERWA.

Waliwo ebika by’ebigendererwa ebikulu bibiri:

**Ebigendererwa byo ng’omuntu:** Zino z’entegeka z’okola okumaliriza ekiruubirirwa ky’obuweereza bwo.

**Ebigendererwa eby’awamu:** Zino z’entegeka z’okola n’abalala okumaliriza ekiruubirirwa eky’abantu b’obeera nabo mu kkuŋŋaniro, mu kkanisa, mu kiwayi ky’enzikiriza, ekitongole n’ebirala.

## ENJOGERA EY’OKUKKIRIZA.

Olw’okuba nti ebigendererwa ziba njogera z’ebyo by’oyagala okukola mu biseera by’omumaaso, ziba njogera ez’okukkiriza ezikwatagana n’okwagala kwa Katonda.

**Okukkiriza kwe kukakasa ebyo bye tusuubira, bwe butabaamu kakunkuna newaakubadde nga tebirabika. (Abaebbulaniya 11:1)**

Tokola ntegeka zo za kweyagaliza wekka. Kola entegeka ez’okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda. Bulijjo obeera weetegekedde okuluŋŋamya kwe.

**Mumanyidde ku ki ebigenda okubaawo enkya oba obulamu bwammwe bwe bunaaba? Kubanga ebbanga lye mumala nga muli balamu liri ng’olufu olulabika ate mangwago ne lubula.**

**Kino kye musaanira okwogera nti, “Katonda bw’anaaba ng’asiimye tuliba balamu ne tukola kino oba kiri. (Yakobo 4:14-15)**

Kubanga ebigendererwa ziba njogera ez’okukkiriza, zibaamu ebizibu. Oteekeddwa okuba n’okukkiriza olyoke otandike okukola. Kubanga Katonda amanyi eby’omumaaso, asobola okukuwa amagezi n’okola entegeka.

## OMUGASO GW’EBIGENDERERWA.

Ebigendererwa bikuwa ebbeetu ly’okumaliriza ekiruubirirwa kya Katonda eky’obuweereza bwo. Ensonga enkulu ey’okuba n’ebigendererwa kwe kukuyamba okulaba ng’ebintu bikolebwa okusobola okutuukiriza ekiruubirirwa kyo. Okuba n’entegeka kikuyamba okukola ebintu ne biba so si okuleka ebintu bibeere bubeezi. Entegeka ekuganya okubaako ky’okola ku kiruubirirwa kyo so si kugwira bugwizi ekyo kyonna ekiba kizze.

Ebigendererwa bikuwa okuluŋŋamizibwa kubanga ebigendererwa bizuula ekyo ekyandikoleddwa, buli omu amanya entegeka. Wabaawo kuluŋŋamizibwa n’okwewaayo eri ekiruubirirwa ekimu. Akavuyo kakendeera. Okuluŋŋamizibwa kuzibu bw’oba nga tomanyi gy’olaga. Ebigendererwa bikuwa okumanya eyo gy’olaga, kubanga kutegekera eby’omumaaso, osobola okuteebereza ebizibu n’oyiga engeri y’okubivvuunukamu nga tebinnabaawo. Osobola okuggulawo olutalo olw’omwoyo so si kwetangira.

Okwetegeka kiyamba abantu okunoonya ekifo kyabwe eky’obuweereza mu mubiri gwa Kristo kubanga ebigendererwa bizuula oyo anaakola ekintu, buli muntu mu buweereza amanya omulimu gwe. Osobola okukunga abakkiriza olw’ekiruubirirwa ekimu n’entegeka ezeetongodde.

Ebigendererwa biganya okwekebera mu buweereza. Osobola okukebera entegeka zo n’olaba oba zituukiriza ekiruubirirwa kya Katonda eri obuweereza bwo. Ojja kweyongera okuyiga ku kino mu ssuula eyoomukaaga.

Ebigendererwa bikuyamba obutava ku lugendo mu buweereza. Bw'oba tolina bigendererwa, osobola okumala obulamu bwo bwonna n'okizuula luvannyuma nti, "Ssaafuna kiruubirirwa kya Katonda." Ogenze ova mpola ku lugendo nga tolina ntegeka oba nteekateeka, nga tolina kwekebera mu buweereza olwo n'olemererwa.

Okwetegeka kukuyamba okuzuula ebikuvuga. Ebikuvuga z'ensonga ezikuleetera okukola ekintu. Ojja kwesanga ng'ogezesa ebigendererwa byo n'ebikuvuga mu buli kanyomero k'obuweereza bwo. Ojja kutandika okubuuza, "Bigendererwa ki bye nnina mu kubuulira kuno?" bigendererwa ki bye nnina mu kutandikawo olukiiko lw'ebyenfuna luno? Bigendererwa ki bye nnina mu kubudaabuda omuntu ono? Mu kuwandiika ebbaluwa eno? N'ebirala.

Otandika okukebera buli kikolebwa ng'osinziira ku ngeri gye kikwataganamu n'ekiruubirirwa ky'obuweereza bwo.

**OKULONDOBA EBIGENDERERWA**.

Ebigendererwa birina kujja okuyita mu ssaala, okuluŋŋamya kw'omwoyo omutukuvu, okusoma ekigambo kya Katonda, nemu kutegeera ekiruubirirwa kyo mu ntegeka ya Katonda. Okwetegeka tekimenyawo kusaba na kusoma Baibuli. Okwetegeka kulina kuva mu kusaba na kusoma Baibuli. Okwetegeka kulina okukwatagana n'ekiruubirirwa.

Okusaba, okusoma Baibuli n'okumanya ekiruubirirwa kyo bikulu nnyo mu kwetegeka. Awatali bino, ojja kutegeka n'okutegera kwo okw'obuntu. Amakubo go si ge ga Katonda.

**Kubanga ebirowoozo byange si birowoozo byammweera n'amakubo gammwe si ge makubo gange,"bw'ayogera Mukama.**

**Ng'eggulu bwe liri waggulu okukira n'ensi,bwe gatyo amakubo gange bwe gali ewala ennyo n'amakubo gammwe,n'ebirowoozo byange bwe biri eri ebirowoozo byammwe. (Isaaya 55:8-9)**

Ensobi y'omusajja eyali omuggaga mu Lukka 12:16-20, yali ndowooza gye yalina mu mu ye. Yakola entegeka ze nga taluŋŋamizibwa Katonda.

Katonda yamanya dda entegeka ze gy'oli, obuvunaanyizibwa bwo kwe kutegeera n'okukolera ku ntegeka ze.

**Kubanga mmanyi enteekateeka ze nnina gye muli, enteekateeka ez'okubakulaakulanya so si okubakolako akabi, enteekateeka ez'okubawa essuubi era n'obulamu obw'omu maaso," bw'ayogera Mukama. (Yeremiya 29:11)**

Kubanga olondawo ebigendererwa, okutegeka kubaamu okusalawo. Ojja kusalawo okukola ebintu ebimu n'okusalawo obutakola ebirala. Ojja kusoosowaza ebimu. By'osoosowaza biba bintu ebiba eby'omugaso ennyo okusinga ku birala. Mu kitundu eky'okweyongera okusoma, soma Lukka 12:16-20 eraga omugaso gw'okubaako by'osoosowaza.

Oyinza okwetaaga okwetegereza ennono z'okusalawo ky'okola kwamu Baibuli ezikuweebwa mu misomo gya Harvestime International Institute eziyitibwa, "Ennono z'obuwanika bwa Baibuli," ne "Okumanya eddoboozi lya Katonda." Bino bigenda kukuyamba mu kusalawo kw'okola mu kiseera ky'okwetegeka.

**OKUTEEKAWO EBIGENDERERWA.**

Bino by’ebimu ku by’oyinza okweyambisa okuteekawo ebigendererwa by’obuweereza.

**EBIGENDERERWA BITEEKWA OKUBA NGA BIWANDIIKE.**

**Awo Mukama n’anziramu n’ayogera nti,“Wandiika okwolesebwa okwo ku bipande.Kuwandiike bulungiate omubaka gwe banaatuma, akutwale bunnambiro. (Kabakuuku 2:2)**

Bw’owandiika ebigendererwa wansi, kiba kyangu okubijjukira, okubiteeka mu nkola, n’okwekebera mu nkola zo. Kino Daudi kye yakola nga bwe yategeka Yeekaalu olw’okukkirizibwa Katonda.

Daudi yagamba:

**Awo Dawudi n’ayogera nti, “Ebyo byonna biri mu buwandiike, kubanga omukono gwa Mukama gwali wamu nange, era yampa okukitegeerera ddala. (1 Ebyomumirembe 28:19)**

**EBIGENDERERWA BITEEKWA OKUKWATAGANA N’EBIRUUBIRIRWA.**

Kino kitundu kya mugaso nnyo mu kwetegeka. Bw’okola entegeka ezitakwatagana na biruubirirwa bya buweereza bwo, ojja kuba ng’okola “emirimu emirungi” so si mulimu Katonda gw’akuwadde. Ebigendererwa byo byonna bwe biba nga bikwatagana n’ekiruubirirwa, awo bijja kukwatagana na buli kinaakyo bikoleme wamu mu ntegeka y’obuweereza ey’awamu. Buli ntegeka gy’okola ejja kuba ng’ekwatagana n’ekiruubirirwa kyo. Awo nno ebigendererwa byo bijja kuba bya Baibuli.

**EBIGENDERERWA BITEEKEDDWA OKUBA NGA BIRAMBIKIDDWA BULUNGI.**

Ebigendererwa bwe biba nga tebiwandiikiddwa bulungi, tewali agenda kubitegeera. Wandiika buli kigendererwa kyo bulungi. Beera n’ekiruubirirwa kimu ku buli kigobererwa. Kifuule nga kyangu okutegeera entegeka. Jjukira nti Kabakuuku 2:2, eraga nti okwolesebwa kwokka okutegeerekeka kwe kujja okusikiriza abantu.

**EBIGENDERERWA BITEEKEDDWA OKUBA NGA BYENKANA:**

Enteekateeka ziteekeddwa okuba nga z’enkana wakati w’okukkiriza n’obuliwo. Awatali ekyo, tekiyinza kutuukirizibwa. Naye ate mungeri y’emu tolina kukugirwa n’ebyo byolina, endowooza y’obuntu, ekikula kyo oba ensimbi.

**Yesu n’abatunuulira enkaliriza n’abaddamu nti, “Eri abantu tekiyinzika. Naye eri Katonda, buli kintu kyonna kisoboka. (Makko 10:27)**

**EBIGENDERERWA BITEEKEDDWA OKUBA NGA BITEGEEREKEKA BULUNGI:**

Enteekateeka ziteekeddwa okuba nga zitegeerekeka bulungi. Kino kitegeeza nti zisobola okwanukulula ebibuuzo bino wammanga:

- Kiki kye tugenda okukola? Laga ekituufu ki ky’ogenda okukola.
- Tugenda kukikola tutya? Laga bulungi ebikolwa emitendera n’engeri gy’ogenda okutuukiriza enteekateeka.
- Tugenda kukikola ddi? Teekawo olunaku lw’okukitandikako, eky’okukimalirizaako n’obudde obw’okwekennenya entambula y’enteekateeka.

- Ani agenda okukikola? Ani anaakola emirimu egimu okuleetera enteekateeka okukola? Bantu bameka abeetaagisa? Ani alina ebirabo by'omwoyo okukikola obulungi? Abantu banaakola batya ng'ekitole?
- Kigenda kutwala ki? Gezaako okutebereza omuwendo ogwetaagisa okutuukiriza ekigendererwa. Kino kye bayita okukola embalirira y'okutuukiriza enteekateeka.
- Bw'oba obalirira ensimbi z'obuweereza ng'osinziira ku bigendererwa, era nga ebigendererwa byo by'ebimu n'ebiruubirirwa. Awo ojja kuba okozesa ssente z'obuweereza okutuukiriza ebiruubirirwa. Awatali ekyo, oyinza obutakozesa bulungi ssente.

Essomo lya Harvestime International Institute eriyitibwa "Obuwanika bw'ennono za Baibuli" eraga ennono zo mu byawandiikibwa ez'ebyensimbi ezinaasobola okukuyamba okukozesa obulungi ssente z'obuweereza. (Eky'okulabirako eky'embalirira kikuwereddwa mu kujuliza mu kitabo kino)

**EBIGENDERERWA BITEEKEDDWA OKUBA NGA BITUUKIRIZIBWA:**

Kino kitegeeza nti biteekeddwa okuwandiikibwa kikusobozesa okwekebera oba enteekateeka zituukiriziddwa oba nedda. Ojja kuyiga ku "okwekebera" mu bulambulukufu mu ssuula eyoomukaaga.

Ekigendererwa kiteekeddwa okulaga ekyo ekigenda okubaawo oluvannyuma lw'ebyo ebikoleddwa. Kino kikusobozesa okwekebera n'omanya oba okutuukiriza ebigendererwa byo. Tosobola kupima bibala bya buweereza bw'oba todaddeewo kipimo kwe bilamulwa.

**EBIGENDERERWA BIRINA OKUTEGEKEBWA N'EBYENKIZO:**

Ojja kuteekaawo ebigendererwa by'obuweereza bingi, olina kubitegeka ng'osinziira ku by'enkizo. Nteekateeka ki z'onamaliriza okusooka, bigendererwa ki ebyetaagisa okumalirizibwa nga tonnatuukiriza birala? Eky'okulabirako, oteekeddwa okusooka okubuulira enjiri ku kyalo nga tonnatandika kkanisa.

**TEEKAMU EBIGENDERERWA EBY'AMANGU N'EBIRWAWO:**

Okuteekateeka kitwala obudde. Olw'ensonga eyo, olina okuteekateeka amangu ddala. Okuteekateeka kikwatagana n'ebiseera eby'omumaaso. Waliwo ebika bibiri eby'ebiseera eby'omumaaso:

**Ebitali wala:** Ennaku entono ezijja, sabbiiti oba emyezi, by'ebiseera by'omumaaso ebitali wala. Olina okukola enteekateeka entonotono ez'akaseera nga kano. Zino z'enteekateeka z'ogenda okukola ko mukaseera kano.

**Ebiri ewala:** Ebiseera by'omumaaso eby'ewala, gw'emwaka ogujja n'egyiddirira. Olina okukola enteekateeka empanvu ez'ebiseera by'omumaaso eby'ewala. Zino z'enteekateeka z'osobola okwetegekera n'okusabira kati naye ng'ojja kuzikolako dda nnyo.

Olw'obuweereza obutuukiridde, olina okukola enteekateeka z'ebiseera eby'ewala n'ebitali by'awala nnyo. W'okola kino, ojja kuba osobola okumanya eky'okukola kati ne mu biseera eby'omumaaso. Baibuli esomesa nti, "*Musuubuze okutuusa lwe ndidda."* Kino kiba kitegeeza nti tusobola okwetekateeka n'okukola entegeka kulw'obwakabaka bwa Katonda, kati ne mu biseera eby'omumaaso okutuusa Yesu lw'anadda n'atutwala mu Ggulu.

**OKUTEEKATEEKA MUTENDERA.**

Enteekateeka zirina okuba nga nnyangu ate nga zikyusika. Enteekateeka guba mutendera oguluŋŋamizibwa omwoyo Omutukuvu. Akaseera kona beera nga weguddewo kukuluŋŋamizibwa okupya n'enteekateeka empya. Omutume Paulo yali akoze entegeka okugenda mu Asiya, naye Mwoyo Mutukuvu yamubikkulira nti si kekaali akaseera akatuufu, era Paulo n'akyusa entegeka ze n'agenda olunaku olulala. (Ebikolwa 16:6)

Ng'omaze okukola enteekateeka, wasobola okubaawo enkyukakyuka mu mbeera y'ebikwetooloodde oba mu buweereza bwo. Enteekateeka esingako esobola okubikkulirwa. Ebisoomooza bisobola okuletera okukyusa mu nteekateeka gye wasooka okukola. Ensonga y'ensonga lwaki enteekateeka erina okuba nga nyangu. Olina okuba ng'oli mwetegefu okukyusa mwekyo kye wasooka okukola nga Mukama wakuluŋŋamya. Ojja kwetaaga okukyusa mu bigendererwa, okusobola okukola ebipya, kubanga:

- Ebikwetooloodde mwowelereza bijja kukyuka, ekijja okwetaagisa okukyuka nga wekisaanidde. Eky'okulabirako: Ekibinja ekinene eky'abanoonyi bobuddamu bayinza okujja mu kitundu, ekijja okukwetaagisa okukola ennongosereza mu nteekateeka zo, osobole okuweereza gye bali.
- Ojja kumaliriza enteekateeka, weetaage endala. Eky'okulabirako; ojja kutuuka kukigendererwa kyo eky'okukolawo ekkanisa ku kyalo. Kati onaakola ki oluvannyuma?
- Omwoyo omutukuvu asobola okukuluŋŋamya okukyuusa mu nteekateeka zo.
- Oyinza okizuula nti entegeka ze wakola tezikusobozesa kutuukiriza biruubirirwa bya Katonda mu bulamu bwo ne mu buweereza.

**EBIGENDERERWA EBY'OKULABIRAKO.**

Mu kanyomero ak'okwongera okusoma mu ssuula eno, waliyo ebigendererwa eby'okulabirako by'olina okusoma. Ebituufu n'ebitali bituufu byonna bitereddwamu. Kati genda mu by'okulabirako bino obissome nga toneyongerayo mu ssomo. Eby'okulabirako bijja kukuyamba okutegeera obulungi by'osomye.

**OKUWANDIIKA EBIGENDERERWA BYO EBY'OBUNTU.**

1. Genda mu ssuula ey'okusatu wekkaanye enjogera y'ekiruubirirwa gye wawandiise ku lw'obuweereza bwo.
2. Wandiika ebigendererwa bisatu eby'obuweereza bwo eby'ebbanga ery'okumpi.
3. Wandiika ebigendererwa bisatu eby'obuweereza bwo eby'ebbanga ery'ewala.

**OKUWANDIIKA EBIGENDERERWA EBY'OBUWEEREZA.**

1. Genda mu ssuula ey'okusatu wekaanye enjogera y'ekiruubirirwa kye wawandiise eky'ekkanisa oba ekitongole.
2. Wandiika ebigendererwa by'obuweereza bisatu eby'okumpi, eby'obuweereza eby'awamu mw'oli. Oyinza okusalawo okusisinkana abakulembeze mu sinzizo okusobola okukola ebigendererwa eby'awamu.

3. Wandiika ebigendererwa by'obuweereza bisatu eby'ewala eby'obuweereza eby'awamu mw'oli. Oyinza okusalawo okusisinkana abakulembeze mu sinzizo okusobola okukola ebigendererwa eby'awamu.

**OKUKEBERA EBIRUUBIRIRWA.**

1. Ebigendererwa byo bitegeerekeka, biri mu bufunze, era bitegeerekeka bulungi?
2. Buli kigendererwa kyo kiraga ekiruubirirwa kimu?
3. Buli kigendererwa kirina enteekateeka ennuŋŋamu?
    - Kiki ekirina okukolebwa?
    - Mu ngeri ki? (Emitendera, ebikolebwa n'engeri)
    - Ddi? (Okutandika, okumaliriza, n'engeri gye kitambula mu)
    - Ani anaakikola?
    - Muwendo ki ogwetaagisa?
4. Buli kigendererwa kituukirizikika? Osobola okukikebera okulaba ng'otuukiriza enteekateeka?
5. Owandiise enteekateeka ez'ebbanga ery'ewala?
6. Ebigendererwa byo bikwatagana n'ebiruubirirwa by'obuweereza bwo?
7. Ebigendererwa byo eby'obuntu bikwatagana n'ebigendererwa by'obuweereza eby'awamu mw'oli? (Ekkanisa yo, enzikkiriza yo, ekitongole kyo n'ebirala)
8. Oli mwetegefu okuwa omutango mu ssente, obudde, ssaddaaka okuleetera enteekateeka okukola?
9. Osobola okusaba obuyambi bwa Katonda mu kutuukiriza ekigendererwa kino? Osobola singa kiba nga kikwatagana n'ekigendererwa kye eky'awamu n'ekiruubirirwa kyo mu nteekateeka ye.

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika olunyiriri olukulu ng’oluggya mu mutwe gwo.
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola ekigendererwa.
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Njawulo ki wakati w’ekiruubirirwa n’ebigendererwa?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Zzuula ebika by’ebigendererwa ebikulu bibiri
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Lwaki ebigendererwa by’amugaso?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
6. Nnyonnyola enjawulo wakati w’ebigendererwa eby’ebbanga eggwanvu n’ebye bbanga ettono.
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Olonda otya ebigendererwa?
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………
…………………………………………………………………………………………………………………………………………

(Ebiddibwamu bikuwereddwa ku nkomerero y’ekitabo)

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

1. Ebigendererwa eby'okulabirako eby'okusomako:

Eky'okulabirako, tujja kulaba enteekateeka y'ekkanisa emu kibuga Los Angeles, California, mu America. Ekiruubirirwa ky'ekkanisa eno kwe kubunyisa enjiri mu kibuga Los Angeles.

*"Tujja kubunyisa enjiri mu Los Angeles"*

Kino ekigendererwa tekituukirizikika. Banamanya batya nti batuukiriza enteekateeka eno? Bani abagenda okukikola? Batya? Biseera ki? Muwendo ki ogw'etaagisa? Banatandika batya? Ekiruubirirwa kino ky'awamu nnyo, tekiwandiikiddwa bulungi era tekiraga bulungi ngeri gy'ekigenda kukolebwamu bulungi.

Kino kye kigendererwa ekituufu:

*"Tujja kubuulira enjiri mu kitundu ky'abantu aboogera olulimi olu "Spaana" mu mailo ttaano okuva ku kkanisa yaffe."*

Tujja kutandika ku kigendererwa kino mu January 1, 2000, era tukimalirize mu December 31, 2000. Tujja kufunayo olukungaana ku buli lwakusatu olusooka mu mwezi okwekebera mubuli kyetunaaba tutuseeko

Tujja kumanya nti tutuukiriza ekigendererwa kino bwe tunaaba…

Nga tutuuse mu buli maka g'abantu abogera olulimi olu "Spaana" mu mailo 5 n'omubuulizi w'enjiri.

Nga tutaddewo ekkanisa y'olu "Spaana" ey'abantu 100, abajja.

Okutendeka abakkiriza abajja, beyongere n'omulimu gw'okubuulira enjiri mu kitundu kino.

Bano be bantu abavunaanyizibwa ku kigendererwa kino:

Joe Smith ajja kukwanaganya enteekateeka eno ng'aluŋŋamizibwa omusumba waffe. Tujja kwawulamu mailo 5 mu butundutundu era tulonde ba sentebe abanaavunyizibwa ku buli kitundu. Ebyo ebintu bijja kusalibwawo okusinziira kukikula kw'ekifo ekyo.

Buli ssentebe w'ekitundu ajja kukyaliranga buli maka era abuulirengamu enjiri. Bajja kuwandiikanga amanya n'endagiriro abakkiriza abo mwebabeera. Bajja kulekangawo akapapula ak'enjiri mu buli maka mwe banabanga bakyadde. Bajja kuwa buli akkiriza enjiri, akatabo k'enjiri ya Yokaana. Bajja kulondolanga buli mukkiriza babafuule ekintundu ku kkanisa empya mu kitundu. Joe Smith ajja kutendeka abakiriza abapya era alonde abakulembeze ab'ekkanisa empya. Abakulembeze bwe banaaba batendekeddwa era nga basimbiddwa, tujja kukola kintu ky'ekimu ne mukifo ekirala ekya Los Angeles. Kino kijja kutusobozesa okubuulira enjiri mu kibuga kyonna.

Zino ze ssente ezetaagisa okutuukiriza enteekateeka eno:

Embalirira.

$___________________ Obupapula bw'enjiri.

$___________________ Obutabo bw'enjiri ya Yokaana.

$___________________ Maapu eraga ebitundu by'enjiri.

$______________ Obutabo obulaga amannya n'endagiriro y'abakkiriza enjiri.

$______________ Ebirango ebimanyisa ekkanisa empya mu lupapula lw'amawulire olw'ekitundu.

$______________ Okusindika obubaka bwa sekinoomu eri abakiriza abajja okubaawo mu kukungaano okusooka. (Kujja kuba mu maka okusobola okukendeeza ku sente z'ekifo)

$_____________ Ebikozesebwa mu kutendeka abakiriza abajja.

Kino kijja kutuyamba okutuukiriza ekiruubirirwa kyaffe mu nteekateeka ya Katonda ey'okubunyisa enjiri mu kibuga Los Angeles. Bwe tubuulira enjiri eri buli muntu ayogera olu "Spaana" mu mailo 5 okuva ku kkanisa yaffe, tuba tutuukiriza ekitundu ku kiruubirirwa kye eri ekkanisa yaffe.

Y'eno enteekateeka gyetusobola okuddiŋŋana mu bitundu ebirala mu kibuga Los Angeles, okutuusa ng'ekibuga kyonna kibunyisiddwa enjiri.

2. Soma Engero 1:2-6. Ekyawandiikibwa kino kiraga ekiruubirirwa ky'ekitabo eky'Engero. Lukunnyonnyola lwaki ekitabo kyawandiikibwa. Ennyiri ezisigadde mu kyo zijudde ebigendererwa olw'okutuukiriza ekiruubirirwa.
3. Wammanga, by'ebimu ku biruubirirwa Katonda bye yalaga eri Yisirayiri bwe yali ng'ekyali mu buwambe bw'Emisiri. Mu Okuva 6:2-8, yagamba nti:
    - Ndibatikkulako emigugu gy'Abamisiri.
    - Ndi bawonya obuddu.
    - Ndi banunula n'omukono gwange ogw'amaanyi nga nsalira Abamisiri omusango.
    - Ndibafuula abantu bange.
    - Nnaabeeranga Katonda wammwe.
    - Ndibaleeta mu nsi gye nalayira okubawa n'omukono gwange ogugoloddwa (Ekirayiro)

Eyo yali nteekateeka nuŋŋamu, Musa yamanyisa enteekateeka ya Katonda eri abantu, naye bagaana okubikkiriza (Okuva 6:9). Ebiseera ebimu, oyinza okuba enteekateeka ey'obwakatonda ennungi, era n'ofuna okuyiganyizibwa okuva eri abantu. Naye jjukira nti, ebiruubirirwa bya Katonda n'enteekateeka za Katonda tebisobola kulemererwa. Katonda yatuukiriza ebigendererwa bye eri Yisirayiri, newaakubadde yalina okuyimusa omulembe omujja okukikola!

4. Funayo ekitongole ky'abakristaayo ky'omanyi. Mu bikolwa by'akyo, olowooza ebiruubirirwa byakyo biri ki? Olowooza ebigendererwa by'akyo biri ki?
5. Wooba omanyi tosobola kulemererwa, ebigendererwa ki eby'obuweereza ebisatu by'osobola okuteekawo? Bisabire, totya kulemererwa. Katonda asobola okuleetera okugezaako okutuukiriza enteekateeka zino?
6. Omugaso gw'ebyenkizo gulagiddwa mu lugero lw'omuggaga mu Lukka 12:16-20.
   Ono omuggaga ya…
    - Yeefangako yekka. Yali yeelowozanga n'abulamu bwe yekka okusinga obwakabaka bwa Katonda.
    - Yafangayo nnyo ku mubiri gwe okusinga omwoyo gwe.
    - Yafaayo nnyo ku bulamu bw'oku nsi okusinga obulamu obutagwawo. Eby'enkizo byo bikwatagana bitya n'obulamu obutaggwawo? Kiki ekyaleetera ensobi mu kusalawo kwe? "Yeefumitirizanga munda ye" (Lukka 12:17). Teyategeka na kiruubirirwa kya Katonda

n'ebyenkizo bya Katonda mu ndowooza ye. Eby'enkizo ebitasaanidde, bivirako ebibonerezo (Olunyiriri 20)

7. Weeyambise olukalala luno lukuyambe okukola ebigendererwa by'obuweereza bwo.

**OLUKALALA LW'OKUKOLA EBIGENDERERWA.**

Wandiika byonaakola: Nja (tujja) kukola…

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Nja (tujja) kutandika okukola ku kigendererwa kino …
Olunaku___________________________________

Nja (tujja) kumaliriza ku kigendererwa kino…

Olunaku: __________________________________

Nja (tujja) kwetegereza entambula yaakyo mu nnaku zino:

Olunaku: __________________________________

Olunaku: __________________________________

Olunaku: __________________________________

Nja (tujja) kumanya nti tutuukiriza ekigendererwa kino kubanga:

______________________________________________________________________________

Bano be bantu abavunaanyizibwa ku kigendererwa kino:

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Buli muntu anaakola kino…

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

Ekigendererwa kino kijja kutuyamba okutuukiriza ekiruubirirwa kyaffe mu nteekateeka za Katonda kubanga:

______________________________________________________________________________

______________________________________________________________________________

__________________________________________________________________________________________
__________________________________________________________________________________________
__________________________________________________________________________________________
_________________________________________________________________________________________

Guno gwe muwendo gwa ssente ogwetagibwa okusobola okutuukiriza enteekateeka eno: wandiika embalirira yo kulupapula olw’enjawulo. Embalirira y’ekyokulabirako ekuweereddwa mu kujuliza mu kitabo kino.

# ESSUULA EYOOKUTAANO.

## ABANTU N’EBIGOBERERWA: OKUTEEKA MU NKOLA ENTEKATEEKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw’onamaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola “ebigobererwa.”
- Okunnyonnyola emitendera gino wammanga okuteeka mu nkola entekateeka.
  - Okulonda
  - Okumanyisa.
  - Okusigira.
  - Okutendeka.
  - Okutegeka.
  - Okutondawo obudde.
  - Okubalirira.
  - Okusalawo.
  - Kwekenneenya.
  - Okwekebera.
- Okunnyonnyola olugero lw’amaliba n’engoye.

**OLUNYIRIRI OLUKULU.**

**Naye kaakano mu bumalirivu bwammwe mu kwagala okukikola, mumalirize omulimu ogwo, okusinziira kw’ekyo kye mulina. (2 Abakolinso 8:11)**

**ENNYANJULA.**

Mu masomo agayise, wakoze ekiruubirirwa eky’obuweereza bwo era n’oyiga okukola entegeka. Naye okukola entegeka tekimala. Nga wekiri nti okukkiriza okutaliiko bikolwa bwe kuba okufu, okutegeka okutaliiko bikolwa tekulina kyekukola.

Mu somo lino, ojja kuyiga okuteeka mu nkola enteekateeka zo. Okuteeka mu nkola enteekateeka kitegeeza kukola entegeka. Ojja kukola kino mu bigobererwa ebituufu n’abantu ab’esigwa.

**ABANTU N’EBIGOBERERWA.**

Ebigobererwa gy’emitendera gy’okola okukola enteekateeka. Ebigobererwa ze ngeri, emirimu omukulembeze gy’akola okutuukiriza enteekateeka. Abantu Katonda baakozesa mu mirimu gy’obuweereza mu nsi yonna. Ebigobererwa ebirungamu n’abantu abeesigwa byombi byetaagisa okutuukiriza enteekateeka.

**OKUTEEKA ENTEGEKA MU NKOLA.**

Wobanga onoteeka bulungi entegeka mu nkola, oteekwa okumala okugitegeera obulungi. Eno y'ensonga lwaki olina okuwandiika entegeka zo nga wekinnyonnyoddwa mu ssuula eyookuna. Jjukira nti buli ntegeka erina okubeera mu bino:

- Enjogera kwekyo kyoyagalira ddala okukola.
- Okulambika engeri gy'ogenda okugikola mu (Ebigobererwa, emitendera gy'okukoleramu)
- Ani agenda okugikola (abantu abakirimu)
- Ddi lwogenda okugikola (ennaku z'omwezi zogenda okutandikamu n'okumaliriza, ennaku z'okwekenennyezamu entambula yaayo)
- Embalirira (Eneetwala ki)

Okuteeka entegeka mu nkola, omukulembeze alinawo obuvunaanyizibwa bwe obukulu, nga muno mulimu:

**OKULONDA:**

Mu buweereza bwe obwo ku nsi, Yesu yalonda abayigirizwa ob'okumuyambako mu buweereza, bino bye bigobererwa ng'olonda abantu b'okukola nabo:

1. Abasajja n'abakazzi ab'esigwa
   Okulonda abasajja n'abakazzi ab'esigwa beebo abakkiriza enjiri nga n'obulamu bwabwe bulaze okwenenya okutuufu wamu n'enkyukakyuka. Londa abo abaayitibwa kulw'ekiruubirirwa ky'obuweereza bwo obwetongodde. Omuntu bwaba nga talina kulumirirwa eri buweereza obwo mw'oli, bajja kutuuka bagwemu obwagazi n'okwewayo okukuyamba.

   Katonda alina entegeka ya buli muntu eyeetongodde, bwe baba nga tebawerereza Katonda wayagala baweereze, tebajja kukola bulungi. Ekiruubirirwa ky'obuweereza kiteekwa okuba nga ky'ekyo kyebalina.

   Londako abo abajjuziddwa omwoyo omutukuvu era nga bali kyakulabirako kirungi (Ebikolwa 6:8). Abali mu bifo by'obukulembeze, bateekwa okuba n'embala za Baibuli ez'abakulembeze ab'omwoyo eziragibwa mu Tito 1:5-9 ne mu 1 Timoseewo 3:1-13
2. Ebirabo eby'omwoyo.
   Londa abantu ng'ebirabo byabwe eby'omwoyo bibasobosesa okutuukiriza omulimu gw'obasaba okukola. Engeri y'engeri abantu gyebalondebwamu mu biro eby'endagaano empya, okugeza: abo abalina ekirabo ky'okusomesa bayinza obutaba balungi mu kubuulira enjiri. Abo abalina ekirabo ky'okubuulira enjiri bayinza okulemererwa okuba abasumba.
3. Bye bamanyi n'obusobozi bwabwe.
   Okwongereza ku birabo by'omwoyo, abantu balina byebamanyi eby'enjawuli ne byebasobola ebyo Katonda byababawadde oba byebayize, byebafunye okuyita mu kusoma n'okutendekebwa. Lowooza ku mulimu ogwetagibwa okukolebwa, olonde abantu olw'ebyo bye bamanyi ne byebasobola nga bituukira bulungi ku mulimu gw'obuweereza obwo.
   Eky'okulabirako, Musa bweyafuna entegeka y'okuzimba Ensiisira okuva eri Katonda, yalonda abasajja abaalina obusobozi okukola omulimu ogwo (Laba Okuva 35:30-34)

N’olwekyo jjukira nti kyangu nnyo okutwala omuntu ow’omwoyo n’omutendeka mw’ekyo kyoyagala okusinga okutwala omuntu w’ensi n’omuzimba okuba omwesigwa.

4. Obumanyirivu mu buweereza.
   Kebera obuweereza bwe obwayita, omuntu waba nga aweereza bulungi mu kifo ekyefananyiriza, obuweereza bwe n’amafuta ge mu kifo ekyo gaba gakakasiddwa.

5. Amaanyi n’obunafu.
   Weekenennye amaanyi g’omuntu n’obunafu bwe. Maanyi ki gaalina agayinza okumuletera okuba mu kifo kino. Bunafu ki obuyinza okuleetawo obuzibu, era oyinza kubikwata otya singa bijja?

**OKUMANYISA:**

Olina okumanyisa entegeka zo bulungi. Abantu gye bakoma okubeera n’okumanya ku ntegeka, gye bakoma okwanguyirwa okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe. Obukulu bw’okumanyisa bweraga bulungi mu mboozi ya Baibuli ey’omunaala gwe Babeeri. Soma emboozi eno mu Luberyeberye 11:1-9.

Abantu bateekwa okumanya:

**Entegeka ey’awamu.**

Bateekeddwa okutegeera enteekateeka ey’awamu engeri gy’etuukanamu n’ekiruubirirwa kya Katonda n’ekiruubirirwa ky’ekitongole eky’enjawulo.

**Obulamulukufu bw’entegeka.**

Muno mubaamu abantu abakyenyigiddemu, embalirira, enteekateeka y’ebiseera, emitendera gy’okukoleramu n’engeri y’okwekennenyamu entegeka okumanya nti emaliriziddwa.

**Obuvunanyizibwa bwabwe obwetongodde mu ntegeka.**

Abantu bateekeddwa okumanya ekyo kye bavuunanyizibwa okukola ng abo, mu kiseera ki, mu bbanga ki, ssente meka? Ebikozesebwa, n’abantu abaliwo okubayamba okugikola.

Okumanyisa kuteekeddwa okubaamu okwagazisa abantu omulimu gw’obuweereza. Bw’oyagazisa abantu, obamanyisa ebisoomooza n’ebisikiriza omulimu guno okubanga gukolebwa. Funayo ebikusikiriza oba ensonga ezikuletera okukola omulimu gw’obuweereza. Jjukira:

**Omubaka omubi yeesuula mu mitawaana,naye omubaka omwesigwa aleeta kuwonyezebwa. (Engero 13:17)**

**OKUSIGIRA.**

Ng’omaze okumanya entegeka, oteekwa okusigira. Obuvunaanyizibwa bw’omulimu ogwetaaga okukolebwa. “Okusigira” kwe kuwa abalala obuvunanyizibwa n’obuyinza obwokola obuweereza. Bw’osigira oba owadde omuntu omulala obuvunaanyizibwa bw’omulimu ogumu, obuyinza obw’okugumala, n’embalirira y’okuba ng’omulimu gumalirizibwa bulungi.

Ekimu ku by'okulabirako bya Baibuli ku kusigira kisangibwa mu ntegeka eyakolebwa Yesero n'etuukirizibwa Musa. Soma Okuva 18:13-27. Musa yali akooye nnyo ng'amaze okukola omulimi gw'obuweereza bwe. Abasajja Musa beyasigira obuvunaanyizibwa baalina okumuwa embalirira y'omulimu gwaabwe.

Omukulembeze alina okuba ng'afaayo eri okusalawo okukulu, ebitundu by'entegeka ebisinga omugaso n'okukebera ku abo abagukola. Sigira abalala ebyo byonna ebikwata ku kukola emirimu ebyetaagibwa okumaliriza entegeka.

Bw'osigira omuntu obuvunaanyizibwa, oteekeddwa n'okumuwa obuyinza bw'okukola omulimu ogwo. Kino kitegeeza nti ota obufuzi oba amaanyi ge yeetaaga n'omuwa ebyo byonna ebyetaagisa okugukola.

Okutandikawo obuyinza n'obuvunaanyizibwa kiyamba nnyo okuwandiika eby'okukola ebimu by'ogenda okusigira omuntu. Kino ebiseera ebimu ky'ekititibwa "By'oteekwa okukola ku mulimu gwo" oba "by'oteekwa okukola mu buweereza bwo." (Laba okujuliza okuli mu kitabo kino okw'ekyokulabirako)

Bw'onnyonyola obuvunaanyizibwa bw'omuntu, kimuleetera okuba ng'awa embalirira. Kino kitegeeza nti amanyi ki ekyetaagibwa okuva gy'ali. Amanya nti ojja kukebera olabe oba amaliriza omulimu gwe oba ng'agukoze bulungi.

Mu bufunze, okusigira kubaamu okuwa abalala:

- Obuvunaanyizibwa: okukola omulimu gw'obuweereza.
- Obuyinza: okulaba ng'omulimu guggwa.
- Embalirira: enteekateeka y'okulaba ng'omulimu guggwa bulungi.

Okusigira kwa mugaso kubanga:

- Kuwewula ku mukulembeze n'akola emirimu egisingako omugaso (Laba Okuva 18:13-27, Ebikolwa 6:3-4)
- Kiwa abantu abalala obumanyirivu n'okutendekebwa mu buweereza.
- Kugoberera engeri ya Katonda eri obuweereza mu kkanisa nga buli muntu akozesa ekirabo kye eky'omwoyo olw'omulimu gw'obuweereza.
- Kuyimusa abakulembeze abapya.

**OKUTENDEKA:**

Abantu abamu b'osigidde eby'okukola bajja kuba ng'ebyokukola babimanyi okusobola okumaliriza omulimu gwabwe. Abalala bajja kuba nga beetaaga okutendekebwa. Ekika ky'okutendekebwa ekyetaagibwa kijja kusinziira ku mulimu ogukuweereddwa okukolebwa oba ebyo omuntu by'aba amanyi okukola. Abantu abamu bajja kwetaaga okutendekebwa ennyo okusinga ku balala olw'ejawukana mu buyigirize n'obumanyirivu. Emirimu egimu mizibu nnyo okukira ku mirala era nga gyetaaga ebiragiro ebiwerako.

Okutendekebwa kw’omulimu gw’obuweereza kirina okuba nga kyeyongera mu maaso. Oteekwa okunyiikiranga okwongera ku kumanya kwo, obukodyo, n’okuyamba abo b’okola nabo mu buweereza okukula mu mwoyo.

**OKUTEGEKA:**

Abantu b’otendese bateekwa okuba nga beetegese bulungi okusobola okukolera awamu obuweereza. Okwetegeka bwe bujulizi obulabibwako olw’okugabana kw’ekiruubirirwa. Essaawa yonna abantu ababiri bwe basalawo okukolererera ekiruubirirwa ky’ekimu, ekitongole kibeerera. Okutegeka y’engeri y’okuzimba abantu okukolera awamu okusobola okumaliriza omulimu gw’obuweereza. Okutegeka kuzimba nkola ey’okumalirizaamu entegeka. Okutegeka kuddamu ebibuuzo, nga; “Ani avunaanyizibwa okukola ki?”

Awatali ntegeka, wabaawo akavuyo. Kino kiviirako okubulwa essanyu, okwerumaluma, nokuva ku mulamwa. Eky’okulabirako kya kiri mu, eky’okulabirako: soma ku buzibu obwali mu kkanisa ya Yerusalemi mu Bikolwa 6:1-7, n’engeri abayigirizwa gye beetegeka okubimalawo.

Tokola ntegekayo ng’osinziira ku balala, leka entegeka ejje olw’ebyetaago n’enteekateka yo wamu n’ekiruubirirwa. Okwetegeka mu kkanisa eyasooka kwa kula mu ngeri eno. Si kwetegeka kwe kwaleeta obuweereza okubaawo. Bwali buweereza obwaletera okwetegeka okubaawo nga bwe kyali kyetaagisa. Emboozi eri mu Bikolwa 6:1-7 ekiraga kino.

Katonda kitaffe, Yesu Kristo, n’omwoyo omutukuvu balina enteekateeka. Buli omu alina obuvunaanyizibwa n’obuweereza bwe obunnyonnyolwa mu Baibuli.

Ekimu ku by’okulabirako ebikulu eby’omubiri ku nteekateeka gwe mubiri gw’omuntu. Katonda yakozesa eky’okulabirako kino eky’omubiri okuggyayo enteekateeka y’ekkanisa ey’omwoyo.

Ekkanisa eyitibwa “Omubiri gwa Kristo” nga Yesu gwe mutwe. Olw’okuba “Omutwe gw’ekkanisa” bwe bumu ku buvunaanyizibwa bwa Yesu mu buweereza.

Bwe muteekateeka ne Yesu ng’omutwe gwammwe, mukolera wamu ng’omubiri gw’abakkiriza okumaliriza ebiruubirirwa n’enteekateeka ez’omwoyo.

Oluusi kiyamba ne mukuba ekifaananyi ekinnyonnyola enkula y’enteekateeka zammwe ze muba mutaddewo. Ekifaananyi ekyo kiyitibwa “Ekipande ky’enteekateeka.” Mu kanyomero k’okweyongera okusoma, ak’essomo lino mulimu eby’okulabirako by’ebipande ebyo.

Okuteekateeka kubaamu okutumbula omwoyo gwokukwatagana wakati w’abo abeenyigidde mu kukola entegeka. Mubaamu okubakunga okumaliriza omulimu gw’obuweereza n’okutandikawo enkolagana ennungi wakati waabwe.

Jjukira nti mu buli nteekateeka ey’omwoyo temuli muntu asinga ku munne, ffena tuba bitundu ku mubiri gwa Kristo nga tukolera wamu okumaliriza ekiruubirirwa kya Katonda (Laba Abaefeso 1:22-23, 4:15-16, Abakolosaayi 1:18, 1 Abakolinso 12)

**OKUTEEKAWO EBBANGA:**

Wewakola entegeka mu kusooka, wateekawo, ennaku wonatandikira, okwekenneenya, n’okumalirizaamu. Kaakano olina okuteekawo obudde olw’ebintu ebirala ebiri ekitundu ku nteekateeka.

Eky'okulabirako, mu ssuula ewedde, eky'okulabirako eky'okubunyisa enjiri eri abantu aboogera olu "Spaana" mu mailo 5 okuva ku kkanisa ky'awereddwa. Ebbanga lyatekebwawo, ery'okutandika, okwekenneenya, n'okumaliriza omulimu.

W'oba nga ddala okola ku ntegeka eno, ojja kwetaaga okuteekawo ebbanga n'obudde obw'okugenda nyumba ku nyumba ng'obuulira enjiri. Obudde era bulina okutekebwawo obw'okulanga n'okusaba okunasooka mu kkanisa.

Okuteekawo obudde obwo, kijja kukuyamba okukozesa obudde bwo mu ngeri ey'amagezi. Olina okukola ekyo kubanga obudde bw'olina butono okumaliriza omulimu gw'obwakabaka:

**Ffe tuteekwa okukola emirimu gy'oyo eyantuma, ng'obudde bukyali misana: ekiro kijja, omuntu ky'atayinza kukoleramu. (Yokaana 9:4)**

**Mutunule nga mutambula n'obwegendereza, si ng'abatalina magezi wabula ng'abalina amagezi.**

**Nga temwonoona biseera kubanga ennaku zino mbi. (Abaefeso 5:15-16)**

W'okozesa obudde bwo mu ngeri ey'amagezi, oteekawo eby'enkizo. Kino kitegeeza nti osalawo okukola ebintu ebimu n'oleka ebirala. Abakulembeze abalungi beelesa okukola ebintu ebitali mu biruubirirwa na bigendererwa byabwe.

Weekenneenye buli kintu ky'okola ng'osinziira kw'ekyo Katonda kyakuyitidde okukola. Kola okuyitibwa kwo eky'enkizo. Tosagasagana na bintu birala, kabibe nga birungi oba nga byetaagisa.

Ng'olugero lw'Abaddu ne talanta. Katonda ajja kusaba embalirira ey'obuweereza buno bw'akuwadde. Osobola okumala obudde bungi ng'okola ebirungi ku lwa Katonda, n'olemererwa okukola ekyo ekituufu Katonda kya kuyitidde era kyakuyimusiriza mu buweereza.

Weetaga kalenda okusobola okuteekawo ebbanga obulungi. Okuteekawo ebbanga mulina okubaamu enteekateeka ya wiiki neya buli lunaku.

1. Enteekateeka ya wiiki.

   Ku ntandika ya buli wiiki, kola enteekateeka ya buli wiiki. Sabira ne wiiki eddirira era osabe Katonda akuluŋŋamye ng'oteekawo ebbanga ku buli kikolebwa mu lunaku. Ddamu ebibuuzo:
   - Kiki ekirina okukolebwa mu wiiki eyo? Luno lwe lukalala lw'ebyo ebiteekeddwa okusookerwako okukolebwa. Bino by'ebintu ebiyinza okuleetawo emitawaana singa tebimalirizibwa mu wiiki eyo.
   - Kiki ekisaanidde okukolebwa? Bino by'ebintu ebiddirira mu mugaso. Osobola okubikolako ng'omaliriza ebyo eby'omugaso ennyo.
   - Kiki ekyetaagisibwa okukolebwa ng'olina obudde? Bino by'ebyo byoyinza okukolako ne wiiki esobola okuddirira newatabaawo mutawana.
   - Kati weekenneenye olukalala luno, osobole okulaba ebyo byoyinza okusigira abalala. Bisigire abalala, kikuyambeko okufuna obudde okumaliriza ebyo by'olina okukola nga ggwe.

2. Enteekateeka ya buli lunaku:

Buli ku ntandikwa ya buli lunaku, saba Katonda akubikkulire ekyo ky'olina okukola mu lunaku olwo. Weekenneenye ebyo byewakola ebya wiiki. Saba Katonda akulage ebyo by'olina okukola ku lunaku olwo. Biwandiike wansi era obisengeke ng'osinziira ku by'enkizo.

Ddamu ebibuuzo by'ebimu ng'eby'enteekateeka ya wiiki: kiki ekirina okukolebwa ku lunaku olwo? Kiki ekinaakolebwa w'oba omaliriza ebyo ebikulu? Kiki ekisaanidde okukolebwa w'oba olina obudde? Kiki ekirina okusigirwa abalala?

Kakasa nti otegekawo obudde ne Mukama n'okusoma Baibuli buli lunaku. Kino kyetaagisa kubanga…

**Okutya Mukama kuwangaaza omuntu,naye emyaka gy'ababi girisalibwako. (Engero 10:27)**

**Mukama mukulembezenga mu by'okola byonna,naye anaakuluŋŋamyanga n'owangula. (Engero 3:6)**

Ng'omutume Paulo, mu kuteekateeka, beera mwetegefu okukyusaamu nga Mwoyo Mutukuvu wakulungamya. Era jjukira nti abantu y'ensonga lwaki obuweereza weebuli. Abantu tobalekerera olw'okuba oteekateeka oba oyagala okumaliriza ebyo by'oyagala okukola.

Era olina okubeera omwegendereza abantu baleme kujja ku mulamwa n'ebintu ebisobola okw'onoona obudde bwo n'amaanyi go. Okudda ne ku mirimu emirungi, kyakulwanyisa kya mulabe okukulemesa okumaliriza enteekateeka za Katonda.

Soma Nekemiya 6:10-12. Nnabbi wa Katonda yagezaako okujja Nekemiya ku kyeyali ateekeddwa okukola bwe yayita olukungaana mu nnyumba ya Katonda. Kirabika ng'eky'omwoyo. Si kyo? Nnabbi yagezaako okumatiza Nekemiya nti okubeera mu nnyumba ya Katonda kyali kyabukuumi gy'ali, era singa takikola kyandi muviirako okufa.

Naye Nekemiya yakitegeera nti Katonda yali tasindise nnabbi ono. Teyeetaba mu lukungaana. Katonda yali amugambye kukola ku kisenge era ekyo kye yakola.

3. Mu biseera ebirala:
   Ojja kwesanga nga kyetaagisa okuteekawo akaseera akalala mu nteekateeka zo. Eky'okulabirako, omusomesa mu somero ly'obukristaayo asobola okusalawo okuteekateeka obudde mu mwaka mu bitundu bina eby'enkana oba okusinziira ku lusoma mu somero. Kiba ky'amagezi era okukola entegeka y'obuweereza ey'omwaka. Saba Katonda akuluɧɧamye okukola ebigendererwa by'omwaka nga bikwatagana n'ebiruubirirwa bye. Okukola ebiruubirirwa byo mu mwaka kijja kukuyamba okutondawo entegeka ez'abuli wiiki mu mwaka ogwo.

   Abantu bwe baba nga bakolera wamu ku ntegeka, buli omu aba alina okuba ng'alina kalenda eraga ebbanga eriteekeddwawo ku nteekateeka. Kijja kibayamba okujukira kiki ekirina okukolebwa era ddi.

**EMBALIRIRA:**

Ng'oteekateeka, wakoze embalirira eraga omuwendo gwa ssente z'osuubira okusaasaanya. Ng'oteeka mu nkola enteekateeka, kozesa embalirira eno ekuluɧɧamye mu ngeri gy'osaasaanyamu ssente. Engeri

ennyangu gy'osobola okumanya engeri gy'okozesamu ssente kwe kukuuma ebiwandiiko ebiraga engeri ssente gyezikosezeddwamu, kino kiraga omuwendo gwa sente gwe wabalirira ku ntandikwa, omuwendo omutuufu ogusaasanyiziddwa, n'ezo ezisigaddewo:

Entegeka: Okufunira Baibuli nuli mukkiriza omupya mu kkanisa yaffe.

**Ensaasanya ya ssente.**

| Ekyetaagisa | ssente ezibaliriddwa | ezisaanyiziddwa | ezikyaaliwo. |
|---|---|---|---|
| Baibuli | $300.0 | $200 | $100 |

Kiyinza okwetaagisa okukyusaamu ku mbalirira eyasooka. Ebintu ebimu biyinza okupaaluka oba okuggulibwa wansi ko okusinziira kwe'kyo kye wabalirira.

**OKUSALAWO:**

Ng'eteekateeka yona eteekebwa mu nkola, omukulembeze alina okukola okusalawo ng'asinziira ku yo. Okusalawo okwa Baibuli mu masomo ga Harvestime International Institute, "Ennono z'obuwanika bwa Baibuli" ne "Okumanya eddoboozi lya Katonda" kozesa bino okukuyamba okukola okusalawo.

**OKWEKENNEENYA:**

Ng'omaze okussa mu nkola enteekateeka, olina okugyekenneenya okulaba oba nga yeyongera mu maaso. Sisinkana abo abagikolako:

- Okukasa nti buli muntu akola ekyo eky'amuweebwa okukola.
- Okukakasa nti balina ensimbi ez'etaagiisa, ebikozesebwa na buli kimu ekyetaagisibwa okukola omulimu obulungi.
- Okulaba nti enteekateeka etambulira mu budde obwagyigerekerwa.
- Okukyusaamu wekisaanidde.
- Okwanaganya entegeka n'abuli muntu.
- Okugonjoola ebizibu mu nteekateeka ne mu bantu abalimu.

**OKWEKEBERA:**

Okwekebera gwe mutendera ogw'okwekebejja enteekateeka okulaba obukulu bwayo mu kutuukiriza ebiruubirirwa by'obuweereza. Mu ssomo eriddako ojja kuyiga ngeri y'okwekebejja enteekateeka.

**OMWENGE OMUPYA N'AMALIBA AMAKADDE:**

Yesu bwe yali atandika obuweereza bwe, yasisinkana okuwakanyizibwa kungi. Abantu abamu tebakirizanga kusomesa kwe neewakubadde yasinziiranga ku mazima g'endagaano enkadde. Abalala

tebakirizanga bya magero bye yakola. Abalala abayitibwa okubeera abayigirizwa, bagaana okumuwerekera. Abakulembeze b'eddiini baali basibiddwa obulombolombo era bagaana okukyuka.

Sitaani bulijjo awakanya ebiruubirirwa bya Katonda n'enteekateeka ze. Buli lw'ojja n'enteekateeka empya ey'obuweereza ng'ekwatagana n'ekiruubirirwa kya Katonda, ojja kusanga okuwakanyizibwa. Yesu yawa eby'okulabirako bibiri ku kino bwe yagamba:

**Tewali muntu atunga kiwero kiggya mu lugoye lukadde, kubanga, ekiwero bwe kyetugga kiyuza olugoye olukadde, n'ekituli ne kigaziwa.**

**Era tewali ateeka wayini musu mu nsawo ez'amaliba enkadde. Ensawoa enkadde zaabika wayini n'ayiika n'ensawo ne zoonooneka. Wayini omusu bamuteeka mu nsawo z'amaliba maggya, byombi ne bitayonooneka. (Matayo 9:16-17)**

N'ebyokulabirako bino, Yesu yalaga nti ebiseera ebisinga si kyangu obulombolombo n'ennono z'eddiini okukkiriza enteekateeka n'okubikkulira ebipya. Yesu kino yakiraba mu buweereza bwe, ng'era n'omutume Paulo. Naawe kennyini kijja kukutuukako. Ojja kusanga okuwakanyizibwa munda ne wabweru w'ebitongole by'abannaddiini.

Wosanga okuwakanyizibwa okwo, goberera ebyo ebyatekebwawo Yesu ne Paulo. Baakolera mwebyo bannaddiini byebaali bataddewo. Baakuŋŋaananga mu Yeekaalu n'okuweereza ne baweereza nga weebali bakkiriziddwa. Tebamenya ebyo bannaddiini bye baali bazimbye, baabikiriza okubeerawo, naye tebakkirizanga bulombolombo na kuwakanyizibwa okuva eri abakulembeze b'eddiini okulemesa ebintu ebipya Katonda bye yali akola.

Nga baganiiddwa olw'emisingi gy'eddiini, Yesu ne Paulo baatwala obuweereza bwabwe wabweru wa Yeekaalu. Baazimba "amaliba amapya" abakkiriza abapya baali beeteefutefu okufuna okubikkulirwa n'omusingi omupya (Ekkanisa eyasooka). Baali beetegefu okufuna "omwenge omupya." Mu ngeri endala, ey'omwoyo, kisoboka "okuzuukiza abafu" era Katonda akola kino bulijjo.

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ……………………………………………………………………………………………………………………………………….
2. Ebigobererwa kye ki?
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Engero ez'omwenge omupya n'amaliba amapya zibikkula ki ku ngeri gy'osobola okwanɧanɧa okuwakanyizibwa eri enteekateeka n'ebiruubirirwa bya Katonda.
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
   ………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Ku lupapula olw'enjawulo, wandiika mu bufunze obuvunaanyizibwa bwa buli kintu wammanga mu kussa mu nkola enteekateeka.
   - Okulonda.
   - Okumanyisa.
   - Okusigira.
   - Okutendeka.
   - Okutegeka.
   - Okutondawo obudde.
   - Okubalirira.
   - Okusalawo
   - Okwekenneenya.
   - Okwekebera.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y'ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

1. Kino wammanga kye kipande ky'ekitongole eky'okulabirako. Kyakolebwa olw'entegeka eyannyonnyoddwa mu ssuula eyookuna ey'okubunyisa enjiri eri abantu b'omukitundu aboogera olu "Spaana" okulinaana ekkanisa emu. Ebipande ebirala biragiddwa mu kujuliza mu kitabo kino.

Yesu Kristo.
↓
Omusumba.
↓
Joe Smith

________________________________________________________________

↓ Ssentebe ↓ Ssentebe ↓ Ssentebe ↓ Ssentebe ↓ Ssentebe.

Joe Smith omuluŋŋamya w'enteekateeka eno, ali wansi w'obukulembeze bwo Musumba w'ekkanisa.

Ba ssentebe bataano balondebwa, buli omu nga alina obuvunaanyizibwa obw'ekitundu kya Mailo 1 okuva ku kkanisa.

Joe smith aluŋŋamya ba ssentebe bano abataano mu kutuukiriza enteekateeka eno omuli okukyaliira buli maka ng'ababuulira enjiri, okugaba obupapula obw'enjiri mu maka ago, n'okuwa akatabo k'enjiri ya Yokaana eri buli mukkiriza omupya.

2. Jjukira nti mu buli kitongole, teri muntu asukkulumye ku mulala. Ffena tuli bitundu bya mubiri gwe gumu ogwa Kristo ogukolera awamu okutuukiriza ebiruubirirwa bya Katonda. (Abaefeso 1:22-23, 4:15-16, Abakolosaayi 1:18, 1 Abakolinso 12)

3. Obadde okimanyi nti Baibuli eraga ensengeke y'obuwanika mu maka g'omukristaayo? Kirabika bwe kiti:

Katonda.
↓
Omwaami.
↓
Omukyala.
↓
Abaana.

Omwami gw'emutwe gw'amaka. Omukyala ye muyambi we. Abaana balina kuba bawulize eri kitaabwe ne maama waabwe.

4. Kino ky'ekipande ekiraga engeri Musa gye yakola enteekateeka.

Katonda.

Musa.

Abakulembe w'enkumi.

Abakulembeze b'ebikkumi

Abakulembeze b'amakumi attaano.

Abakulembeze b'ekkumi.

Abakulembeze b'enkumi bali abasajja 100, bano beebaluŋŋamya nga 50, abalina obubinja obutono obwabasajja 10. Abakulembeze 50 abakulembera nga abantu 10, bagenda nga eri abakulembeze ba 50, n'ebizibu byabwe. Abakulembeze ba 50, baddangamu eri abakulembeze ba 100, n'abe 100, baddangamu eri aba 1000. Ensonga enkulu ennyo ez'avanga mu bakulembeze ab'enkumi zeezatuuka ewa Musa okukola okusalawo okw'enkomeredde.

5. Musa weyafuna obukulembeze bwa Yisirayiri, Katonda yamuwa obuvunaanyizibwa bwa mirundi ena (Okuva 18:19-21)
   Obusooka: okuleeta ebizibu by'abantu eri Katonda.
   Obw'okubiri: okubasomesa engeri y'okutambulamu (Okuluŋŋamizibwa mu by'omwoyo)
   Obw'okusatu: okubasomesa mu mirimu gy'ebalina okukola.
   Obw'okuna: okufuna abakulembeze abasaanidde okumuyambako okwetikka omugugu gw'obukulembeze (Okusigira obukulembeze eri abalala)

6. Kati ng'abwolabye eky'okulabirako ky'ekipande. Kola e kipande ky'enteekateeka mu buweereza bwo.
7. Bino bye bimu kubiremesa okumanyisa. Osaanye okumanya engeri y'okubivuunuka okusobola okumanyisa obulungi entekateeka eri abalala:

   - Ennimi ez'enjawulo.
   - Olulimi oluzibu.
   - Okuleka ebyetaagisa okutegerebwa.
   - Okutya.
   - Obutafaayo
   - Obubaka obutategerekeka.
   - Obutamanya.
   - Obulombolombo.
   - Obutasoma.

8. Paulo yalaga obukulu bw'okusa mu nkola enteekateeka mu lunnyiriri luno:

   **Amagezi ge mbawa ge gano nti mumalirize ekyo kye mwatandikako mu mwaka ogwayita, kubanga si mmwe mwasooka okuleeta ekirowoozo ekyo ate era si mmwe mwali ababereberye mu kutandika okukikolerako.**

   **Naye kaakano mu bumalirivu bwammwe mu kwagala okukikola, mumalirize omulimu ogwo, okusinziira kw'ekyo kye mulina. (2 Abakolinso 8:10-11)**

9. Enteekateeka ennene eyassibwa mu nkola mu biseera bya Baibuli, yali yakuzimba yeekaalu. Nga wosoma ebijuliza bino, lowooza kw'ebyo byoyize ebikwata ku buwanika obw'ebigendererwa obwa Baibuli:

   Okuteekawo ekiruubirirwa: Okuva 25:8

   Okukola entegeka: Okuva 25-31

   Okusa mu nkola entegeka:
   - Okulonda: Okuva 35:30-35, 36:2
   - Okumanyisa: Okuva 35
   - Okusigira: Okuva 36:1-3
   - Okutendeka: Okuva 35:34
   - Okugeteka: Okuva 36-40
   - Okutondawo obudde: Okuva 36-40
   - Okubalirira: Okuva 35, 36:5-7
   - Okusalawo: Okuva 36:6-7
   - Okwekenneenya: Okuva 39:43
   - Okwekebera: Okuva 39:43, 40:33-35

# ESSUULA EYOOMUKAAGA.

## OKUTUUKIRIZA: OKUKEBERA ENTEEKATEEKA.

**EBIGENDERERWA:**

Bw'omaliriza essuula eno, onooba osobola:

- Okunnyonnyola "okukebera."
- Okunnyonnyola lwaki okukebera kw'amugaso.
- Okukola ekigobererwa mu kukebera.
- Okukebera enteekateeka z'otadde mu nkola.
- Okuzuula ensonga lwaki enteekateeka ziremererwa.
- Okukozesa by'ofunye mu kukebera kwo, okwongera okutaanya mu nteekateeka eziriwo n'okukola empya.

**OLUNYIRIRI OLUKULU.**

**Kubanga njogera olw'ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekyo ky'asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza. (Abaruumi 12:3)**

**ENNYANJULA:**

Mu ssuula eyookuna, wayize okukola ebigendererwa n'enteekateeka ezikwatagana n'eza Katonda. Mu ssuula eyookutano wayize okussa mu nkola enteekateeka. Essuula eno ennyonnyola engeri y'okukeberamu enteekateeka okukasa oba otuukiriza ebigendererwa byo oba nedda.

**OKUKEBERA.**

W'okebera ekintu kyonna, oba weekebejja, n'omanya obukulu bwakyo. Gwe mutendera gw'okwekebejja enteekateeka n'omanya obukulu bwakyo mu kutuukiriza ebiruubirirwa by'obuweereza bwo.

Ebigendererwa biraga ekyo ky'okola. Okukebera kulaga oba otuukiriza ebigendererwa ebyo. Ne Katonda yakebera omulimu gwe. Mu luberyeberye 1, y'ekebejja buli kimu kyeyali atonze, era n'alangirira nti; "Kirungi."

**OMUGASO GW'OKUKEBERA.**

Okukebera kukuleetera okuddamu eri Katonda, eri abo b'oweereza nabo, boweererezaamu, n'eri ggwe kennyini.

Okuva ku ntandikwa, Katonda abantu abasaba embalirira olw'okutuukiriza enteekateeka ze. Adamu ne Kaawa baalina obuvunaanyizibwa mu Lusuku Edeni. Ekyaletera okuba nga kibeetaagisa okuwa Katonda embalirira.

Baibuli eraga nti tulina “okwelowozaako mu ngeri esaanira” okwekebera mu bulamu bwaffe n’obwobuweereza.

**Kubanga njogera olw’ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekyo ky’asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky’okukkiriza. (Abaruumi 12:3)**

Paulo yagamba:

**Mulyoke mulonde ekisinga obulungi, olunaku lwa Kristo bwe lulituuka lubasange nga muli balongoofu abataliiko kamogo. (Abafiripi 1:10)**

Ekituufu bw’ekiba nti oddamu eri Katonda olwo obuweereza bwo bunnyonnyolwa n’olugero olwa ttalanta mu Matayo 25:14-30. Baibuli era etusomesa nti olina obuvunaanyizibwa eri boweererezaamu.

**Mulundenga ekisibo kya Katonda ekiri mu mmwe, mukiriisenga nga mukirabirira n’okwagala so si na kwemulugunya, nga mukolerera amagoba ag’obukuusa wabula olw’okujjumbira Katonda.**

**Be mukulembera temubakambuwaliranga wabula mubakulemberenga nga mubalaga ekyokulabirako ekirungi. (1 Peetero 5:2-3)**

Baibuli era eraga nti oddamu eri abo boweereza nabo. Mukola mwenna nga w’olaba omubiri gw’omuntu.

**Eriiso terisobola kugamba mukono nti, “Ggwe sikwetaaga,” oba n’omutwe teguyinza kugamba bigere nti, “Mmwe sibeetaaga. (1 Abakolinso 12:21)**

W’onaayimirira mu maaso ga Katonda ku lunaku olw’okulamulwa, emirimu gyo gyijja kukeberebwa okutegeera omuwendo gw’agyo.

**Naye Omuntu bw’aguzimbisaako ezaabu, effeeza, n’amayinja ag’omuwendo n’emiti, n’essubi, oba ebisasiro;**

**Omulimu gwa buli omu gulirabibwa, kubanga omuliro guligwolesa ku lunaku olwo, era omuliro ogwo gwe gulyoreka omulimu gwa buli omu nga bwe guli. (1 Abakolinso 3:12-13)**

Katonda alina enteekateeka ezituukiridde naye nga akozesa abantu abatatuukiridde okutuukiriza enteekateeka ze. Kubanga totuukiridde, olina okukebera obuweereza bwo buli kiseera. Okukebera kwetaagisa kubanga kukuyamba okumanya oba otuukiriza enteekateeka za Katonda n’ebiruubirirwa bye. Okukebera kukugannya okuyiga mu kulemererwa n’obuwanguzi bwo, okwekenneenya enteekateeka eziriwo n’okukola enteekateeka empya. Bw’oba nga ddala okola mulimu gwa Katonda, kyetaagisa ogukole mu kitiibwa.

## EBIGOBERERWA MU KUKEBERA.

Bwe wayize okukola ebigendererwa, wabiwandiise mu ngeri nti bisaanye okukeberebwa okulaba oba obituukiriza. Wataddeko ennaku z’omwezi okusaba okulaba oba by’eyongera mu maaso. Ebigobererwa mu kukebera y’engeri gy’okeberamu enteekateeka zo.

Gino gy'emitendera egyigobererwa mu mitendera gy'okukebera:

1. Wandiika ebigendererwa ebituukirizikika, by'onaasobola okutegeera oba okutuukiriza.
2. Teekawo ennaku z'omwezi okuzuula oba byeyongera mu maaso.
3. Saba nga tonnaba kutandika kukebera. Saba Katonda akulage obunafu bwo obwetaaga okugonjoolwa era akuluŋŋamye mu nteekateeka endala z'oyagala okukola.
4. Kebera olabe oba enteekateeka zikyali mu nnaku ezaazigerekerwa era nga zituukiriza ekiruubirirwa ekituufu.

   Wekiba nga ky'ekyo, weyongere mu maaso n'enteekateeka.
   Wekiba si kyo, wandyetaaze…
   Okwekenneenya ebigendererwa: Ddamu owandiike ebitundu ebimu oba ogyemu ebirala era owandiika enteekateeka empya. Kubanga tomanyi Katonda kituufu kyakutegekede mu biseera byo eby'omumaaso. Olina okuba ng'oli mwetegefu okukyusa. Okwekenneenya kitundu ku kwongera kw'okukkiriza kwo mu ntegeka.

   Kola mu enkyukakyuka mu bantu abakola ku kigendererwa kino. Oyinza okwetaaga abangi oba abatono oba okusikiza abo abatakyenyumiriza mu mulimu guno.

   Kyusa ennaku z'okumalirizaamu. Oyinza okwetaagayo obudde obulala okumaliriza enteekateeka. Oyinza okwetaaga obudde obungi obw'okukebera.

   Kyusa enkola: Ebigendererwa biyinza okuba ebirungi, naye nga enkola z'okubituukirizaamu nga tezikola.

   Kyusa mu mbalirira: omuwendo weguba nga gw'anjawulo kw'ogwo gwe wasooka okubalirira. Oyinza okwetaaga okugyikyuusamu.

5. Ng'omaliriza enteekateeka, gikebera okwannukula ebibuuzo bino:
   -watuuka ku kiruubirirwa? Wamaliriza kye watandika? Wakyusibwa olw'omulabe? Tokebera ng'osinziira ku by'akolebwa. Kebera ng'osinziira ku bibala. Ebyakolebwa ku kitundu ky'enteekateeka byatuukiriza omulimu?

   -Byaletera okutuukiriza ekiruubirirwa kyo nga wewasuubira?

   -Wagwira wa? Lwaki? Era otya? Nsonga ez'akuleetera okuggwa? Jjukira obutaggwaamu maanyi bunafu bwo naye bukozese ng'omukisa amaanyi ga Katonda okulabisibwa mu ggwe.

   -Wawangula otya? Lwaki? Otya? Nsonga ki ezaakuletera okuwangula?

   -Kiki kye wakola eky'enjawulo? Engeri z'anjawulo? Bantu banjawulo? Nteekateeka za njawulo?

   -Abantu b'akozesebwa bulungi mu buweereza? Obuvanaanyizibwa bwabwe bw'atukana bulungi n'ebirabo byabwe eby'omwoyo?

-Osobola okukozesa enteekateeka y'emu nate? Saba Katonda akuluŋŋamye mu kusalawo kuno. Enteekateeka zimu zisobola okukozesebwa nate, naye Katonda alina enteekateeka empya.

-Oyiga ki mu kyo ekikusobozesa mu kukola enteekateeka empya.

**LWAKI ENTEEKATEEKA ZIREMERERWA.**

Enteekateeka za Katonda ziba zituukiridde buli kiseera, naye akolera mu bantu abatali batuukirivu. Enteekateeka oluusi ziremererwa.

Eby'okulabirako:

- Olusuku Edeni yali nteekateeka eri omuntu. Naye omuntu yalemererwa.
- Enteekateeka ya Katonda eri Yisirayiri yali nti, bajulire erinnya lye eri amawanga gonna, naye baalemererwa.
- Enteekateeka ya Katonda eri Kabaka Saulo, Samson, n'abalala yalemererwa kubanga abantu tebaali batuukirivu

Okulemererwa kujja olw'omuntu obutafaayo kukola ne Katonda.

Zino z'ezimu ku nsonga ezimannyiddwa lwaki enteekateeka ziremererwa:

1. Obutaba na kwolesebwa: Abantu obutategeera kiruubirirwa oba okwolesebwa, entegeka kweyali ekitundu.
2. Obutaba na kutendekebwa: Abantu nga tebatendekebwa ku buvunaanyizibwa bwe balina okukola okutuukiriza enteekateeka. Katonda ategeka abantu kwe kyo kye bateekeddwa okukola. Abakulembeze balina okukitwala ng'ekyokulabirako.
3. Obutakozesa birabo by'amwoyo bulungi: Abantu obutaba mu bifo bituufu mu nteekateeka. Eky'okulabirako, omuntu alina ekirabo eky'okubuulira enjiri, naakola ogw'obusumba.
4. Obutayagala kuwa mutango: Abantu oba abakulembeze obutafaayo ku kusaba, obudde, amaanyi ne ssente ebyetaagisa okutuukiriza enteekateeka.
5. Obutasaba: enteekateeka yakolebwa awatali kuluŋŋamizibwa kwa Mukama.
6. Enteekateeka ezitali nnambulukufu: Ebigendererwa tebyavaayo bulungi.
7. Obutamanyisa: ebigendererwa tebyamanyisibwa bantu abakulimu.
8. Obutafaayo kukebera: tewali n'omu yakebera kulaba kulaba ngeri bintu gy'ebitambulamu. Ebisoomooza bwe byajja, enteekateeka yalemererwa. Olunaku lw'okumaliriza bwe lwatuuka, tewali yali amaliriza. Kubanga tewaali kukebera, waliwo okulemererwa okugonjoola ebisoomooza.
9. Okutya: okw'okulemererwa, okuwakanyizibwa, okw'omuntu.
10. Obutakkiriza: nti Katonda asobola okukolera mu ggwe.
11. Okwongezangayo obudde: kino kitegeeza okulwawo okukola ekintu, ng'olindirira akaseera akatuufu.
12. Eby'ekwaso:
13. Obunafu: obutafaayo, okwegayaaza.
14. Okweyagaliza: olina okuleka okweyagaliza okusobola okutuuka ku kiruubirirwa. Olina okuba ng'oli mugabi, omwoyo omugabi

15. Obutaba bumu: abantu baakola nga byabwe nebatakola ng’ekitole mu kutuukiriza enteekateeka.
16. Obutagonda: abantu tebagondera abo abali mu buyinza.
17. Okulemererwa okwekenneenya enteekateeka: enteekateeka yakyusibwa ate abantu ne batakyuka nga wekyetagisa.
18. Okulemererwa okuyigira mu byoyiseemu. Ensobi ziddibwamu singa tewaba kwekebera n’obutasobola kuyigira mu byoyiseemu.
19. Obutafaayo eri ebilambikiddwa: enteekateeka eba erina ebirambikiddwa bingi, webiba tebiyungiddwa, enteekateeka effa.
20. Okugaana okuweereza mu gonjebwa: wayitibwa kuweereza balala, wakyerabira kino, n’omera amalala.
21. Endowooza ey’okulemererwa mu kuteekateeka: bino birabisibwa mu njogera zino:
    - Tubadde ekyo tukikola bwetutyo.
    - Tetwagala kukola nteekateeka.
    - Okutegeka si kwa Baibuli.
    - Ekyo kibadde kikola bwekityo emyaka 40 egiyise.
    - Okutegeka si kwa mwoyo.
    - Tutambula na kukkiriza, tetuteekwa kutegeka.
    - Tetulina budde bwa kutegeka.
    - Siraba nsonga lwaki tulina okukyusa mu ngeri.
22. Obutaba na bukulembeze bulungi.
23. Obutaba na sente.
24. Obutaba nabakozi.
25. Obutaba mwesimbu mu kukebera.
26. Okuwakanyizibwa omulabe sitaani agezaako okutaataganya ebiruubrirwa byo (Ezera 4:1-5)
27. Okwemulugunya: buli lw’otandika okuteekateeka oba omulimu gwa Katonda, guyita mu mitendera.

Ekyokulabirako kye ky’ekkanisa eyasooka:

| | |
|---|---|
| Ebikolwa 1: | Katonda yalonda abasajja. |
| Ebikolwa 2: | yateeka abasajja abo mu buweereza. |
| Ebikolwa 3: | Waaliwo okwekubisaamu. |
| Ebikolwa4: | Ekisinde ekimanyiddwa nga Ekkanisa ky’atandika. |
| Ebikolwa 5: | Okwemulugunya mu bantu. |

Eky’okulabirako ky’alabikirako mu kitabo kya Nekemiya:

| | |
|---|---|
| Nekemiya 1: | Katonda yalonda abasajja. |
| Nekemiya 1-2: | Yateeka abasajja mu buweereza |
| Nekemiya 2-3 | waaliwo okwekubisaamu. |
| Nekemiya 3-4: | Entegeka yakolebwa. |

Nekemiya 5: okwemulugunnya mu bantu.

Obuweereza n'enteekateeka bwe butuuka ku mutendera gw'okwemulugunya, ebizibu birina okugonjoolwa, awatali ekyo enteekateeka esobola okulemererwa. Nekemiya yabigonjoola na ssaala n'etegeka ennungi (Nekemiya 5)

Abatume baagonjoola ebizibu ebyo na ssaala n'entegeka ennungi. (Ebikolwa 6)

Okwemulugunya kwa Yisirayiri tekwagonjoolwa. Y'ensonga lwaki enteekateeka ya Katonda yalwisibwawo okutuuka omulembe omulala bwe gwayimusibwa.

**OKUKOZESA BY'OJJE MU KUKEBERA.**

Okozesa by'ojje mu kukebera mu ngeri ez'enjawulo:

1. Okukebera kulaga obunafu mu bigendererwa. Oby'ekenneenya n'oyogera mu nteekateeka eziriwo okusobola okugolola obunafu.
2. Okola enteekateeka empya, ng'enkadde zituukirizibbwa.
3. Oyingira mu kuwangula kwo. Osobola okulungamizibwa Katonda okweyongera n'enteekateeka ez'obuwanguzi.
4. Oyigira mu bisobyo byo. Okizuula lwaki walemwa, era n'okola enteekateeka endala n'otadda mu nsobi zewakola.

**OKWEGEZAAMU:**

1. Wandiika olunyiriri olukulu okuva mu mutwe gwo.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
2. Nnyonnyola “okukebera”
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
3. Lwaki okukebera kwa mugaso?
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
4. Nnyonnyola emitendera gy’ebigobererwa mu kukebera.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………
5. Leetayo ensonga 5 ezimannyiddwa lwaki okutegeka kulemererwa.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
……………………………………………………………………………………………………………………………………………..
6. Leetayo engeri 4, gy’osobola okukozesaamu ebivudde mu kukebera.
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
………………………………………………………………………………………………………………………………………………
7. Kebera enteekateeka gy’otadde mu nkola. Kozesa by’ojjeemu oyongera ku nteekateeka eriwo n’okukola endala.

(Ebiddibwamu bikuweereddwa ku nkomerero y’ekitabo kino)

**OKWEYONGERA OKUSOMA:**

1. Soma Yokaana 17, mu ssaala eno Yesu akebera obuweereza bwe.
2. Mu ndagaano enkadde, omusajja Nekemiya yalina ekiruubirirwa ky'obwakatonda okuzimba ekisenge kya Yerusalemi, yeekenneenya ebyaali bimuliraanye, yakola ebigendererwa, n'ateeka mu nkola enteekateeka. Weyeyongerayo, yakebera engeri enteekateeka bwe yali etambula era n'agonjoola ebizibu nga; obutassa kimu, okubulwa amaanyi n'okwolesebwa, n'okuyiganyizibwa kw'omulabe. Okukakasa kw'omukulembeze ow'omwoyo kwe kutuukiriza ebigendererwa. Ebyo eby'akolebwa Nekemiya, nakati bikyasomwako: "Era ekisenge ky'amalirizibwa" (Nekemiya 6:15)

3. Okusoma ku kabaka Kezekiya kiraga obuwanika obw'ebigendererwa. Mulimu okwekenneenya ebikwetooloodde, okutegeka, okussa mu nkola enteekateeka n'okukebera. Sooka osome ku Kezekiya mu 2 Bassekabaka 16-20, 2 Ebyomumirembe 28-32.

   Ebikwetooloodde:
   Kezekiya yazalibwa Kabaka omwonoonyi Ahaazi. Obwakabaka bwa Yuda ne Yisirayiri bwali tebukwatagana nga bwawuddwamu. Yuda kye kyaali ekika ekitono mu bika bya Yisirayiri naye bebaali abakulembeze b'ebikka byonna ebya Yisirayiri. Ebika ekumi n'ekimu by'asikirizibwa ennono z'amaddiini ag'amawanga agaali gabalinaanye. Kezekiya ye yali Kabaka wa Yuda. Omulabe wa Yuda asooka, Bwasuuli, lyelyaali eggwanga ery'amaanyi mu kaseera ako, baali basinza maanyi ga kizikiza.

   Amaanyi ga Kezekiya:
   1. Muvumu era wamazima eri Katonda n'abantu.
   2. Omusajja wansi w'obuyinza era ow'obuyinza.
   3. Mwesimbu.
   4. Yakkiriza era nga amannyi okusaba.
   5. Yakuuma ekigambo kye.
   6. Yasa essira ku butuukirivu bwe.

   Obunafu bwa Kezekiya:

   1. Yeetoolwolwa abalabe be.
   2. Yali wa Malala.
   3. Eby'obufuzi by'amuyingira.

Ekiruubirirwa kya Kezekiya: okugatta Yisirayiri okufuuka eggwanga limu wansi wa Katonda omutuufu.

Ebigendererwa bye:

1. Okuddabiriza Yeekaalu
2. Okuzzaawo obufuzi bwa Katonda.

3. Okuzzaawo obuweereza mu nnyumba ya Katonda.
4. Okuzzaawo embaga y’okuyitako.
5. Okuzimba empereeza ya mazzi mu kibuga kya Yerusalemi.
6. Okulwanyisa amaanyi ga Sitaani okweddiza ettaka lya Yisirayiri.

Entegeka ze:

Eno y’enteekateeka gye yassa mu nkola okutukiriza ebigendererwa bye:

1. Yategeka ba kabona n’abaleevi okuzzaawo Yeekaalu n’okujilongoosa.
2. Yali kyakulabirako eri abakulembeze bonna bwe yagoberera Kabaka Daudi bye yali akoze.
3. Yazzaamu abaleevi amaanyi n’abakozi abalala nga bazimba Yeekaalu.
4. Yateekawo embaga y’okuyitako oluvannyuma lw’emyaka 260.
5. Yayita abeesigwa wonna mu Yisirayiri okubaawo ku mbaga y’okuyitako.
6. Yasaba Katonda ekisonyiwo kulw’abantu ba Katonda.
7. Yakubiriza amaggye mu maanyi g’omwoyo omutukuvu ne mu kubuulira ekigambo kya Katonda.
8. Yakozesa obuggaga bw’obwakabaka okuvujirira okuteeka amazzi mu Yerusalemi.

Okukebera:

Kezekiya yatuukiriza ebigendererwa bye. Yalina amagezi ag’okwetowaza mu maaso ga Katonda ne yeenenya amalala, n’ebiruubirirwa bye eby’obufuzi. Yeenenya olw’enkolagana n’abalabe ba Katonda, newaakubadde ebikolwa bye ebibi byaleeta ekikolimo mu mirembe egy’addirira (2 Bassekabaka 20:16-18). Mu byonna, Kezekiya yafuuka ky’akulabirako ng’omu ku bakabaka abasatu abamaanyi mu Yisirayiri.

# EBY’OKUJULIZA:

**OKUNNYONNYOLA.**

Okujuliza kuno kukuwa ebikozesebwa ebirala ebikuyamba okukozesa “obuwanika bw’ebigendererwa” mu buweereza bwo.

Nga bwewayize mu ssomo lino, eky’okulabirako ekisinga mu kutegeka gw’emubiri gw’omuntu. Katonda yagukozesa okuggyayo obulungi obuweereza bwe obwo ku nsi, omubiri y’ekkanisa nga Yesu gwe mutwe. Mu mubiri gw’omuntu, amagumba galina okukula okuwanirira okw’ekubisaamu kw’obutoffaali. Ekyo ky’ekimu ne mu nsi ey’omwoyo. Omubiri gwa Kristo wegwekubisaamu, ebyetaagisa okuwanirira okukula okwo kwetaagisa.

Kubanga ekkanisa Katonda gyakozesa mu nsi okubunyisa enjiri ey’obwakabaka bwa Katonda, ebikozesebwa ebiri mu kujuliza kuno bitunuulidde nnyo ku kutegeka kwe kkanisa. Eraga enzimba enkulu okukuyamba okutegeka ebikozesebwa eby’omwoyo ebiva mu kwekubisaamu.

Tolina kukozesa buli kimu ekiri mu kujuliza kuno. Osobola ozikozesa ng’osinziira ku bunene n’ekifo kye kkanisa yo. Amakkanisa amatono tegetaaga kutegeka ku nnene ng’amakkanisa amanene. Ekkanisa mu kyaalo ennyo teyetaaga kutegeka Kunene ng’eyomukibuga.

Jjukira buli ky’oyize mu ssomo lino: leka okutegeka kujje kubanga kwetaagisa. Tokuganya kukugira n’obuweereza bwo era togoberera abalala byebakoze. Okutegeka okulungi kuyinza obutakufuula muwanguzi. Amafuta n’omukisa gwa Katonda ku mulimu bye bikufuula. Naye okutegeka kujja kukuyamba okukozesa ebyo Katonda byakuwadde okuyamba obwakabaka bwa Katonda.

Oyinza okwetaaga okusoma amasomo gano Harvestime International Institute geegaba, aganakuyamba mu kkanisa yo mukitundu:

Ag’okwolesebwa: Lino lirimu essomo limu eriyitibwa, “Engeri z’okukungula mu mwoyo,” erikuyamba okukulakulanya okwolesebwa kw’omwoyo mu kuŋŋaaniro.

Ag’okusigira: amasomo gano gali musanvu agakuyamba okusomesa abakkiriza abappya: “Emisingi gy’okukkiriza,” “okutambulira mu bwakabaka,” “Engeri z’omwoyo: akatabo k’ebyokulwanyisa by’omwoyo,” “Obuweereza bw’omwoyo omutukuvu” “Okumanya eddoboozi lya Katonda” “Ebiyiiyo mu nkola za Baibuli” “okwennennya kwa Baibuli okusookerwako”

Ag’okwekubisaamu: muno mulimu amasomo 3 agakuyamba okwekubisaamu ng’olaba ensi mu kigambo kya Katonda, okusomesa, okubuulira, n’okukozesa ennono z’amaanyi g’ebyawandiikibwa. Era ojja kuyiga ennono z’okukuzaamu ekkanisa n’okukula ng’osimba amakkanisa amapya. Muno mulimu amasomo nga “okulaba ensi mu ndaba ya Baibuli” “obukujukuju mu kusomesa” “Enkola z’okwekubisaamu” ne “Ennono z’amaanyi.”

Ez’okwetegeka: mu mulimu ne ssomo lino, “Obuwanika bw’ebigendererwa” ejja kukuyamba okutegeka amaanyi g’omwoyo geweekubisizaamu. Ekusomesa engeri y’okukulembera, okulonda, okutendeka abakulembeze, okwekenneenya ebikulinaanye, okutegeka, okussa mu nkola entekateeka, n’okukebera emirimu gy’obuweereza. Amasoma abiri amalala ge; “Ennono z’obuwanika bwa Baibuli” ne “Okwekenneenya ebikwetooloodde”

Ez’okukunga: muno mulimu essomo limu, “Enkola z’okukunga” ejja kukuyamba okukunga ekibiina kulw’omulimu gw’obuweereza

Ez’okubunyisa enjiri: muno mulimu essomo limu, “Ekizimbulukusa ky’okubuuliira enjiri” ekuwa ebisumuluzo by’ebyawandiikibwa. Ekaatiriza obukulu bw’okuwonyezebwa n’okusumululwa n’okusimba ekkanisa ekiva mu kubunyisa enjiri.

# OKUJULIZA OKUSOOKA.

## ENJOGERA Y'EKIYIGIRIZIBWA.

Wayize mu ssuula eno nti enjogera y'ekiyigirizibwa si kye kimu n'enjogera y'ekiruubirirwa. Enjogera y'ekiruubirirwa y'ekutegeeza lwaki obuweereza weebuli. Enjogera y'ekiyigirizibwa y'enjogera y'okukkiriza ennyonnyola ekyo ekkanisa ky'ekkiriza. Ennyonnyola abalala w'oyimiridde mu biyigirizibwa era ekuwa ky'okkiririzaamu mu kwekenneenya by'osomesa, by'obuulira, n'obuweereza bwo. Eky'eky'okulabirako

### HARVESTIME INTERNATIONAL NETWORK

### Enjogera y'ekyokuyigiriza

Ekiruubirirwa n'ebigendererwa bya Harvestime International Network bitunuulidde nnono ez'omwoyo ezibikuddwa mu kigambo kya Katonda. Enjigiriza y'ekitongole y'etooloolera ku kwolesebwa okwamaanyi:

### EKIGAMBO KYA KATONDA

Ensigo

*Ensigo ky'ekigambo kya Katonda. (Lukka 8:11)*

Ebyawandiikibwa by'endagaano enkadde n'empya bye by'ekigambo kya Katonda ebituufu, gwe musingi gw'obukristaayo ogw'okukkiriza, okutegeera, obulamu n'obuweereza. Ebyawandiikibwa temuli nsobi era tebirina kugattibwako, kutolwako, oba okukyusibwa n'obulombolombo n'okubikulirwa okw'enjawulo.

*Ayi Mukama, Ekigambo kyo kinywevu mu ggulu,kya mirembe gyonna. (Zabuli 119:89)*

### KATONDA OW'OBUSATU

Nannyini nnimiro

*Noolwekyo musabe nannyini nnimiro… (Matayo 9:38)*

Obwakatonda bulimu Katonda kitaffe, Katonda omwana Yesu Kristo, ne Katonda Omwoyo Omutukuvu:

*Mwoyo Mutukuvu, n'amazzi, n'Omusaayi, era ebisatu ebyo bikkiriziganya. (1 Yokaana 5:8)*

KATONDA TAATA:

Waliyo Katonda omu, atakugirwa, w'alubeerera, mutukuvu, omutonzi we Ggulu n'ensi:

*Kubanga bw'atyo bw'ayogera Mukama eyatonda eggulu,ye Katonda eyabumba ensi n'agikola.Ye yassaawo emisingi gyayo.Teyagitonda kubeera nkalunaye yagikola etuulwemu.Ye yagamba nti, "Nze Mukama so tewali mulala. (Isaaya 45:18)*

KATONDA OMWANA, YESU KRISTO:

Yesu Kristo tafunibwa Omwoyo Omutukuvu mu ngeri ettaali ya baulijjo, n'azaalibwa Maria eyali embeerera. Yeyali ssaddaaka etuukiridde olw'ekibi kya buli muntu olw'okuffa n'okuyiwa omusaayi gwe.

Yazuukira okuva mu bafu, mumubiri gwe ogw'ekitiibwa, n'alabikako eri abangi, n'agenda mu Ggulu era ajja kukomawo ku nsi mu maanyi n'ekitiibwa. Era kati ye mutwe gw'omubiri gwe ekkanisa, yawangula amaanyi gonna ag'ekizikiza era ali ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, yegayiririra abakkiriza.

*Katonda kyeyava amugulumiza,n'amuwa erinnya erisinga amannya gonna;buli vviivi ery'abo abali mu ggulu n'abali ku nsi,era n'abali wansi w'ensi liryoke lifukaamirirenga erinnya lya Yesu,era buli lulimi lwatulenga nga Yesu Kristo ye Mukama,Katonda Kitaffe aweebwe ekitiibwa. (Abafiripi 2:9-11)*

KATONDA OMWOYO OMUTUKUVU:

Omwoyo ye yaluŋŋamya e kigambo kya Katonda, nafuka amafuta ku Yesu kulw'obuweereza bwe, najjuza ekkanisa n'amaanyi ag'ePentekote, era ajja kukyusa emibiri gy'abakkiriza egifa mu kuzuukira okw'ekitiibwa.

Mwoyo mutukuvu alumiriza ensi olw'ekibi, obutuukirivu, n'okusala omusango, agata omuntu ku Yesu Kristo mu kukkiriza n'aleetawo okuzaalibwa okujja era abeera mu mukkiriza.

Okubatizibwa kw'omwoyo omutukuvu kwa bonna abakkiririza mu Yesu Kristo era kulagibwa mu kujulira okwamaanyi, okwa Yesu eyazuukira mu bafu, n'okukakasibwa kw'obubonero obulagibwa mu bikolwa 2:4

*Naye muliweebwa amaanyi, Mwoyo Mutukuvu bw'alimala okubakkako, era munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi, ne mu Buyudaaya yonna, ne mu Samaliya okutuukira ddala ku nkomerero z'ensi."(Ebikolwa 1:8)*

Ebirabo eby'omwoyo Omutukuvu by'oyo akkiriza mu kuyita mu buweereza bw'omwoyo omutukuvu, y'awa buli muntu ngawayagadde.

*Naye Omwoyo akola ebyo byonna y'omu, y'agabira buli muntu ng'Omwoyo oyo bw'ayagala. (1 Abakolinso 12:11)*

Omwoyo omutukuvu era yaleetera ebibala by'omwoyo, okusobozesa omukkiriza okukula mu kutukuzibwa.

*Naye ebibala eby'Omwoyo bye bino: okwagala, essanyu, emirembe, obugumiikiriza, ekisa, obulungi, obwesigwa, obuwombeefu, okwefuga... (Abaggalatiya 5:22-23)*

**OMUNTU.**

Omusizi.

*Muwulirize. Waaliwo omulimi eyafuluma okusiga ensigo. (Makko 4:3)*

Omuntu yatondebwa Katonda mu kifaananyi kye ne mu ngeri ye. Okuyita mu kibi ekyasooka ekya Adamu ne Kaawa, abantu baafuna embala ey'ekibi. Omuntu tasobolera ddala kudda eri Katonda mu maanyi ge, era yabula awatali ssuubi lyonna okuleka obulokozi mu Yesu Kristo.

*Kyekyava kiwandiikibwa nti, "Adamu, omuntu eyasooka, yatondebwa ng'alina obulamu." Kyokka Adamu ow'oluvannyuma ye Mwoyo aleeta obulamu. Naye eky'omwoyo si kye kyasooka, wabula eky'omubiri obubiri kye kyasooka, n'oluvannyuma eky'omwoyo ne kijja. Omuntu eyasooka yava mu ttaka, yakolebwa mu nfuufu. Ye omuntu owookubiri yava mu ggulu. (1 Abakolinso 15:45-47)*

**OBULOKOZI.**

Amakungula.

*Naye ensigo eyagwa ku ttaka eddungi efaanana ng'omuntu awulira ekigambo n'akitegeera, n'abalira ddala ebibala, n'abala ebibala amakumi asatu, oba nkaaga oba kikumi. (Matayo 13:23)*

Obulokozi kirabo okuva eri Katonda okuyita mu kisa n'okukkiriza mu Yesu Kristo. Teri linnya ddala lyonna omwana w'omuntu mwasobolera okuyita okufuna obulokozi okuleka erinnya lya Yesu Kristo.

Olw'okuva mu kibi, n'okuleeta ebirala by'okwenenya, okukkiriza mu Yesu Kristo ne mukufa kwe olw'ebibi bya buli omu, omuntu azaalibwa omulundi ogw'okubiri eri obulamu obutaggwaawo n'omwoyo Omutukuvu.

Okuyita mu kikolwa ky'okununulibwa okuyita mukusonyiyibwa ebibi, okununulibwa okuyita mu kikoligo ky'ensi, n'ofuna eddembe mu mwoyo wa Katonda.

*Mwalokolebwa lwa kisa olw'okukkiriza. Tekwava mu mmwe, wabula kirabo kya Katonda. Tekwatuweebwa lwa bikolwa byaffe; noolwekyo omuntu yenna aleme okwenyumirizanga. (Abaefeso 2:8-9)*

**EKKANISA.**

Abakozi

*Noolwekyo musabe nannyini nnimiro, aweereze abakozi mu nnimiro ye. (Matayo 9:38)*

Ekkanisa gw'emubiri era omugole wa Kristo. Omulimu omukulu ogw'ekkanisa kwe kusomesa amawanga gonna n'okubafuula abayigirizwa, okutwala enjiri eri buli muntu n'amawanga gonna n'okukakasibwa kw'obubonero:

*N'abagamba nti, "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri eri abantu bonna. Abo bonna abakkiriza ne babatizibwa balirokolebwa, naye abo abatakkiriza balisalirwa omusango ne gubasinga. Era abo abakkiriza baligoba baddayimooni ku bantu mu linnya lyange, era balyogera ennimi empya.*

*Banaakwatanga ku misota, era bwe banaanywanga ekintu kyonna ekyobutwa tekiibakolengako kabi, era banasanga emikono gyabwe ku balwadde ne babawonya. (Makko 16:15-18)*

**OKUMALIRIZA.**

Amakungula agasembayo.

*Awo malayika omulala n'ava mu Yeekaalu, n'amugamba mu ddoboozi ery'omwanguka nti, "Tandika okukozesa ekiwabyo kyo okukungula, kubanga ekiseera kituuse era n'ebyokukungula ku nsi byengedde. (Okubikkulirwa 14:15)*

Okumaliriza ebintu byonna kuzingiramu okulabisibwa n'okudda kwa Yesu Kristo mu kitiibwa, okuzuukira kw'abafu n'okukyusibwa abo abalamu mu Kristo eri okulamulwa kw'abamazima n'abatali b'amazima. Sitaani ne bamalayika be n'abantu bonna abatali bakkiriza bajja kwawulibwa okuva eri okubeera wo kwa Katonda bagenda mu kulamulwa okw'olubeerera ng'abanunule bali mu kubeerawo kwa Katonda emirembe n'emirembe.

*Kaakano, abooluganda tetwagala mmwe obutategeera eby'abo abafu, ne munakuwala ng'abalala abatalina ssuubi. Kubanga bwe tukkiriza nti Yesu yafa era n'azuukira mu bafu bwe tutyo tukkiriza nti Katonda alikomyawo wamu naye abo abaafira mu Yesu. Kubanga ekyo kye tubategeeza mu kigambo kya Mukama waffe, nga ffe abalamu, abaasigalawo okutuusa okujja kwa Mukama waffe tetulisooka abaafa. Kubanga Mukama waffe yennyini alikka okuva mu ggulu n'eddoboozi ery'omwanguka, eddoboozi lya malayika omukulu nga liwulirwa, n'ekkondeere lya Katonda, n'abo abaafiira mu Kristo be balisooka okuzuukira, naffe abalamu abaasigalawo ne tulyoka tubeegattako, ne tusitulibwa mu bire okusisinkana Mukama waffe mu bbanga; bwe tutyo tunaabeeranga ne Mukama waffe ennaku zonna. (1 Abasessaloniika 4:13-17)*

*Ne ndaba abafu abeekitiibwa n'abatali baakitiibwa nga bayimiridde mu maaso g'entebe ey'obwakabaka. Ebitabo ne bibikkulwa, n'ekitabo ekirala ky'ekitabo eky'obulamu ne kibikkulwa. Abafu ne basalirwa omusango okusinziira ku ebyo ebyali biwandiikiddwa mu bitabo ebyo, buli omu ng'ebikolwa bye bwe byali. (Okubikkulirwa 20:12)*

**OKUJULIZA OKW'OKUBIRI.**

**ENJOGERA EY'EKIRUUBIRIRWA.**

Mu lusoma luno, wayize okuwandiika enjogera ey'ekiruubirirwa. Enjogera ey'ekiruubirirwa ya Harvestime International Network yakuweereddwa mu ssuula eyookusatu ng'ekyokulabirako. Bino by'ebimu ku by'okulabirako ebyokwekenneenya. Enjogera ezaawandikibwa amakanisa ag'enjawulo zinnyonnyola ekiruubirirwa kyabwe mu ntegeka ya Katonda.

SANFRANCISCO CHRISTIAN CENTER: ENJOGERA EY'EKIRUUBIRIRWA.

Ekiruubirirwa ekya San Francisco Christian Center kiri: Okuwa Katonda ekitiibwa ne…

1. Okumanyisa amazima g'obwa Katonda okuyita mu kutegeeza abantu.
2. Okuyigiriza abakkiriza mu kitundu abategeera ebyawandiikibwa. Ng'okukula kwabwe okw'omwoyo kweyolekera mu bulamu n'embala ya Kristo: era abeewaddeyo okubuulira enjiri.
3. Okwagazisa n'okuzzaamu abasajja n'abakazi okuzuula, okukuza, n'okukozesa ebirabo byabwe eri obuweereza bw'obwakabaka bwa Katonda.
4. Okubuulira eri abatannakyusibwa bamanyisibwe obulokozi obuli mu Kristo Yesu (Mu nsi yo n'okusuka ensalo zaayo)
5. Okuweereza abantu mu kuweebwa ebyetaago ebikulu ebirabwako n'ebyobwongo.

LOCAL CHRISTIAN FELLOWSHIP: ENJOGERA Y'EKIRUUBIRIRWA.

Local Christian fellowship eruubirira okuba ng'eyolesa Omubiri gwa Kristo (Ekkanisa). Twagala okuba nga tugondera Mukama waffe Yesu Kristo mu bintu byonna, nga tugoberera ebiteereddwawo ekkanisa y'omu ndagaano empya, n'okwewaayo okuyita mu maanyi g'omwoyo omutukuvu:

1. Okubuulira abo abatannakyusibwa ku kukkiriza mu bulokozi obwa Yesu Kristo.
2. Okuteeka mu nkola enjiri ya Yesu Kristo ewonya ebyo byonna ebitulimu n'ebibi by'omuntu, endwadde n'ebikyankalanya.
3. Okuleetawo obulamu n'embala ya Kristo eyazuukira.
4. Okuyigiriza abantu abagirimu byonna ebibakwatako n'okukuzibwa.
5. Okukuza abakulembeze ab'omwoyo abasobola okwekubisaamu ne basisinkana ebyetaago bya balala.
6. Okwagala n'okuwa Katonda ekitiibwa mu ddembe ery'omwoyo omutukuvu okuyita mu kusinza okw'awamu n'okwekyama.
7. Okusisinkana n'okwolesa omukwano oguli wakati wa Katonda n'omuntu n'eri omuntu ne muntu munne.
8. Okuleetawo obumu n'emirembe mu mubiri gwa Kristo.
9. Okuzuula, okukuza, n'okutuma abantu Omwoyo Omutukuvu b'ayise okuweereza.

FIRST FOURSQUARE CHURCH: ENJOGERA EY'EKIRUUBIRIRWA.

Ekiruubirirwa kya First foursquare church kwe kuyimusa abantu b'okukkiriza okulabisa ekitiibwa ky'obwakabaka bwa Katonda nga tuba eky'okulabirako ky'obuweereza bwa Yesu Kristo.

Tujja kusinziira mu maanyi ag'omwoyo omutukuvu nga tukozesa ebintu byonna okuyita mu ndaba ey'obuweereza obutambulizibwa ku Kristo:

Okusinza:

1. Okuyimusa abantu ab'okusinza Katonda omulamu, okuwa omwanawe Yesu Kristo, n'omwoyo Omutukuvu ekitiibwa.

Ekigambo:

2. Okusomesa n'okubuulira obulungi ekigambo kya Katonda n'okutondawo embeera ekisa kya Katonda mwe kinaalabisibwa.

Okutendeka eri obuweereza:

3. Okutendeka abantu abategeera n'okumanya okuyitibwa kwabwe mu Kristo. Okubayamba okuzuula, okukulaakulanya n'okuwaayo obusobozi bwabwe eri obuweereza.

Okusaba n'okusiiba:

4. Okukuuma empisa y'okusaba n'okusiiba mu bulamu bwe obuli awamu n'ekigambo kya Katonda. Okwegayirira okuwangula amaanyi ga Geyeena agakutte buli mbeeraya muntu, nga ye, mu nsi ye, n'amawanga amalala,

Okubuulira enjiri n'okutuukirira abalala:

5. Okwagazisa abakkiriza okwagalanga omuntu n'okwewaayo eri omulimu ogwamaanyi, okusobozesa buli maka okusobola okubuulira ekigambo kya Katonda n'obujulizi bwabwe, okuteekamu obudde ebitone, n'ebyetaagisa okusisinkana ebyetaago by'abantu mu kitundu.

Obumu mu bakkiriza:

6. Okukolera mu nkuŋŋaana z'abakkiriza mu Kristo Yesu.

Eby'ensimbi:

7. Okuzzaamu abakkiriza amaanyi okuba abawanika abeesigwa nga bakozesa buli Katonda ky'abawadde okwongerayo ebiruubirirwa byaffe.

## OKUJULIZA OKWOKUSATU:

## ENTEEKATEEKA EZ’AWAMU.

Akanyomero kano mulimu enteekateeka z’ekkanisa ez’awamu:

**EBIWANDIIKO EBIKKIRIZIBWA:**

Ekkanisa si ya byanfuna, buba buwereeza. Naye olw’amateeka ga gavumenti, ekkanisa eddukanyizibwa mu ngeri ya byanfuna

Wotandikawo ekkanisa, gezaako okumanya kiki ekyetaagisa mu mateeka mu kitundu kyo. Amateeka gaba ganjawulo mu mawanga ag’ejawulo, amasaza n’ebibuga mu nsi. Amawanga agamu tegetaaga biwandiiko wabula agamu galina obukwakulizo obw’amaanyi

1. Kyetaagisa okuwandiisa ekkanisa ne gavumenti?
2. Weetaaga okukasibwa kwa gavumenti okukkiriza okukola ng’ekkanisa?
3. Weetaaga okujjuza empapula ekkanisa ereme kuwa misolo ku bintu byayo by’erina?
4. Waliwo obukwakulizo obulemesa enkuŋŋaana z’ekkanisa?
5. Weetaaga okuwandiika by’okoze mu mwaka ne gavumenti?
6. Weetaaga ssemateeka empandiike ey’ekkanisa? (wekiba kituufu, gavumenti n’enzikiriza bajja kukugamba kuby’okuteekamu)

Nga bwekisoboka, buli ka kwakulizo ka gavumenti fuba okukatuukiriza. Naye gavumenti bw’eba nga eggaana okubuulira enjiri n’amakkanisa, kino tekirina kukulemesa. Osobola okuweerereza mu mpuku nga tokkirizibbwa. (Ebikolwa 4:16-20, 5:29)

**EBISAANYIZO BYA BA MMEMBA.**

Omuntu bw’aba nga mulokole ddala, abeera kitundu kya kkanisa ekiyiitibwa omubiri gwa Kristo okwetooloola ensi yonna. Naye ebibinja by’abakkiriza abamu bisalawo okuwa ebisaanyizo bya ba mmemba baabyo mu kkanisa. Kino ky’olina okusalawo okukola. Ekkanisa en’eba:

1. Kuŋŋaaniro omusangibwa abakkiriza nga balokole bonna. Teri ngeri yeetongodde mw’oyita kufuuka mmemba mu kkanisa.

OBA EN’EBA.

2. Erina ba mmemba ab’etongodde: Ng’abakkiriza balina kusooka kusaba okufuuka ba mmemba b’ekkanisa.

Ekkanisa ezitaddewo ebisaanyizo ku ba mmemba baazo, zitaddemu ebisaanyizo nga:

- Okuba nga balokole.
- Okubabatiza mu mazzi.
- Okubabatiza n’omwoyo omutukuvu.

- Bakkiriziganya n’enjogera y’enjigiriza era n’enjogera y’ekiruubirirwa.
- Beeyama okuyamba ekkanisa mu kubeerangawo, ebitone, ebimu eby’ekkumi n’ebiweebwayo.

**EMBALIRIRA.**

Mu lusoma luno, wayize engeri y’okukolamu embalirira y’abuli ntegeka gy’okola. Okwongereza ku mbalirira y’entegeka zo ng’omuntu, weetaaga n’embalirira ey’awamu ey’okuddukanya ekkanisa.

Bw’oba otandika ekkanisa, ebintu ebinaaba byetaagisa ssente, muyinza okubaamu bino wammanga:

- Okuyamba omusumba.
- Okupangisa ekizimbe omuli ekkanisa.
- Ebirala nga (Ekitangaala, ebbugumu, amazzi, we kiba kyetaagisa)
- Eby’okusomesezaamu (Baibuli, ebiwandiiko, ebitabo)
- Ebintu by’amu. (Ebivuga, ekituuti, entebe n’ebirala)

Ekkanisa nga bw’ekula, oyinza okuba n’ebyetaago ebirala. (Laba ebintu ebiteereddwa mu alipoota esembayo wansi)

Kirungi nnyo okumanyisa bammemba b’ekkanisa engeri ensimbi gye zisaasaanyiziddwamu. Ku muko oguddako, kuliko eky’okulabirako ky’alipoota ennyangu gy’oyinza okukozesa naawe n’okola alipoota y’omwezi.

**Erinnya ly'ekkanisa oba ekitongole.**

Omwezi ____________________________ Omwaka _____________________________

Yategekebwa: _____________________________________________________________

(Omukono gw'eyategeka alipoota)

Ensimbi ezaaliwo: $ ________________________________ (Wandiika omuwendo gwonna nga bwe gwaali ku ntandika)

Lisiiti ez'enjawulo:

(Laga emiwendo gye wakuŋŋaanya mu buli ngeri.)

1. $____________________ Ebiweebwayo.
2. $ ____________________ Ebitabo n'obutambi obutundiddwa.
3. $ ____________________ Ezaasondebwa
4. $ ____________________ Ebirala.

$ ____________________ Omugatte gw'ensimbi ezaafunibwa (wano ogatta okuva 1-4)

Omuko ogw'okubiri ku alipoota y'ensimbi:

Okusaasaanya:

(Wandiika omuwendo gw'essente zonna ezaasaasaanyizibwa. Bino z'ezimu ku ngeri mw'oyinza okuba nga waali weetaagisa okusaasaanya)

1. $ ____________________ Ebikola mu kkakalabizo.
2. $ ___________________ Eby'okuyonjesa.
3. $ _____________________Eby'okusomesezaamu (Baibuli, ebiwandiiko, ebitabo)
4. $ _____________________ Ebiwulirizibwa n'ebirabibwa (Etteepu, obutambi, ennyimba n'ebirala)
5. $ _________________ Eŋŋendo z'okubuulira enjiri
6. $ _________________ Emisaala
7. $ _________________ Okupangisa.
8. $ _________________ Ebikozesebwa bulijjo.
9. $ _________________ Amabaluwa.
10. $ _________________ Ebirabo by'abagenyi abakyala
11. $ _________________ Okulanga.
12. $ _________________ Yinsuwa y'ebintu by'ekkanisa.
13. $ _________________ Okukubisa ebiwandiiko.
14. $ _________________ Okusasula amabanja
15. $ _________________ Ebirala.
16. $ _________________ Omugatte gw'ebyo w'osaasaanyiza (Gatta okuva ku 1-15)

$_______________ Ezaasigalawo.

Eno y'engeri y'okulangamu ssente ezaasigalawo.

1. Wandiika ssente ezaasooka okusigalawo ku ntandikwa
2. Gattako ssente zonna eziri ku lisiiti zo.
3. Ku mugatte guno, toolako omugatte gw'ezo ezisaasaanyiziddwa.
4. Kino kikuwa omugatte gw'ezo eziba zisigaddewo.

**OKUKUBA ENKIIKO.**

Obuweereza obutuufu bubaamu okukola enkiiko ez'enjawulo olw'okwetegeka, n'okuteekateeka, okumalawo ebizibu n'okwekebera. Tewali ngeri gy'etuyinza kunnyonnyola buli kika kya lukiiko lw'oyinza okukuba, naye zino z'engeri mw'oyinza okuluŋŋamizibwa ng'osazeewo okutegeka oba okukuba olukiiko.

1. Beera n'ekiruubirirwa ky'olukiiko. Lwaki kyetaagisa okuba n'olukiiko? Ekiruubirirwa kyo kiri wa? Kiki kyoyagala okumaliriza? Bino by'ebimu kubiruubirirwa by'okukuba olukiiko
    - Okukola entegeka.
    - Okugonjoola ebizibu.
    - Okukola okusalawo.
    - Okukebera entegeka.
    - Okutegeeza abantu ebinabaawo oba bye beetaaga okumanyako.
    - Okutegeka emikolo egy'enjawulo
    - Okwekenneenya embalirira.
    - Okutambuza emirimu gy'abulijjo.
    - Okukwasisa empisa mu kkanisa.
2. Kola entekateeka (Agenda) y'olukiiko.

-Laga ebintu eby'okwogerako mu lukiiko.

-Bulijjo teekamu ekiseera ky'okusaba olw'okuluŋŋamizibwa kwa Katonda.

3. Wandiika olukalala lw'ebyo by'oyagala bibeewo mu lukiiko. Muyinza okubaamu: ekalaamu, empapula, alipoota, ebiragibwa, eby'okulabirako n'ebirala. Bino byonna bitegeke ng'olukiiko terunnatandika.
4. Tegeka ennaku z'omwezi, n'ekifo olukiiko kwe lunaabeerawo.
5. Tegeza abantu b'oyagala beetabe mu lukiiko. Balage ennaku z'omwezi, essaawa, ekifo, n'ekiruubirirwa ky'olukiiko. Bamanyise bwe baba beetaaga okubaako kye baleeta okugez: eby'okulagibwa, alipoota, entambuza y'ebintu mu bufunze n'ebirala.
6. Tandika era omalirize olukiiko mu budde.
7. Funayo sentebe anaakubiriza olukiiko.
8. Funayo enkola y'okwogera. Abantu banaawanika emikono n'obayita gwe ng'omukulembeze? Wajja kubaawo okukubaganya ebirowoozo okwa buli omu?
9. Funayo engeri y'okukola okusalawo. Onoosaba busabi okutuuka lw'ofuna okukkaanya kwa bonna? Omusumba oba omukulembeze ow'omwoyo y'anaasalawo oluvannyuma lw'okukuwuliza buli omu ky'agamba?

10. Beera mukalativu ku agenda yo. Tova ku mulamwa lwa biba binnyonnyolebwa.
11. Baako by’owandiika ku bisaliddwawo mu lukiiko n’okusinga ku bintu naddala eri oyo aba avunaanyizibwa mu bbanga eggere. Oluvannyuma lw’olukiiko ddamu owandiike ebintu mu ngeri etegekeddwa obulungi era buli abaddewo omuweeko kkopi. Kino kijja kuyamba okujjukira ebyo bye balina okukolako buli omu.

**EBYANJULA EBITEEKEDDWA AWAMU.**

Bwe kiba kisoboka nga ne ssente zimala, osobola okutegeka awamu ebikozesebwa obyanjulire abagenyi b’ekkanisa yo n’eri abantu abo ku kitundu ekyo. Teekamu enjogera ng’eno:

*“Ekitegekeddwa kino kiteereddwawo okukwanjulira (erinnya ly’ekkanisa). Twekakasa obubaka buno nti bujja kukuyamba okuzuula ekifo kyo mu buweereza oba mu kuŋŋaaniro lyaffe. Eri abatanafuuka kitundu ku kkanisa eno, tubayita okutwegattako mu nkuŋŋaana zaffe n’obuweereza eri obwakabaka bwa Katonda.”*

Weekakase nti otaddemu bulungi enjogera y’ekiruubirirwa, enjogera ey’enjigiriza mu kitegekeddwa kyo abantu basobole okumanya lwaki we muli n’ekyo kye mukkiriza. Osobola n’okwagala okuteekamu n’ebyo ebikwata ku basumba n’ebintu eby’enjawulo ebikolebwa mu kkanisa.

Eno y’emu ku njogera ennungi gy’oyinza okuteekamu:

*Eri abo bonna abanakuwadde nga beetaaga okubaddabuddibwa, eri abo abaweddemu amaanyi nga beetaaga okuwummula, eri abatalina mikwano, eri abo abali bokka nga beetaaga okubeerwa, abo bonna aboonoona nga beetaaga omulokozi n’eri buli ayagala ezigi z’ekkanisa zigguddwawo mu linnya lya Yesu kristo ayagamba “oyaniriziddwa.”*

**ABAGENYI.**

Weeyongere okugoberera abagenyi ababa bazze mu kkanisa okusabako nammwe. Ekiruubirirwa kyo kibeere kya kubawangula eri Mukama obafuule ba mmemba b’ekkanisa ab’omugaso. Leka buli mugenyi yeewandiike ku kapalati akalaga obubaka okuli gy’abeera n’engeri gy’okumufuna wamu n’obuweereza.

EKYOKULABIRAKO KY’EKIPALATI EKIWANDIIKE.

Erinnya: ___________________________________________

Gyobeera: _________________________________________

Essimu: ___________________________________________

Erinnya n’emyaka gy’abaana.

| Erinnya: | Emyaka: |
|---|---|
| __________________ | ________________________ |
| __________________ | ________________________ |
| __________________ | ________________________ |

Ŋenda________________ Ekkanisa mu ___________________

(Erinnya ly’ekkanisa) (Ekibuga)

____Sirina kkanisa gyeŋŋenda.

Munsabireko:

___________________________________________________

____Nja kusanyuka ng’omusumba ankubiddeko.

Ekiseera ekisinga obulungi okunkyalirako, n’okukuba essimu kiri:

Olunaku _______________________ Essaawa ______________

____ Nandyagadde okuba ekitundu ku buweereza buno.

## OKUJULIZA OKWOOKUNA.

## OKUTEGEKA ABANTU OKUWEEREZA.

Wayize mu lusoma luno nti kyetaagisa okutegeka abantu n'okubasigira obuvunaanyizibwa bw'oba ng'oli wakutuukiriza nteekateeka z'obuweereza bwo. Engeri emu mw'oyinza okutegekera abantu kwe kuwandiika ebirina okukolebwa oyo aweereddwa obuvunaanyizibwa mu buweereza. Ebirina okugobererwa mu buweereza mulimu:

1. Erinnya ly'obuweereza.
2. Ekiruubirirwa ky'ekifo kyo: wandiika enjogera y'ekiruubirirwa lwaki ekifo kino kiri mu buweereza.
3. Obuvunaanyizibwa bw'obuweereza. Ddamu ebibuuzo bino:
    - Obuvunaanyizibwa bwange bwe buli wa?
    - Buyinza ki bwe nnina?
    - Ani alina okunuŋŋamya? (ani mulabirizi wange?)
    - Ani antunuulidde olw'okuluŋŋamizibwa? (ani gwe nvunaanyizibwako?)
4. Enkolagana eziri ku bifo bino: muntu ki avunaanyizibwa? Ani amuwa ebiragiro? Ani akebera omulimu gwe?
5. Ebisaanyizo by'omuntu eyeetagibwa okujjuza ekifo ky'obuweereza.

Tutaddemu ku by'okukukola ebyetaagibwa eri ebifo by'obukulembeze eby'enjawulo ebiyinza okuba nga byetaagibwa mu kkanisa. Emirimu egiragiddwa wano egy'awamu. Oteekeddwa okumaliriza buli ebikolebwa mu buweereza, wamu n'ebyetaago ebikwata ku kkanisa ebyamaanyi. Ojja kwagala eby'omwoyo, ebyenjigiriza, n'ebisaanyizo by'owulira nga byetaagisa wamu n'enjogera y'ekiruubirirwa buli kifo.

Mu makkanisa amatono, ezirina abakulembeze abatono ddala, ebifo ebisinga ku bino bigattibwa. Okugeza, abakadde basobola okukola omulimu gw'abadinkoni n'abakebezi. Omumyuka w'omusumba asobola okukulira eby'ensoma. Mu makkanisa amanene, ebifo ebipya bijja kubaawo. Okugeza wayinza okubaawo obwetaavu bw'okukola okuluŋŋamya okw'obuntu nga weetaaga kuba na kifo kya buweereza ekya "Omukulu w'okuluŋŋamya"

Bino bye bimu kubyokulabirako by'eby'okukola mu buweereza:

### EBIFO BY'OBUWEEREZA.

#### Omusumba:

Omusumba ateekeddwa okuba nga yalondebwa era nga yayitibwa Katonda okukulembera ekkanisa. Obuweereza obulala bwonna mu kkanisa buli wansi w'abuweereza bwe, emirimu gye mulimu:

1. Okulondoola n'okulabirira embeera z'abakkiriza ez'omwoyo abali mu kibiina.
2. Okutegeka n'okulambula obuweereza bw'ekkanisa yonna.
3. Okukulemberamu okuteekateeka, okussa enteekateeka mu nkola, n'okukebera enteekateeka.

4. Okutuusa abakulembeze ab’omwoyo mu kusinza, okusaba, okusomesa, okubuulira, okugaba, okubuulira enjiri, okukuŋŋaana, n’ebikolebwa ebirala eby’omu kkanisa yonna.
5. Okukunga n’okuwa abakkiriza emirimu gy’obuweereza.
6. Okukola oba okusigira emirimu okugeza okubudaabuda, okukyalira, embaga, ennyimbe, okussa ekimu n’ebirala.
7. Okwasisa empisa mu kkanisa.

**Omumyuka w’omusumba:**

Ekkanisa ennene ziyinza okwetaaga omuntu amyuka omusumba. Ono ateekwa okuba n’okuyitibwa kwe kumu ng’omusumba.

Omumyuka w’omusumba ayambako omusumba mu buli ngeri nga bw’aba asabiddwa oba bwe kyetaagisa. Ayinza okuba n’obuvunaanyizibwa obw’enjawulo obumuweereddwa omusumba. Okugeza omusumba ayinza okumuwa obuvunaanyizibwa bw’okubuddaabudamu oba okumusaba okukyalira abantu mu byonna, obuvunaanyizibwa bwe kuba kuyamba ko musumba mu:

1. Kufaayo eri abakkiriza b’ekkuŋŋaaniro.
2. Okutegeka n’okulondoola ebifa ku kkanisa ng’obuweereza.
3. Okuteekateeka, okuteeka mu nkola, n’okukebera enteekateeka.
4. Okuwa abakulembeze ab’omwoyo mu kusinza, okusaba, okusomesa, okubuulira, okuwaayo, okukuŋŋaana, n’ebikolebwa ebirala byonna mu buweereza bw’ekkanisa.
5. Okukunga n’okuwa abakkiriza ebyetaagisa olw’omulimu gw’obuweereza.
6. Okukola n’okusigira obuvunaanyizibwa nga okubudaabuda, okukyalira, embaga, ennyimbe n’ebirala.
7. Okukwasisa empisa mu kkanisa.

**Abatume:**

Okunnyonnyola: omutume ye muntu alina obusobozi obw’enjawulo okuteeka ekkanisa empya mu bifo eby’enjawulo, n’okulabirira ekkanisa eziwerako. Omutume kitegeeza; “omusigire” oyo atumiddwa n’amaanyi wamu n’obuyinza okukola kulw’omulala. Omutume abeera n’obuyinza era n’obusobozi obw’enjawulo okubunyisa enjiri mu nsi yonna ng’ayita mu bibinja by’abakkiriza eby’etongodde.

Ebigambo ebikozesebwa eby’ebiro bino mu kkanisa ku mutume bye: omuminsani n’omutandisi w’ekkanisa.

**Nnabbi:**

Okunnyonnyola: waliwo ebirabo by’obwa nnabbi bibiri (2). Ekimu ky’ekirabo ky’okuba nnabbi. Ekirala ky’eky’okwogera obunnabbi.

Okutwaliza awamu: nnabbi kitegeeza, “okwogera ekyo ekiruŋŋamizibwa Katonda.” Bwe busobozi obw’enjawulo obw’okufuna n’okumanyisa obubaka bwa Katonda obuliwo eri abantu be okuyita mu kwatula ekifukiddwako amafuta.”

**Abasomesa:**

Okunnyonnyola: abasomesa be bakkiriza abalina obusobozi bw'okumanyisa ekigambo kya Katonda obulungimu ngeri nti abalala basobola okukiyiga ne bakikola nga bwe kisomeddwa.

Ababuulizi b'enjiri:

Okunnyonnyola: omubuulizi alina obusobozi obw'enjawulo okugabana enjiri n'abo abatali bakkiriza mu ngeri nti abasajja n'abakazi bakyuka ne bafuuka bantu baabuvunaanyizibwa mu mubiri gwa Kristo. Amakulu g'ekigambo, "omubuulizi w'enjiri" gali nti "oyo aleeta amawulire amalungi"

**ABAWEEREZA ABAKOLA:**


Ebifo bino biweereza abatume, bannabbi, ababuulizi b'enjiri, abasumba, n'abasomesa mu buweereza bw'ekkanisa:

**Abakadde:**

Bano baba bakulembeze abayambako omusumba okukola obukulembeze obw'omwoyo mu kkanisa. Abakadde balina kulondebwa musumba. Ekkanisa ezimu ziyitibwa, "abali wansi w'omusumba," oba "abakulembeze b'ebibinja eby'enjawulo."

Osobola okusoma ku bakadde mu Baibuli mu bitundu bino wammanga: Abakolosaayi 1:25, 1 Timoseewo 3:1-7, 4:4-6, 5:17, Ebikolwa 14:23, 20:17, 28-32, 1 Peetero 5:1-4, Yakobo 5:14.

Abakadde baba b'amugaso nnyo ekkanisa bw'eba egeze ng'omusumba takyafuna budde bw'abuli muntu. Buli mukadde asobola okutwala obuvunaanyizibwa obw'akabinja akatono mu kkanisa. Kino ky'ekipande ekiraga ekkanisa etegekeddwa, nga buli mukadde mu kkanisa alabirira abakkiriza mu bubinja obutono:




Obuvunaanyizibwa bw'abakadde mulimu:

1. Embeera zonna ekikwata ku mbeera ez'omwoyo ez'abakkiriza.
2. Okuzaamu omusumba amaanyi mu mirimu gy'obuweereza.
3. Okusabira omusumba n'ekkanisa.
4. Okuyamba ku musumba mu bizibu by'obuweereza.

5. Okulabirira obubinja obutono mu kkanisa mu mbeera zaabwe ez'omwoyo nga bwekiragibwa omusumba. Okusisinkana abakkiriza mu bibinja n'okubaluŋŋamya mu mbeera zaabwe ez'omwoyo, n'okukulakulanya ebirabo byabwe eby'omwoyo, okubabudaabuda, n'okubakyalira.
6. Okubuulira omusumba ku kufa, ebizibu eby'amaanyi, abalwadde abeetaaga okufiibwako.
7. Okuyamba ku musumba mu kusalawo ku by'enfuna, n'emirimu mu kkanisa.
8. Okukwasiza empisa.

**Abadyankoni:**

Abadyankoni be bantu abakola emirimu egirabibwako mu kkanisa (Ebikolwa 6:1-7). Basobola okulondebwa abantu, naye omusumba yayina okubakakasa.

Osobola okusoma ku badyankoni mu Baibuli mu byawandiikibwa bino: 1 Timoseewo 3:8-13, Abafiripi 1:1, Ebikolwa 6:1-7.

Obuvunaanyizibwa bwabwe bwe:

1. Okulabirira ebyetaago by'abakkiriza ebirabibwako.
2. Okutegeka n'okugaba okulya akagaati n'enviinyo.
3. Okutegeka abantu okukolera awamu eri emirimu gy'obuweereza.
4. Okutegeka eby'entambula eri abakadde mu myaka n'abalema okujja mu kkanisa era n'okuddayo.
5. Okuwa emmere n'owokusula.

**Ssentebe w'okusaba:**

Obuvunaanyizibwa bwe:

1. Okutegeka akaseera ko'kusaba.
2. Okutegeka n'okubiriza enkuŋŋaana z'okusaba.
3. Okufuna eby'okusabirwa okuva mu bakkiriza, n'okubiteeka mu maaso ga Katonda.
4. Okuzuula ab'egayirizi kulw'omulimu gw'obuweereza (buli mukkiriza ateekeddwa okusaba, naye ab'egayirizi b'ebo abeegayirira kulw'obuweereza.)

**Ow'eby'ensoma:**

Obuvunaanyizibwa bwe:

1. Okutegeka eby'ensoma by'obukristaayo mu kkanisa mwona, omuli okuyigiriza n'okutendeka. Kiba kirungi nga bategekebwa okusinziira ku myaka, obusobozi mu ntegeera. Balina kusengekebwa bwe bati:
   - Abaana abato abatandikirwako
   - Abaana abasumuseemu (bategebwa olw'emyaka gy'aabwe)
   - Abavubuka oba abatiini.
   - Abakuze nga tebannawasa nakufumbirwa.

- Abakuze nga bawasiza n'okufumbirwa.
- Abali mu matendekero agawaggulu.
- Abakuze mu myaka.
- Abakuliridde.
- Abakulembeze b'ebibinja mu maka

2. Okuzuula n'okutendeka abakulembeze baabavubuka mu buli muteeko. (Essomo lya Harvestime eriyitibwa, "obukujukuju mu kusomesa" lijja kukuyamba mu kutendeka abasomesa)
3. Okukebera abasomesa mu buvunaanyizibwa bwabwe. Mu mulimu:
    - Okutendeka ba members olw'omulimu gw'obuweereza.
    - Okusabira buli memba.
    - Okufaayo eri buli mmemba (okukyalira abalwadde, okubabudaabuda, okubakyalira nga tebasomesa, n'okubawa ebyetaago eby'obulamu)
    - Okuteekateeka ensoma.
    - Okukolawo entegeka y'okutendeka n'okuyigiriza abakkiriza abapya.
    - Ssente wezibaawo, okubafunira ebyetaagisa mu kusoma, nga: ebitabo, ekkalaamu, ebikozesebwa mu kusomesa, n'ebirala..

**Ssentebe w'okubuulira enjiri.**

Obuvunaanyizibwa bwe:

1. Okutegeka n'okuluƞamya engeri enjiri gy'ebuulirwamu mu kkanisa ez'okukitundu, okulondoola abagenyi ne abakkiriza abapya.
2. Okutegeka n'okulungamya okubuulira kw'enjiri mu bibuga, mu ggwanga, ne mu mawanga gonna.
3. Okutendeka n'okwagazisa abakkiriza okusaasanya enjiri.
4. Okukwatagana n'abaminsani abaasindikwa ekkanisa.
5. Okuteeka wo obudde abaminsani n'ababuulizi b'enjiri okwogera mu kkanisa.
6. Okukungaana ssente z'okusaasanya enjiri.

**Ssenkulu w'obuweereza bw'abasajja:**

Obuvunaanyizibwa bwe:

1. Okukunga enkungaana z'okusaba, okusoma Baibuli, okutendeka, n'okussa ekimu mu basajja.
2. Okulaba nti abasajja b'enyigira mu buweereza bw'ekkanisa, omuli; okusaba, okusoma, okuwaayo, okuweereza n'ebirala.
3. Okutegeka ensisinkano ez'abasajja.
4. Okubudaabudda abasajja abalina eby'etaago.

**Ssenkulu w'obuweereza bw'abakyala**:

Obuvunaanyizibwa:

1. Okukunga enkungaana z'okusaba, okusoma Baibuli, okutendeka, n'okussa ekimu mu bakyala.
2. Okulaba nti abakyala b'enyigira mu buweereza bw'ekkanisa, omuli; okusaba, okusoma, okuwaayo, okuweereza n'ebirala.
3. Okutegeka ensisinkano ez'abakyala.
4. Okubudaabudda abakyala abalina eby'etaago.

**Ssenkulu w'eby'okuyimba:**

Obuvunaanyizibwa bwe:

1. Okutegeka okuyimba mu buli lukungaana mu kkanisa.
2. Okutegeka abayimbi. Omuli abaana, abavubuka, abakadde. Asobola okulonda n'okutendeka omukulembeze mu buli kwaya oba n'azekulemberera ye kennyini.
3. Okutegeka okuyimba okwenjawulo.
4. Okutegeka n'okulungamya abakubi b'ebivuga, omuli jjita, ennanga n'ebirala.
5. Okutegeka n'okulungamya okuyimba okwenjawulo.
6. Okutegeka n'okukunga okuyimba ku mbaga, ku nnyimbe ebitegekeddwa ku kkanisa.
7. Okufaayo ku bikozesebwa mu kuyimba, nga jjitta, ennanga n'ebirala.

**Omuwandiisi w'ekkanisa:**

Obuvunaanyizibwa bwe:

1. Ebiwandiiko by'ekkanisa.
2. Okusindika amabaluwa eri buli mugenyi.
3. Okutereeza wofiisi y'ekkanisa, amasimu, n'abagenyi.
4. Okukuuma ebiwandiiko by'ekkanisa.
5. Okutumya ebikozesebwa.
6. Okukunga abayambako mu w'ofiisi y'ekkanisa. Abayambako okutegeka empapula, nokusoma amabaluwa g'omutimbagano.
7. Okutegeka alipoota.
8. Okukuuma kalenda y'ekkanisa okuwandiikidwa enteekateeka z'ekkanisa.
9. Okukuuma ebikozesebwa mu w'ofiisi mu mbeera ennungi.
10. Okuwandiika eby'ogerwa mu nkungaana z'ebyenfuna.

**Ssenkulu w'eby'ensimbi:**

Obuvunaanyizibwa bwe:

1. Okubala, okuwandiika, n'okutegeka lisiiti z'ebiweebwayo. (walina kubaawo abantu nga babiri ng'ebiweebwayo bibalibwa okusobola okukuuma obwesigwa)

2. Okukuuma ebiraga enkozesa ya ssente, okugeza akawunta za banka, sente z'abaminsani n'ebirala.
3. Okugula n'okusasula ebikozeseddwa ng'alungamizibwa omusumba. (Ojja kusalawo ani omulala mukkanisa atali musumba alina obuyinza okugula ebintu ku lw'ekkanisa)
4. Okutegeka n'okulungamya okusonda ensimbi.
5. Okutegeka alipoota y'ensimbi ey'omwezi n'omwaka.
6. Okukola n'okugoberera embalirira.
7. Okusikiriza abantu okuwaayo ebiwebwayo n'ebimu eby'ekumi.

**OKULONDA ABANTU OLW'OMULIMU GW'OBUWEEREZA.**

Bino by'olina okugoberera ng'olonda abantu okukola omulimu gw'obuweereza:

1. Wandiika ebyo byonna ebyetaaga okukolebwa.
2. Wandiika abantu abalina okukola emirimu egiwandiikiddwa. Londa ng'osinziira ku birabo eby'omwoyo ebirabisibwa mu bulamu bwabwe.
3. Sabira by'owandiise Mukama asobole okulungamya mu kulonda.
4. Kebera buli muntu ng'osinziira ku:
    - Obumanyirivu bw'omwoyo.
    - Amaanyi.
    - Obunafu.
    - Okusoma.
    - Obumanyirivu.
    - Ebirabo by'omwoyo.
    - Okumanya Baibuli kw'abakulembeze.
5. Londa buli muntu nekyateekeddwa okukola.
6. Wandiika ng'eri gy'agenda okukolamu obuweereza obwo.
7. Londa omuntu era omusigire omulimu. Kakasa nti buli alina ekiwandiike ekiraga obuvunaanyizibwa bwe. Wano kozesa ekiwandiike kyobuweereza okulungamya ng'owandiika.
8. Batendeke basobole okutuukiriza ekibaweereddwa.

**OKUJULIZA OKWOOKUTAANO.**

**OKUTEEKATEEKA.**

**ENTEGEKA EZ'EKYOKULABIRAKO:**

Olusoma luno lunnyonnyola engeri z'okutegeka mubulambulukufu. Kozesa essuula eyookuna okukuyamba okukola enteekateeka, essuula eyookutaano okussa mu nkola enteekateeka, ne ssuula eyoomukaaga okukebera enteekateeka.

Enteekateeka zisobola okukolebwa mu bifo bino wammanga:

- Okubuulira enjiri
- Okuwaayo.
- Okutendeka/okusomesa.
- Okusinza
- Okukungaana.
- Okusinza
- Okutendereza.
- Okusaba.
- Obuweereza mu bifo ebirala.

Bino bye bimu ku bigendererwa ebiteekebwawo amakkanisa. Obulambulukufu bw'enteekateeka ezo (ani anaakola ki, ennaku z'omwezi, omuwendo ogwetaagisa n'ebirala) tebiteekeddwamu. Ebigendererwa ebikulu byokka byebiteekeddwamu okukuwa eky'okulabirako ebyo amakkanisa gebikoze:

1. Okwongera ku bakuŋŋaana mu kusinza emyaka ettaano egyiddako n'ebitundu 20%
2. Okwongera ku ba mmemba ebitundu 50% mu myaka ettaano egyiddako.
3. Okwongera ku bakuŋŋaana mu kusinza n'abantu 300 kitusobozese okubawulamu okutandika ekkanisa eyookubiri.
4. Okutandika obubinja busatu obupya mu kkanisa omwaka ogujja.
5. Okwongera ku baana mu buweereza mu mwaka ogujja n'ebitundu 15%
6. Okwongera okuwaayo mu nteekateeka z'ekkaniza n'ekitndu 1% okutuusa 10% kunyingiza y'amaka ng'etuukiddwako.
7. Okutendeka abakulembeze bataano ab'obubinja mu mwaka ogujja.
8. Okutendeka abasomesa b'abaana abato bataano mu mwaka ogujja.
9. Okuggula ebikozesebwa by'affe mu myaka kkumi ejjijja.
10. Okutegeka enkungaana z'abaami mu mwaka ogujja.
11. Okutandikwawo amakuŋŋaaniro mukaaga omwaka ogujja.
12. Okutegeka ebibinja ebivugyirira okubuulira enjiri mu mwaka ogujja.
13. Okugatta amaka amapya kkumi kukuŋŋaaniro mu mwaka ogujja.

**OKUTEGEKA EBIKOLWA MU BUWEEREZA:**

Tewali ngeri yonna gyetulina kunnyonnyolamu bikolebwa byonna mu buweereza. Osobola okukola enkuŋŋaana, emisomo, emisomo gy'okudda obuggya n'ebirala.

Eno y'engeri eyawamu esobola okukuyamba okutegeka ebyo ebikolebwa mu buweereza:

1. Teekawo ekiruubirirwa ky'ekigenda okukolebwa.
2. Ekiruubirirwa ky'omusomo kiri ki?
3. Teekawo ennaku z'omwezi n'ennaku.
4. Londa ekifo. Eby'okulowozaako ng'olonda ekifo bye:
    - Obunene: kirina kuba kinene bulungi abantu nga basobola okujjaamu.
    - Ebikirimu. Ebyo byoyagala mu kifo ekyo birina okuba nga mwebiri bulungi
    - Wekisangibwa: kirina okuba nga wekisangibwa watukibwa bulungi n'entambula ez'olukale.
    - Omuwendo. Olina okuba ng'osobola okukisasula.
5. Teekawo akakiiko osigire obuvunaanyizibwa ku:
    - Okukwasaganya okw'awamu: abakwasaganya balina okuluŋamya abo abaweereddwa obuvunaanizibwa.
    - Okuteekawo obudde: muno mulimu:
        - Byonna ebyetaagibwa ku lukuŋŋaana. Ani anaakikola? Era ddi?
        - Obudde obutuufu obw'okukikola: kiki ekinaabawo ku ssaawa ez'enjawulo ku lunaku lw'ennyini.
        - Okulondoola okw'engeri zonna ng'enteekateeka ewedde.
    - Embaliririra: okukola embalirira y'ekitegekebwa, okukungaanya ssente, okutwala ebiwebwayon'okufuna ebiwebwayo eby'abogezi.
    - Okutegeka ebikozesebwa: ng'obutebe, akatuuti, emmeeza, ebibbo byebiweebwayo, obuzindaalo, ebyuuma, ekifo awawandiikibwa n'okubuddabudibwa, kamera.
    - Okuwandiisa: Onowandiisa abantu? Bintu ki ebinaaweebwa abantu mu kaseera k'okwewandiisa? Onookwasaganya otya olukanganga lw'abantu? Banaasasula ssente nga beewandiisa? Oneetaaga empapula? N'obubonero?
    - Okumanyisa: onoolanga otya? Londa omuntu yenna anaakikwasaganya, muno mulimu okukuba amasimu, obubaka ku kompyuta, ku laagiyo, telefayina, empapula z'amawulire, n'okulanga mu makanisa agaliraanye.
    - Okubudaabuda: londa omuntu atendeke ababudaabuda abantu abalina ebyetaago eby'enjawulo. Balina okuba nga bamanyi okukkirizisa abantu okufuna obulokozi mu Kristo, okusabira abalwadde, n'okusulala abawambe. Balina okuba nga balina Baibuli, obupapula bw'enjiri, n'okuwandiika amanya n'endagigiro eri abeetaaga okufiibwako mu by'omwoyo. Bino bikusobozesa okulondoola ng'ekitegekebwa kiwedde.
    - Ab'ogezi abayite: On'oyita aboogezi ku kyotegeka? Oba nga kituufu, weetaga omuntu okukwasaganya ensonga eno okubakubira n'okubayita n'okufuna byonna byebanaaba beetaaga. Okubafunira entambula n'awokusula bwekiba kyetaagisa.
    - Ennyimba: londa sentebe wennyimba okufuna ebikozesbwa n'abayimbi, okutegeka kwaya, n'okukulembera mu kuyimba.
    - Abaana abato: Onoolabirira otya abaana abato ennyo? Weetaaga omuntu ow'enjawulo okubakuuma n'okubalabirira.
    - Eby'okutunda: otegese okutunda Baibuli, obutambi, ebitabo n'emmere? Weetaaga omuntu akwasaganye ebyo byonna.

- Abakebezi: weetaga omuntu anayambako okutuuza abantu n’abagenyi abakulu, okugaba ebyeyambisa mu kubuulira, okukuŋaanya ebiwebwayo, n’okugonjoola ebizibu mu lukungaana.
- Ebyuma: weetaaga ebyuma ebirungi ebisobola okuvuga obulungi.
- Abagenda okwetaba mu kitegekebwa: weetaaga abantu okukwasaganya abo bonna, ng’okubafunira entambula, emmere, aw’okusula
- Okulondoola: londa omuntu akwasaganya ebyo byonna ebibaawo ng’omukolo guwedde, ng’okulongoosa ekifo, okujjawoo ebyuma, n’okwebwaza abo ababa bakuyambye.

Enteekateeka eziwandiikiddwa:

Wano wowandiika ebyo by’otegeka okukola mu “lunaku” “mu mwezi” osobola okuzikubisaamu n’ezikuyambako.

Enteekateeka z’olunaku: wandiika ennaku z’omwezi waggulu w’olupapula oteeketeeke nga bwekisaanide.

Enteekateeka z’omwezi: wandiika omweezi mu kifo ekiteereddwawo. Wandiika ennaku z’omwezi mu bu bokisi. Okole enteekateeka mu buli ssabbiiti.

ENTEEKATEEKA Y’OLUNAKU.

Ennaku z’omwezi ___________________

Ebbaluwa z’okuwandiika:

__________________________________

__________________________________

Amasimu g’okuba:

________________________________

________________________________

Ensisinkano

6:30 am ___________________________

7:00 ___________________________

7:30 ___________________________

8:00 ___________________________

8:30 ___________________________

9:00 ___________________________

9:30 ___________________________

10:00 ___________________________

10:30 ___________________________

11:00 ___________________________

11:30 ___________________________

eby’okukola:

________________________________

________________________________

Eby’okuteekateeka:

_________________________________

_________________________________

_________________________________

12:00 ____________________________

12:30 pm ____________________________

1:00 ____________________________

1:30 ____________________________

2:00 ____________________________

2:30 ____________________________

3:00 ____________________________

3:30 ____________________________

4:00 ____________________________

4:30 ____________________________

5:00 ____________________________

5:30 ____________________________

6:00 ____________________________

6:30 ____________________________

7:00 ____________________________

Ebintu by’okufuna:

____________________________

____________________________

____________________________

____________________________

Abantu b’okusisinkana.

____________________________

____________________________

____________________________

| Sun | Mon | Tue | Wed | Thu | Fri | Sat |
|---|---|---|---|---|---|---|
| | | | | | | |
| | | | | | | |
| | | | | | | |
| | | | | | | |

Enteekateeka y'omwezi.

Omwezi ogwe:______________

# EBIDDIBWAMU MU KWEGEZAAMU:

**ESSUULA ESOOKA:**

1. Naye byonna bikolebwenga bulungi era mu butebenkevu. (1 Abakolinso 14:40)
2. Obuwanika bw’ebigendererwa bwe buwanika bw’obuweereza mu kuyita kutegeka n’okuteekateeka.
3. Kwanaganya by’owandiise n’ebyannyonnyoddwa mu ssuula esooka.
4. Kwanaganya by’owandiise n’ebyannyonnyoddwa mu ssuula esooka.

**ESSUULA EY’OOKUBIRI:**

1. Yatumanyisa ekyama eky’okwagala kwe, kyeyali yategeka edda okutuukiriza mu Kristo, entegeka ye gy’alituukiriza ng’ekiseera kyayo kituuse, kwe kugatta awamu mu Kristo ebintu byonna ebiri mu ggulu n’ebiri mu nsi, Kristo abeere omutwe gwabyo. (Abaefeso 1:9-10)
2. Ekiruubirirwa kya Katonda kiri nti buli muntu buli muntu afuna okusonyiyiwa ebibi mu Yesu Kristo, okuleetebwa mu nkolagana naye, n’okufuuka ekitundu ku bwakabaka bwa Katonda. Abaefeso 3:11, 1:9-10 ne Yokaana 3
3. Wooba totegeera kiruubirirwa kya Katonda, obulamu n’obuweereza zo tebijja kukwatagana bulungi.
4. Katonda akozesa bantu ssekinoomu, amawanga, Yesu, Omwoyo Omutukuvu, n’ekkanisa, olw’okutuukiriza ebiruubirirwa n’enteekateeka ze.
5. Kwananaganya by’omaliriza n’ebyannyonnyoddwa mu ssuula eyookubiri.
6. Kwananaganya by’omaliriza n’ebyannyonnyoddwa mu ssuula eyookubiri.
7. Kwananaganya by’omaliriza n’ebyannyonnyoddwa mu ssuula eyookubiri.

ESSUULA EYOOKUSATU:

1. (Abaefeso 5:15-16)
2. Enjogera ey’ekiruubirirwa ennyonnyola ensonga enkulu lwaki obuweereza we buli. Efunza ekifo kyo obuweereza mu mubiri gwa Kristo.
3. Weekenneenye ensonga ezakuweereddwa mu ssuula eyookusatu.
4. Enjogera y’ekiruubirirwa eraga lwaki obuweereza weebuli. Ebigendererwa biraga enteekateeka y’obuweereza n’engeri gy’ekituukirizibwamu.
5. Enjogera y’enjigiriza eraga ebyo by’okkiriza mu Baibuli. Enjogera ey’ekiruubirirwa eraga ekitundu kyo mu nteekateeka ya Katonda.
6. Weekenneenye by’owandiise nebyo ebyakuweereddwa mu ssuula eyookusatu.
7. W’oba tewawandiise njogera y’akiruubirirwa y’obuweereza bwo n’ekitongole oba ekkanisa mw’oli kikole nga toneyongerayo mu ssomo eriddako.

**ESSUULA EYOOKUNA.**

1. Ate omuddu eyamanya mukama wekyayagala kyokka n'atategeka oba n'atakola nga mukama we bweyayagala, alikubibwa emiggo mingi. (Lukka 12:47)
2. Ekigendererwa, y'enkomerero y'ekikolwa, ky'ekiruubirirwa oba ekisuubirwa okutuukibwako. Y'enteekateeka. bw'okola ebigendererwa obw'obuweereza bwo, okola enteekateeka entegeke obulungi okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda.
3. Ekiruubirirwa kwe kwolesebwa okw'omwoyo. Kwe kumanya ensonga enkulu ey'obuweereza bwo n'ekifo kyo mu nteekateeka za Katonda. Ebigendererwa gye mitendera gy'oyitamu okutuukiriza ekiruubirirwa kya Katonda ky'akuwadde. Z'enteekateeka ez'okutuukiriza ekiruubirirwa.
4. Ebikulu ebibiri eb'ebigendererwa by'ebyobuntu n'ekibinja.
5. Kwanaganya by'onnyonnyodde n'ebyo mu ssuula eyookuna.
6. Ebigendererwa eby'ebbanga eddene z'enteekateeka ez'omumaaso ennyo. Ebigendererwa eb'ebbanga ettono z'enteekateeka ez'okumpi.
7. Olonda ebigendererwa okuyita mu kusaba, okulungamizibwa omwoyo omutukuvu, okusoma ekigambo kya Katonda, n'okutegeera ekiruubirirwa kyo mu nteekateeka ya Katonda.

**ESSUULA EYOOKUTAANO.**

1. Kale obumalirivu bwammwe mu kwagala okukikola, bulabikire mu kukimaliriza, nga mukozesa ebyo bye mulina. (2 Abakolinso 8:11)
2. Ebigobererwa gy'emitendera gy'oyitamu okussa mu nkola enteekateeka. Z'engeri oba enkola omukulembeze zakola okutuukiriza enteekateeka.
3. Mu engero zino, Yesu yalaga nti ebiseera ebisinga kiba kizibu ennono n'obulombolombo bw'amaddiini g'abantu okukkiriza enteekateeka n'okubikkulirwa okupya.
4. Kwanaganya by'omaliriza n'ebyo eby'akunnyonnyoddwa ku buvunaanyizibwa bw'entegeka mu ssuula eno.

**ESSUULA EYOOMUKAAGA.**

1. Olw'omukisa Katonda gwe yampa, ŋŋamba buli omu nti tasaanidde kwerowozaako kiyitiriddde, wabula yeerwoweezo mu ngeri esaanira, era yeekeberenga okusinziira lu kipimo ky'okukkiriza, Katonda kwe yamuwa. (Abaruumi 12:3)
2. B'okebera ekintu, oky'ekebejja bulungi okuzuula omugaso gwakyo. Okukebera gw'emutendera gw'okwekebejja enteekateeka okuzuula omugaso n'obukulu mu kutuukiriza ekiruubirirwa. Ebigendererwa biraga ekyo ky'oyagala okukola. Okukebera kuzuula oba omaliriza kyewateekateeka okukola.
3. Okukebera kukuleetera okuwa Katonda embalirira, eri abo boowereza nabo, n'abo boweererezaamu, n'eri ggwe kennyini. Okwekebera kukuleetera okuyigira mu buwanguzi bwo n'kulemererwa kwo, okwekenneenya enteekateeka, n'okukola empya.
4. Kwanaganya byonnyonnyodde n'ebyo ebiri mu ssuula eyoomukaaga.
5. Kwanaganya byonnyonnyodde n'ebyo ebiri mu ssuula eyoomukaaga.

6. Okozesa ekyo kye wayize mu kukebera: okwekenneenya n’okukola n’okwongera mu nteekateeka eziriwo, okukola empya ng’enkadde zituukirizibbwa. Okuyigira mu buwanguzi bwo, n’okuyigira mu nsobi zo.
7. Bw’oba tewakebera nteekateeka, n’otakozesa byavuddemu, kikole kati.